Amaka Agajja Ag'Omugole

Omusajja Ow'Omu

Ggulu N'Omugole

Omukazi Ow'Oku Nsi

Ka tusigale nga tukyayimiriddeko katono, nga bwe tuvunnamizza emitima gyaffe kaakano mu maaso ga Katonda.

2 Kitaffe ow'omu Ggulu, ddala tusiimye nnyo olw'omukisa ogw'okubeera wano olwa leero, nga tukuŋŋaanye wamu mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Tusaba Osonyiwe ebibi byaffe, era nga bwe tuli wano okukyusa emitima gyaffe okugyolekeza ebintu Ebitaggwaawo n'Obulamu obuli emitala wa buno obufa. Kaakano tusaba Otuwe endagiriro Zo, ku ngeri gye tuteekwa okukyukamu, bye tuteekwa okukola mu biseera eby'omu maaso, ne mu kiseera kino ekiriwo kaakano, okusobola okutuuka mu kifo ekyo kye tu . . . kye twasuubizibwa.

3 Waliwo bangi buli wamu abalwadde n'abalina ebyetaago, ate nga tebannamaliriza lugendo lwabwe. Nga omulabe waffe omukulu, atali mulabe waffe ffekka, naye era omulabe Wo, azze okubataayiza n'oku—n'okukomya obulamu bwabwe, n'okubasindika mu—ntaana nga ekiseera kyabwe tekinnatuuka. Era tusaba ku lwabwe, leero, nti Ggwe n'okusaasira Kwo n'ekisa, ayi Mukama, oyongezeeyo ennaku zaabwe okutuusa ekiseera ekyabagerekerwa.

4 Wano ku kadaala, manya ku kituuti, waliwo ebitambaala n'ebitereke. Nga ne mu bisenge wonna n'okwetooloola ekifo kino, wonna waliwo abali ku butanda, ku busituliro, abalwadde n'abanyigirizibwa, nga abamu bayimiridde mu kibiina nga tebakyalimu na maanyi gayimirira.

5 Ayi Katonda Ataggwaawo, Ggwe Ow'omukisa, tusaba Owulire okusaba kwaffe enkya ya leero, okuyita mu Musaayi gwa Mukama waffe Yesu; nga totunuulidde bujeemu bwaffe, wabula nga tumanyi nti Yeewaayo ku lwaffe, era nga y'Atukiikiridde mu kusaba kuno. Leka buli omu yenna awonyezebwe olw'ekitiibwa Kyo, Mukama.

6 Wa omukisa ebitambaala bino. Bwe binaateekebwa ku balwadde, leka bawone.

7 Era kaakano, Kitaffe, nga bwe tulindirira olukuŋŋaana olukulu olw'okusabira abalwadde, lwe tukkiriza nti lwe lunaddako, tutemere ekkubo ery'Obulamu, ayi Mukama, tusobole okumanya okuyita mu Kigambo Kyo bye tuteekwa okukola. Kubanga tubisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

8 Nga bulijjo, guno gwe ntwala okuba ogumu ku mikisa gyange egisingayo obunene, nga kwe kubeera mu nnyumba ya Katonda n'okwogera eri abantu Be. Era kati mmanyi nti waliwo omujjuzo, ate nga nnina eky'okuyigirizaako ekiwanvu ddala. Kale ndi . . . Nsu—nsuubira nti—nti munakkalira, nga bwe munaaba musobodde, okutuusa we tunaamaliririza Obubaka.

9 Kati, ebbugumu lingi, naye tusiima olw'ebyuma ebireeta obuweweevu. Naye era, ekibiina ekyenkana wano obunene, tewali byuma bireeta buweweevu biyinza kukimala, olaba, kubanga omubiri gwo ku bwagwo guvaamu ebbugumu, nga lipima kumpi kyenda mu munaana, era gubeera gufulumya ebbugumu buli kaseera obutasirisaamu, kati okwo kw'ogatta n'okutuula mu kanyigo. Naye nsu—nsuubira nti Katonda ajja kubasobozesa okuwulira emirembe nga bw'Asobola.

10 Ne bwe tubeera mu bizimbe bye tusasulira, ne tukola enkuŋŋaana bwe ziti, te—tewandibadde kibaleeta wano, n'ekimu, ssinga mba ssirowooza nti kya kubayamba, ssinga mba ssirowooza nti kigenda kubagasa, era nti munaakiganyulwamu, bwe mujja. Ate n'ekirala, n'okumanya nti tetukyalina kiseera kiwanvu kiri awo kubeera nga tukyakikola, kubanga tu—tusemberedde e—essaawa ezisemberayo ddala, kale nja—njagala buli kaseera konna nkeeyambise nkakozese, nga bwe nsobola, ku lw'Obwakababaka Bwe. Era kati nzikiriza nti Mukama Katonda anaatuwa omukisa nga bwe tukuŋŋaanye.

11 Era njagala okubasiima, kubanga, eggulo nnabadde nkyalira ebifo eby'enjawulo, nga ŋŋenda nnambula abalwadde n'abanyigirizibwa, mu bisulo, era nnasobodde okusisinkana abamu ku ba maneja b'ebifo ebyo wiiki eno, ebimu ku bifo ebiriirwamu. Okugeza, nnabaddeko ku Ranch House mu wiiki eno, erudda wano, era maneja w'ekifo ekyo n'ambuuzaako bwe twabadde tuvaayo. Era yagambye, yampise nti, "Ow'oluganda Branham." Ne nneewuunya okuba nga ammanyi. N'agamba nti . . .

Ne mmubuuza nti, "Ggwe maneja?"

12 N'addamu nti, "Nze nnyinikyo." Kwe kuŋŋamba nti, "Ddala, abantu bo bajja nnyo wano okulya, nga bava emmanga eyo." N'agamba nti, "Ba . . . "

Ne ŋŋamba nti, "Naye, ka nsuubire tebaleeta mujjuzo."

13 N'aŋŋamba nti, "Ssebo, abo be bamu ku bantu abasingayo obulungi be nnali ndabye." N'agamba nti, "Balungi nnyo."

14 Nnagenze mu kisulo olunaku lw'eggulo, okulaba omuwala gwe nnabadde njagala okwogera naye, kitaawe ne nnyina baabaddewo, kale nnabadde nnina okugenda eri maneja w'ekifo okusobola okumanya eki—ekisu- . . . ekisenge mwe baabadde.

15 N'ambuuza nti, "Ye ggwe Ow'oluganda Branham?" Waabadde engulu eri ku Oaks.

Ne nziramu nti, "Yee, ssebo."

16 N'agamba nti, "Njagala kukukwatako mu ngalo." N'agamba . . . N'annyanjula eri mukyala we; bafumbo balungi nnyo ddala. Ne baŋŋamba nti, "Buli muntu asula mu kisulo kino yazze mu nkuŋŋaana zo. Twakibaterekedde." Ne bagamba nti, "Bakasitoma baffe abalala bonna twabagobye."

Ne ŋŋamba nti, "Bambi, mbeebaza olw'ekyo."

17 N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, abamu ku bantu abasingayo obulungi mu be nnali ndabye, be bantu abajja wano, ababeera mu nkuŋŋaana zo."

18 Eggulo nnagenze ewa mukwano gwange, Mw. Becker emmanga wano, bulijjo mpoomerwa nnyo sandiwiici ze. Musajja mu . . . Ye, nnamumanya nkyali kalenzi; obulamu bwange bwonna nkuze mmumanyi. Waabaddewo abafumbo abaabadde batudde awo nga bava mmanga eri mu—eri mu kafo ak'e, emmanga ku Riverside Hotel wammanga eyo. Kati ne ba . . . Mw. Becker n'agamba nti, "Billy?"

19 Ne nziramu nti, "Ogamba ki, Homer?" Tumanyiganye bulungi ddala.

N'agamba nti, "Ndiisa abantu bo bonna abava engulu eyo."

20 Abantu nga ebikumi bibiri, n'omusobyo, buli lwa Ssande, be balya ku Blue Boar. Era buli we ŋŋenda, mpulira ebiboogerwako nga bwe muli abalungi.

21 Waliwo omusajja omu eyagamba nti, "Emmanga eri ku—ku Riverview emmanga eri," n'agamba nti, "ekyo ekifo kyonna kijjuddemu bantu bazze mu lukuŋŋaana." N'agamba nti, "Waliwo n'abalala bikumi na bikumi abataasobodde kuyingira."

22 Kale, okuba nga bwe mutyo bwe muli, nze ku lwange muli munnyo gwa nsi. Ndi—ndi musanyufu nnyo okumanya nti nnina omukisa okuba nga mbuulira eri abantu nga n'aboonoonyi n'abantu abalala ba . . . Ssigamba nti abantu bano boonoonyi, naye ntegeeza abantu aba, bannabizineesi n'abalala ab'enjawulo, okuba nti basobola okuboogerako nti muli bantu balungi, era nga babasiima mu bizineesi zaabwe, ne mu bifo byabwe. Mbabuulira, ekyo kwe kubeera omunnyo. Ekyo nkibeebaliza, enneeyisa yammwe, n'engeri gye mukolamu ebintu.

23 Bulijjo mbagamba nti, “Ssinga wabaawo ajja nga talina, nga talina ssente za kusasulira bisale bye, mumpite buyisi.” Olaba? Nga mbagamba nti, “Tujja kubaako ne kye tukolawo.” Era nnabagamba nti, “Bulijjo mubawenga emmere balye, oba balina ssente oba tebalina.” Olaba, kyonna ekisobola okukolebwa tunaakikola.

24 Muli mpulira nga muli baana bange. Mmwe—mmwe mmunyeenye ze ndi. . . Bwe ndiba ow’okufunayo emu bw’eti nga ntuuseyo, mmwe muliba ejjinja eryo ery’omuwendo, eryakaayakana ennyo, mu—mu ngule y’obuweereza bwange. Bwe bulitikkirwa engule, mmwe mulibeera ejjinja eryo ery’omuwendo.

25 Kati mbaddenga mbabuulira, okuviira ddala emabega, ku Bubonero Omusanvu, Emirembe gy’Ekkanisa, n’ebintu ebi—ebibadde bigenda mu maaso.

26 Naye kaakati, enkya ya leero, nnina eky’okuyigako ekikulu ennyo ddala. Nze ku lwange, kya mukisa munene nnyo ddala. Nsuubira nammwe kinaabakwatako mu ngeri y’emu. Era ssinga nsobola okukibuulirira mu kuluŋŋamizibwa mwe nnakifunidde, kijja kuba kiyitirivu nnyo, naye ekyo kinaaba eri Katonda okukikola.

27 Mbaddenga mbabuulira ku *biki* ebigenda mu maaso ne *wa* we biri, era ebintu bino byonna tulaba nga bigenda bibaawo.

28 Kati enkya ya leero, njogera, ku: *Amaka Agajja Ag’Omugole Omusajja Ow’Omu Ggulu n’Omugole Omukazi Ow’Oku Nsi*, gye bagenda okubeera. Era, kubanga, nzikiriza nti olw’ekisa kya Katonda ffenna tuli kitundu ku nteekateeka ya Katonda eyo enkulu.

29 Era kaakati nne—nneesize nga mujja kuŋŋumiikiriza, mukwate Bayibuli zammwe, ekkalaamu zammwe enkalu, oba kyonna kye munaakwata musobole okusoma wamu nange, kubanga ŋŋenda kubaako Ebyawandiikibwa bingi ddala bye njulizaako. Ŋŋenda kugezaako okumaliriza mu budde tubeere n’okusabira abalwadde; era ekyo nnakisuubizza. Nnazze, era akaseera akaakayita mbadde mu kusaba, mu bisenge eby’enjawulo na wonna, nga nsabira abo bambi abatakyeyinza n’abo abaweddemu essuubi.

30 Era, Mukama nga ayagadde, oba oli awo nja kubaayo n’olukuŋŋaana olulala nga kkumi na mukaaga, oba oli awo nga lwa kusabira balwadde bokka.

31 Ŋŋenda kutandika oluwummula lwange kaakano. Okuva mu mwezi gwa Jjanwali, mbadde mu kutambula, naye kati ŋŋenda kukomawo wano. Nja kutwala butwazi, ab’amaka gange e Tucson ku makya, oluvannyuma nkomewo mmaleko akaseera wano mu Kentucky, n’egimu ku mikwano gyange, nga tuyigga, nga tuyigga kaamuje, okumala wiiki nga ziizo, oba ennaku nga musanvu oba munaana, nnaku nga kkumi,

kyonna kye kinaaba, okuggyako nga Mukama annuŋŋamizza okubaako awalala gye ŋŋenda. Ssiyinza kumanya, wa w'ogenda kubeera; ekyo tetuyinza kukimanya, kubanga kiri mu mikono gya Katonda, Katonda yekka.

32 Kaakati olw'eky'okuyigako kino ekikulu, tu—tu... Ndowooza, kino ssinga mba wa kukiweera ddala budde bwange, kubanga obeera olina okuleetamu ebintu bingi nnyo, kiyinza okutwala wiiki eziwerako. Naye nnina Ebyawandiikibwa ebimu bye nnawandiise, n'eby'okwogerako bye nnawandiise, nkooneko bukoonyi ku bintu ebikulu ebikirimu, okukituusa we kinaakuleetera okukyekenneenya okiyigeko.

33 Ate mu kiseera ekitali kya wala, oba oli awo, Mukama nga ayagadde, mu Okitobba, ssimanyi oba ddi, naye wonna w'Aligabiririra, njagala okubaako n'e—n'ennaku entonotono, nga za nkuŋŋaana ez'omuddiriŋŋanwa, ku ssuula ey'e 12 ey'Okubikkulirwa, okusobola okugikwataganya na kino wano. Ha, nzikiriza kiriba kikulu. Kiteekwa buteekwa. Kiba kikulu okulaba engeri gye Yakolamu.

34 Ekirala, bwe tukuŋŋaana kaakati, eggulo nnagambye, nnagambye nti, "Omanyi, bwe..." Ku makya, era nga bwe kiba buli ku makya, ŋŋenda ne ndowooza muli nti, "Bwe nnaatuuka wano, nja kwaniriza mikwano gyange bonna abali wano." Naye kati ŋŋenda kukikola ntya?

35 Okuba nga nnina wano, abantu nga mukwano gwange omulungi, Dokita Lee Vayle atudde emabega wano, mukyala we omwagalwa ne muwala waabwe. Era n'Ow'oluganda Roy Borders, era, ndowooza, Ow'oluganda Ruddell, Ow'oluganda Beeler, n'Ow'oluganda Palmer, n'Ow'oluganda Jackson. Era, ha, bannange, e—e...Ab'oluganda abo abaagalwa okuva mu bitundu eby'enjawulo! Ow'oluganda Anthony Milano, ne, ha, buli w'okuba eriiso, olabawo ow'oluganda omulala! Okuviira ddala emmanga mu Arkansas, amannya gaabwe ssisobola kugajjukira; Ow'oluganda John, Ow'oluganda Earl Martin, n'Ow'oluganda Blair. Era, ha, waliwo...to...Tebaggwaayo, okiraba. Ndi musanyufu nnyo okuba n'ekibiina bwe kityo nga banneetoolodde nga njigiriza Ekigambo kya Katonda, abasajja be ndowooleza ddala okuba abasajja abazira, abasajja ba Katonda bennyini.

36 Nsiima nnyo ekkuŋŋaaniro lino ettono. Ndi musanyufu olw'emiryango gyalyo etaano emiggule eri abantu bonna. Buli mulyango...Tulina abadiikoni bana wano, abasajja abajjuzibwa Omwoyo; abayima bana, abasajja abajjuzibwa Omwoyo. Awo baba babiri babiri ku buli mulyango. Liriko n'omulyango omunene gwa nzigi bbiri, eri abasumba ababiri, abalunda endiga.

37 Tuli basanyufu okuba nga tubalina; kino tukyebaliza Katonda. Abawenga omukisa bulijjo.

38 Kaakati twagala tuyimirire okumala akaseera katono, nga bwe tusoma okuva mu Peetero Eky'okubiri essuula ey'oku 3, n'okuva mu Kitabo ky'Okubikkulirwa 21.

39 Nga bwe tuyimiridde, Ayi Mukama, jjuza emitima gyaffe n'essanyu olw'okusoma kw'Ekigambo Kyo, nga tumanyi nti Yesu yagamba, nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremwa." Era tumanyi nti Yagamba nti, "Ebyawandiikibwa byonna biteekwa okutuukirira." Kale nga bwe tusoma ebintu bino, leka tufune okutegeera okuva gy'Oli, okw'ekiseera kye tulimu. Tukisabye mu Linnya lya Yesu, oyo Nnannyini Kitabo. Amiina.

40 Peetero Eky'okubiri 3.

Abaagalwa, kaakano, eno ye bbaluwa ey'okubiri gye mbawandiikira; mu ezo zombi mbakubiriza amagezi gammwe agataliimu bukuusa nga mbajjukiza:

Okujjukiranga ebigambo ebyayogerwa edda bannabbi abatukuvu, n'ebiragiro *byaffe ffe abatume ba Mukama waffe era Omulokozi:*

Nga mumaze okusooka okutegeera kino, nga mu nnaku ez'oluvannyuma abasekerezi balijja n'okusekerera, nga batambula okugobereranga okwegomba kwabwe bo,

Nga boogera nti, Okusuubiza kw'okujja kwe kuli luuyi wa? (Ekyo bwe kiba tekifaananira ddala mukazi ono omukaafiiri ali mu. . .) . . . *era kubanga bajjajjaffe kasookedde beebaka, byonna bibeera bwe bityo nga bwe byabanga okuva ku kutondebwa.*

Kubanga beerabira kino nga balaba, ng'edda waaliwo eggulu, n'ensi eyava mu mazzi era yali wakati mu mazzi olw'ekigambo kya Katonda:

Ensi ey'edda, amazzi kye gaava gagisaanyaawo, n'ezikirira:

Naye eggulu erya kaakano n'ensi, ebiriwo kaakano, *olw'ekigambo ekyo biterekeddwa omuliro, nga bikuumibwa okutuusa ku lunaku olw'omusango awamu n'okuzikirira kw'abantu abatatya Katonda.*

Naye, kino kimu temukyerabiranga, abaagalwa, nga eri Mukama waffe olunaku olumu luli ng'emyaka olukumi, n'emyaka olukumi giri ng'olunaku olumu.

Kale nno, *Mukama waffe talwisa kye yasuubiza, nga abamu bwe balowooza okulwa; naye agumiikiriza gye tuli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke ku kwenenya.*

Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja nga mubbi ekiro; mu. . . eggulu lirivaawo era n'ensi, n'okuwuuma

okunene . . . *lirivaawo n'okuwuuma okunene, n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwokebwa okungi,* era *n'ensi n'ebikolwa ebirimu* birisirikka.

Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, tugwanidde *kubeeranga tutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda,*

Nga musuubira nga mwegomba nnyo olunaku lwa Katonda okutuuka, olulisaanuusisa eggulu nga lyokebwa, n'ebintu eby'obuwangwa ne biseebengerera olw'ebbugumu eringi?

Naye, nga bwe yasuubiza, tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula.

Kale, abaagalwa, kubanga tusuubira *ebyo, mufubenga* muleme okusangibwa . . . *musobole okusangibwa mu mirembe, nga temulina bbala, era* nga temuliiko kya kunenyezebwa kyonna.

Era mulowoozenga *ng'okugumiikiriza kwa Mukama waffe bwe bulokozi; era nga omwagalwa waffe . . . Pawulo . . . mu magezi ge yaweebwa bwe yabawandiikira;*

Era nga . . . mu bbaluwa ze zonna, ng'ayogera ku *ebyo mu zo; . . . omuli ebimu* olumu *ebizibu okutegeera, abatamanyi n'abatali banywevu bye* bawakanya, *bye banyoola, era nga—era nga n'ebyawandiikibwa ebirala, olw'okuzikirira kwabwe bo.*

Kale, abaagalwa, kubanga musoose okutegeera, mwekuumenga, muleme okugwa okuva mu . . . bunywevu bwammwe nga mutwalibwa obu . . . obukyamu bw'ababi.

Naye mukulire mu kisa, . . . ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano era n'emirembe gyonna. Amiina.

41 Kaakati mu ku—Kubikkulirwa kwa Kristo, mu ssuula ey'a 21, mwe nsoma Ebigambo bino.

Ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya: kubanga eggulu ery'olubereberye n'ensi ey'olubereberye nga bigenze; n'ennyanja nga tekyaliwo.

Nze Yokaana ne ndaba ekibuga ekitukuvu, ekyo Yerusaalemi ekiggya, nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda, nga kitegekeddwa ng'omugole ayonjereddwa bba.

Ne mpulira eddoboozi eddene eriva mu ggulu nga lyogera nti, Laba, eweema ya Katonda eri wamu n'abantu, era anaatuulanga wamu nabo, nabo banaabeeranga bantu be, naye Katonda yennyini

anaabeeranga wamu nabo, era anaabeeranga Katonda waabwe.

Era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate, so tewaabengawo nate kunakuwala, *newakubadde ennaku, wadde okukaaba, newakubadde okulumwa: kubanga eby'olubereberye biweddewo.*

N'oyo atuula ku ntebe n'ayogera nti, Laba, byonna mbizzizza buggya!. . .n'aŋŋamba nti, Wandiika: kubanga ebigambo bino bya bwesige era bya mazima.

N'aŋŋamba nti, Bituukiridde. Nze ndi Alufa ne Omega, okusooka n'enkomerero. Era *ndimuwa buwa alina ennyonta okunywa mu* nsulo *z'amazzi ag'obulamu buwa.*

Awangula alisikira byonna; nange nnaabeeranga Katonda we, naye anaabanga mwana wange.

Ka tuddemu tusabe.

42 Mukama Yesu, wamu n'ekisuubizo ekyenkanidde awo n'ebigambo eby'okulabula bwe bityo Yesu Yennyini n'omutume bye batuwadde ebikwata ku kiseera kye twolekedde, tuwe, Ayi Mukama, okuluŋŋamizibwa Kwo, tusobole okutegeera engeri y'okukyeŋŋangamu mu ngeri entuufu. Kubanga, tumanyi nti, kijja. Ebyawandiikibwa biteekwa okutuukirira, era bwe kijja okuba. Era kaakano, Mukama, tusaba okusaasira Kwo kutubeereko ffenna, nga bwe tuyiga Ekigambo Kyo. Beera naffe era okitubikkulire, Mukama, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

43 Kati, ssimanyi oba wayinza okubaawo engeri, oba oli awo gye bayinza okuggyako amataala ag'oludda abantu gye batudde, ne balekako ag'oku kituuti wano gokka, nga ekyo oba oli awo kye kyandibadde kisinga, ne tukendeeza ku bungi bw'amasannyalaze. Kaabula kata twokye tulansifooma, akawungeezi ka luli. Kale alabirira ekifo kino ssinga ekyo akitukolera, twandyagadde aggyeko ettaala eza wansi, amataala ag'oludda abantu gye batudde, ziveeko. Era ndowooza munaaba mukyalaba bulungi, okusobola okuwandiika.

44 Kaakati, nate omutwe gw'ekyokuyigako, okuddamu okugwogera, tugenda kuyingira mu—mu ky'okuyigako eky'omutwe ogugamba nti: *Amaka Agajja Ag'Omugole Omusajja Ow'Omu Ggulu N'Omugole Omukazi Ow'Oku Nsi.*

45 Kaakati nga bwe kibaddenga. . . Kino kyo ŋŋenda kukikola. Ebbugumu liyitiridde wano, olaba. Yee, ssebo. Nga bwe tu. . . Mmanyi mukyala wange ekyo tayagala nkikole; naye, ekyo, eky'okuggyako ekkooti yange. Ebbugumu liyitiridde nnyo wano.

Mulaba, mmwe eyo mufuna ku mpewo, naye wano eno wafunda tetuukawo, olaba. Kaakati, gye—gye bujja, oba . . .

46 Emabega, manyanga, twayiga *Obubonero Omusanvu, Amakanisa Omusanvu.* Ow'oluganda Vayle ne banne okuyigiriza okwo bali mu kukolako kaakano, n'obwesigwa, okusobola okubukubamu ekitabo.

47 Kati bwe tulaba ebintu bino byonna ebikusike bye tulabye nga bituukirira, muli kindeetera okulowooza, oluvannyuma lw'okubitegeera ebyo, mu kiseera kye tulimu, ne we tuli; nti tewali muntu n'omu ayinza kwagala kutuula na magezi kwekaanya bintu ebyo ebyayogerwaako, n'ebyasuubizibwa okubaawo, n'ebyo ebibaddewo, ataagambe nti byonna bituukiridde. Mukiraba? Byennyininnyini Katonda bye yagamba okukola, Abikoledde ddala nga bwe byayogerwa. Olaba?

48 Kaakati, mu kino ndowooza, nti, nga bwe tutamanyi kiseera ki Mukama Yesu w'ayinza kulabikira, nnalowoozezza nti kinaaba kirungi, kyalabise nga kisanyusa Omwoyo Omutukuvu twogere ku kino, oluvannyuma; era oba oli awo tukiddire nate, emirundi nga ebiri oba esatu, kubanga ssijja kuba na budde bumala bino byonna kusobola kubimalayo.

49 Nga bwe wayinza okubaawo w'okoonako katono ku—ku ky'okuyigako ekiyinza okubaako ne gwe kyesittaza, n'otasobola kukinnyonnyolera ddala kukirambulula, olwo ate n'odda n'okwata ku ky'okuyigako ekirala.

50 Kale nno oluvannyumako, mu . . . nga Mukama ayagadde, tujja kukwata ku bubonero obw'e 12, manyanga . . . Munsonyiweko. Essuula ey'e 12 ey'Okubikkulirwa, eri wakati w'Okujja kwa Mukama waffe n'okuwumbawumba kw'Amakondeere, n'ebirala. Ekyo tujja kugezaako okukikomyawo, okulaga Ssetaani ky'ali, ne bye yakola, wa gye yava, n'ekigendererwa kye kye kiri, n'engeri endabika ye ey'obulungi obw'ekitalo obwamuweebwa gye bwamuviirako okugwa. Obulimba bwe bwe bwamuleetera okugwa; endabika ennungi.

51 Naye, ne weewuunya ekyo bwe kikaluubiriza omuntu yenna okukiraba nga bwe kiri, ekyo "eky'ezzadde" ly'omusota. Ku nsonga eyo nsomooza, omuntu yenna, olaba, eyandyagadde okukyetegereza, ne—ne ekyo kyetaagisa magezi mazaale. N'omwana obwana asobola okukiraba. Okiraba? Kaakati, ekyo tujja kukikwatako oluvannyuma.

52 Kaakati, wano tukitegeera nti Ebyawandiikibwa bino ebibiri . . . Ensonga lwaki nsomye Peetero Eky'okubiri essuula ey'oku 3, ne nkigeraageranya ne Kubikkulirwa 21, byombi wano byogera ku nsonga y'emu, naye Yokaana teya—teyakirambulula nga Peetero bwe yakola. Olaba? Tukitegeera nti Amaka gano amakulu ag'Omugole ga kubeera wano ku nsi.

53 Era kati bw'osoma, nga mu ssuula eya 21, essuula eya 21 eya Kubikkulirwa, omutume wano yagamba, manya nnabbi yagamba, nti, "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya." Kiwulikika nga awaasooka ne wabaawo okusaanyizibwawo kwa buli kimu.

54 Kaakati, bulijjo engeri gye nfunamu Obubaka bwange mpita mu kusaba. Nnyinza okuba mu kusaba ne wabaawo ekimbikkulirwa. Awo ne nkirindirirako okumala eddakiika entonotono okulaba oba nga kituufu, ŋŋenda okuwulira nga kigenda kyeyongera okusembera. Kati oluusi nsigala nnindiridde okutuusa lwe kifuukamu okwolesebwa. Naye bwe kitandika okujja, nga ndi mumativu nti kivudde eri Katonda, olwo ne ndyoka ŋŋenda mu Byawandiikibwa. Olaba, Ebyo, bye birina okuba obukakafu bwa buli kintu eky'omwoyo ekikolebwa, kubanga Bayibuli kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo okujjuvu; olaba, Yo gwe Mubiri Gwe.

55 Era kati, mu ekyo, oba oli awo nnyinza okubaako ne kye nzuula mu Byawandiikibwa ekitavaayo bulungi, awo ne nneewuunaganya. Ne nzirayo nate mu kusaba. Ne kiddamu ne kikomawo. Awo ne—awo ntandika okwe—okw'ekenneenya Ekyawandiikibwa kyange.

56 Kati, Bayibuli yaffe yawandiikibwa mu Lungereza, ate ebigambo by'Olungereza bikyukakyuka, buli kiseera. Okugeza, nga mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 14, awagamba nti, "Mu Nju ya Kitange mulimu amayumba mangi," ennyumba mu nju. Kati, awo, ggwe, ky'oba olina okukikolera, kwe kuddayo emabega n'okikebera n'e—ne kiri ekyasooka n'olaba kiki Yakobo kye yali ategeeza, oba n'oddayo mu Lwebbulaniya, oba Oluyonaani, okuva mu nzivuunula eyasooka. Era mu eyo kigamba nti, "Mu Bwakabaka bwa Kitange mulimu embiri nnyingi." Kati, awo, n'okomawo mu biseera abavvuunuzi we bavvuunulira enzivuunula ya Ssekabaka Yakobo, *obwakabaka* mu Lungereza, bwali buyitibwa, "nnyumba," era nga kabaka ye taata afuga abakungu be. Eyo ye nsonga lwaki bavvuunula nti, "Mu Nju ya Kitange mulimu amayumba mangi." Olaba? Kale nno bw'osanga ebigambo nga ebyo oba olina okubinoonyerezaako.

57 Kati awo, olaba, okuva mu kuluŋŋamizibwa okwo... Okuva mu kituuti kino enkya ya leero, njagala okwogera nti, tekubangako kintu kirala kyonna wabula kusongera ddala, ku Byawandiikibwa. Bwe kityo n'eky'*Ezzadde Ly'Omusota* n'ebirala bino byonna bwe bijja. Olaba? Okuyita mu...

58 Naye, eky'amazima, ssinga omuntu asoma busomi n'agamba nti, "Mu Nju ya Kitange mulimu amayumba mangi," bw'otasooka kutuula kukisoma n'okyetegereza, n'osaba, ojja kutabulwatabulwa wenna. Olaba? Naye ggwe sigala nga osaba. Katonda bulijjo akitereeza, bwe kiba kivudde eri Katonda.

59 Kati, Yokaana annyonnyola enkyukakyuka n'oku-. . . engeri gye kibaawo. . . Takinnyonnyola, manyanga, wabula Peetero y'akinnyonnyola. Yokaana yagamba bugambi nti, "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya; eggulu ery'olubereberye n'ensi ey'olubereberye nga biweddewo. Nga tewakyali nnyanja. Nze Yokaana ne ndaba Ekibuga ekitukuvu nga kikka okuva mu Ggulu ewa Katonda, nga kitegekeddwa nga Omugole ayonjereddwa Bba." Naye, kati tuddayo mu Peetero Eky'okubiri ne tulaba nti, Peetero annyonnyola engeri kino gye kiribaawo. Kati, bw'otunuulira Yokaana kye yayogera, kiwulikika nga ekigamba nti, "Kubanga eggulu ery'olubereberye n'ensi ey'olubereberye byali biweddewo," nga bisaanyiziddwawo. Olaba, naye ate, ekyo kiwulikika bulala nnyo. Kati ekyo kye kyannewuunyisa, ne ntandika okunoonya ekigambo, "okuggwaawo." Era, kati, naye kyeraga lwatu nti bano bombi, omutume ne nnabbi, baali boogera ku kintu kye kimu.

60 Era kaakati, ne, mu Kitabo kya Isaaya, kati, eri abo abaagala okuwandiika Ebyawandiikibwa bino, mu Isaaya 65:17. Isaaya, nga ayogera ku kufuga okw'Emyaka olukumi, emyaka egyo olukumi egy'okuwummula eri—eri abantu ba Katonda. Isaaya yagyogerako, n'agamba nti, "Ndi. . . Waaliwo e. . . Ebintu byonna eby'edda byali biweddewo," n'engeri gye balizimbamu amayumba, bagabeeremu. Ssinga tubadde n'obudde. . . Oba oli awo ka tutwale ku budde kino tu—tukisome mu kaseera katono, Isaaya 65, leka tusomeyo mu ddakiika entonotono wano. Era kiikino, wano, wennyini. Kaakati, tutandike ne, Isaaya 65:17.

Era, *laba, ntonda eggulu eriggya n'ensi empya:. . .*

61 Kati, Isaaya, nnabbi, y'omu ku bannabbi abaawandiika Bayibuli yonna yonna mu bunnabbi bwe. Atandika awandiika ku kutonda; mu makkati g'Ekitabo kye, awo nga mu ssuula eya 40, n'atuuka ku Yokaana Omubatiza, Endagaano Empya; n'awunzikira wano eno, mu Kitabo kye, mu Kubikkulirwa, mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Mu Bayibuli mulimu ebitabo nkaaga mu mukaaga, ate nga ne Isaaya alimu essuula nkaaga mu mukaaga. Yawandiika ekitabo kyonna mu bufunze.

62 Kaakati, tukiraba nti, wano kati addira essuula ey'e 65, nga ebulayo essuula emu yokka, n'ayogera ku kufuga okw'Emyaka olukumi. Kyetegereze, bwe kiri ekirungi.

> *. . . laba, ntonda* eggulu *eriggya ne. . . ensi empya: so* ekintu *ekyasooka tekirijjukirwa,* oba *tekiriyingira mu mwoyo.* (Kya "kuggwaawo.")
>
> *Naye mu—musanyuke era mujagulize. . . mu ekyo kye* ntonze: *kubanga, laba, ntonda Yerusaalemi okusanyuka, n'abantu baamu okuba essanyu.*
>
> *Era ndisanyukira Yerusaalemi, ne njaguliza abantu bange: so n'eddoboozi ery'okukaaba nga terikyawulirwa*

omwo nate, kuba . . . *newankubadde eddoboozi ly'okulira.*

Temukyavangamu . . . mwana wa nnaku bunaku, wadde . . . *newankubadde omukadde* atannatuusa *nnaku ze: kubanga omwana alifa nga yaakamaze emyaka kikumi;* n'alina *ebibi nga yaakamaze emyaka kikumi* lw'alivunaanibwa. Olwo ne . . .

Era balizimba ennyumba, ne basulamu; era balisimba ensuku ez'emizabbibu, era balirya ebibala byamu.

Era *tebalizimba omulala n'asulamu;* (ekyo kwe kuba, ne ffaamu yo, ate mutabani wo n'agisikira, oba omu ku basika bo) . . . *tebalisimba omulala n'alya* okuva mu yo: (balyesimbiranga ebyabwe era ne basigalawo; balina Obulamu Obutaggwaawo) . . . *kubanga ng'ennaku ez'omuti bwe ziba, bwe zityo bwe ziriba ennaku z'abantu bange, era* okulwawo . . . *abalonde bange balirwawo nga balya* emirimu *gy'engalo zaabwe.*

Tebalikolera bwereere mirimu, so tebalizaala ba kulaba nnaku; kubanga lye zzadde ly'abo abaweebwa MUKAMA *omukisa,* n'ab'enda *yaabwe wamu nabo.*

63 Kaakati mwetegereze, wano we ŋŋenda okuzzaako, kaakano.

Awo olulituuka, nga tebannaba kuyita, ndiyitaba; era nga bakyayogera olwo ndiwulira.

Era *omusege n'omwana gw'endiga binaaliiranga wamu, n'empologoma eneeryanga omuddo* nga *ente:* . . . *n'enfuufu ye eneebanga emmere y'omusota.* Era *tebirirumya* wadde *okuzikiriza ku lusozi lwange lwonna olutukuvu, bw'ayogera* MUKAMA.

64 Nga kisuubizo kikulu, ekya bannabbi bano n'abasajja abagezigezi ab'ekitalo, abayigiriza ba Bayibuli, mu biro eby'edda ennyo, bwe baalaba Olunaku luno olw'ekitiibwa nga lutuuka!

65 Mu nnyiriri zino, omuntu ayinza okulowooza, oba okuleeterwa, manyanga, okukkiriza nti sseŋŋendo eno yonna kwe tuli, ey'ensi eno, ejja kuzikirizibwa, "Nkola Eggulu Eriggya n'Ensi Empya," olaba, nti eggulu lijja kuggwaawo n'ensi eggweewo, bisaanirewo ddala. Naye bwe tweyongera okwetegereza, nga n'Omwoyo Omutukuvu atuyambye, tusobola okulaba Amazima agali mu kino; era ekyo kye tugenda okulaba.

66 Embeera eri mu nsi n'okugyetooloola, n'ekibi ekiri ku nsi byokka, bye birizikirizibwa. Olaba? Kati, tukiraba nti *eggulu* kitegeeza "bwengula." Olaba?

67 Kikola ki? Olwo kati, guno omwennyango, n'endwadde, n'okufa, n'eby'obufuzi, n'abasajja aboonoonyi, n'abakazi aboonoonyi, n'emyoyo emibi, byonna bijja kuggwaawo era

bisaanyizibwewo. Olaba? Kirina kukolebwa bwe kityo, kubanga tujja kubeera wano wennyini. Ekyo tujja kukikakasa nga tukozesa Bayibuli. Wano wennyini we tujja okubeera. Kaakati weetegereze, omwennyango, obuwuka obuleeta endwadde, endwadde zonna na buli kimu, bya kuggyibwawo biggwerewo ddala. Bino byonna, ebiri mu nsi eno byonna kaakati, n'enkola ezaagunjibwa abantu, eby'obufuzi, ekibi, emyoyo emibi egya buli ngeri egicaafuwaza ensi, n'obwengula bwonna obutuli waggulu wano, bwonna bwonooneddwa n'emyoyo emibi. Kati tugenda kugenda buziba era wala ddala, mu kino, olaba.

68 Bino byonna biri mu bwengula, manya mu mbeera eyeetolodde obwengula, n'ensi eriwo kaakano. Ensi eno ebyo by'ebintu ebigiriko, naye teyakolebwa lw'ekyo. Ekibi kye kyagireetera okuba bw'etyo. Olaba? Yo yakolebwa Katonda, Omutonzi. Naye byonna . . .

69 N'emibiri gyaffe gyonna, gye tulimu kaakano, gyateekebwa ku nsi mu kiseera Katonda we yatondera ensi, kubanga wava mu nfuufu ya nsi. Gyonna gyali wano. Katonda Mwene we yagitondera, wali mu birowoozo Bye. Era mu Ye, oyo Omukulu Ataggwaawo, mwalimu ekirowoozo, nga ekyo bwe bwali obusobozi Bwe.

70 Naye kati ekibi ne kireetawo bino byonna. Era Katonda, okuyita mu mulembe guno, akuŋŋaanya ebikozesebwa Bye.

71 Ssetaani akyali wano. Ye nsonga lwaki ebintu bino byonna bibaawo. Akyali wano, era n'amaanyi ge gonna amabi gakyali wano. Labayo, ye nsonga lwaki ensi kati nnyonoonefu nnyo bw'eti. Ye nsonga lwaki obuvundu n'ebintu ebitasaana ebigenda mu maaso; okuyiwa omusaayi, entalo, eby'obufuzi, ekibi, obwenzi, obugwagwa obwa buli ngeri bigenda mu maaso, lwa kuba Ssetaani ye mufuzi w'ensi eno n'embeera eno egyetoolodde.

Oyinza okwebuuza nti, "Embeera eyetoo- . . . ?" Yee, ssebo!

72 Byombi eggulu n'ensi kati byonooneddwa birimu amasetaani agasobola okutuloopa mu maaso ga Katonda. Yesu gy'ali Eyo okwegayirira ku lwaffe. Olaba? Abatuloopa nga bwe bagenda mu maaso n'okutusongamu ennwe mbu, "baakoze *kino*, baakoze *kino*, baakoze *kino*," naye Omusaayi gukyabisseeko. Yajja okununula Abalonde abo be Yalabirawo. Eyo y'ensonga lwaki nnyonoonefu nnyo leero.

73 Wano, omutume, mu Peetero Eky'okubiri wano, essuula ey'o 2, n'olw'oku 5 ne . . . olunyiriri olw'oku 5 n'olw'o 6. Weewaawo, nkifunye. Ayogera ku mitendera esatu egy'ensi. Olaba, a—addira emitendera gyayo esatu. Weetegereze engeri gy'agireetamu.

74 "Ensi ey'edda yava mu mazzi," kati, eyo ye nsi eyaliwo nga amataba tegannabaawo.

75 Kaakati, eno eriwo kati, ensi gye tulimu kati, nayo yagiyita "nsi."

76 "Ensi ey'edda eyava mu mazzi," Lubereberye 1:1. Kati ate "n'ensi" eriwo kaakati. Ate, oluvannyuma, n'ayogera ku ndala, "ensi eggya," Ensi Empya. Ensi ssatu; emitendera esatu egy'ensi.

77 Era weetegereze engeri Katonda gy'atulaga mu ngeri entangaavu entegeka Ye ey'obununuzi. Ha, kino kyasanyusizza emmeeme yange bwe nnakirabye, engeri gy'Atulaga mu ngeri entangaavu wano eno entegeka Ye ey'obununuzi. Kati geraageranya n'ebyo bye tulaba n'amaaso gaffe. Katonda by'akoze okununula ensi Ye, y'entegeka y'emu gy'Akoze okununula abantu Be, kubanga Katonda atakyuka era takyuka ne mu nkola Ze zonna oba mu kintu ekirala kyonna. Nga kintu kya kitiibwa nnyo!

78 Engeri gye Yatuluŋŋamya okutuleeta gy'Ali, atuule mu ffe, okuyita mu mitendera esatu egy'ekisa; nga era bw'Aluŋŋamizzaamu ensi okuyita mu mitendera esatu, okujja mu nsi. Nga Katonda bw'alijja ku nsi nga emaze okuyita mu mitendera esatu egy'okulongoosebwa, era bw'atyo ddala bw'Ajja gye tuli okuyita mu mitendera esatu egy'ekisa. Ekyo kye nnayigiriza mu kutandika; era ssikikyusanga, okuva olwo. Kigambo kya Katonda.

79 Olina okukuuma essatussatu zo ezo nga zikwatagana, n'emisanvu gyo, n'ekkumi n'ebbiri zo. Okubala kwa Bayibuli okw'emiwendo kuteekwa okukwatagana bulungi ddala bwe kitaba ekyo ekifaananyi kyo ky'ogezaako okunnyonnyola kijja kwetabula bwetabuzi. Bwe kiba kikulemye okutegeera, genda mu maaso nga osaba. Ggwe weetegereze, kijja kukwataganira ddala bulungi, ddala. Katonda atuukirizibwa mu bisatu-bisatu. Olaba?

80 Weetegereze, "ensi ey'edda," eyaliwo nga amataba tegannabaawo; ne "ensi" eriwo kati; n'Eyo ejja.

81 Kati, omutendera ogusooka mw'Atuleeta oku. . . Olaba, entegeka Ye ey'obununuzi y'emu ddala mu buli kintu. Akozesa enkola y'emu. Takyuka. Yagamba, mu Malaki 3 nti, "Nze Katonda, era ssijjulukuka." N'olwekyo, engeri gy'Akikolamu, bw'Aba yalokola omuntu gwe Yasookera ddala okulokola, nga akozesa Musaayi ogwayiika ogw'Oyo ataalina musango, bw'atyo bw'Ajja okulokola n'anaddako; na buli mulala yenna gw'Anaalokola kijja kuba mu ngeri y'emu.

82 Bw'Aba yali awonyezzaako omuntu yenna mu lugendo lw'obulamu; ka kibe nga kyaliwo mu biro bya Yesu, eby'abatume, ebya bannabbi, wonna we kyabeererawo; obukwakkulizo bwe bumu obwo bwe butuukirizibwa, Alina okuddamu n'akikola. Bwe kiri. Takyuka. Omuntu akyuka, ebiseera bikyuka, emirembe gikyuka, ebiro bikyuka, naye Katonda asigala kye kimu. Atuukiridde. Ekyo nga kisaanye okuleetera abalwadde essuubi!

83 Bw'Aba yali awonyezza omuntu yenna, Alina okuddamu n'akikola obukwakkulizo bwe bumu bwe butuukirizibwa. Bw'Aba, yali alokodde omuntu yenna, alina okuddamu n'akikola mu mbeera y'emu mwe Yakikolera omulundi ogwasooka. Bw'Aba yali ajjuzizza omuntu yenna n'Omwoyo Omutukuvu, Alina okuddamu n'akikola mu mbeera y'emu mwe Yakikolera omulundi ogwasooka. Bw'Aba yali azuukizza omuntu yenna okuva mu ntaana, Alina okuddamu n'akikola omulundi ogw'okubiri, na buli mulundi omulala gwonna, nga asinziira ku nnono y'emu.

84 Takyuka. Ha, ekyo nga kimpa ekyo essuubi ery'amaanyi! Liri mu ki? Teriva mu ndowooza ya bantu, ekintu ekigunjibwaawo ebibiina by'abantu ebyegasse; wabula Kigambo Kye ekitakyukakyuka.

Oyinza okumbuuza nti, "Naye ge Mazima?"

85 Yagamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu kibeere obulimba, Ekyange gabeere amazima." "Kubanga eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekirigwa butaka." "Ebyawandiikibwa byonna byaweebwa kuyita mu kulunŋŋamizibwa, n'olwekyo birungi era bigasa olw'okuyigiriza." Era jjukira, nti, "Ebyawandiikibwa byonna bijja kutuukirizibwa," buli katundu konna ku byo.

86 Weetegereze engeri Katonda gy'akitulaga mu ngeri entangaavu. Kati obwo bwe buba tebwali bu—bukakafu bwa maanyi, obulungi . . . omukisa, omunene ogw'okwagala oguva eri Katonda! Kino bwe nkiraba, ne ndaba nti okuva nga nkyali mulenzi muto, okuva omulundi ogwasookera ddala Kristo lwe yakolagana nange, njigirizza emitendera egyo esatu egy'ekisa n'okutuusa kati. Weetegereze olabe oba si mituufu leero.

87 Kati, eddaala erisooka kwe "kwenenya eri Katonda." Oluvannyuma lw'eryo ne kuddako, okubatizibwa mu mazzi, "okubatizibwa mu mazzi," "Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo." Olaba, okubatizibwa mu mazzi kwe kuddako, nga kiraga nti okwenenya kubadde kwa bwesimbu. Oba, "okuggyawo" ebibi byaffe ebyayita, ekyo tekirina kakwate konna na bibi bya mu biseera eby'omu maaso. Kuggyawo buggya ebyo ebibaddewo. "Mwenenye, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo." Lwaki? "Lwa kuggyibwako bibi." Okuggyibwawo kw'ebibi ebyayita tekirina kakwate konna na bya mu maaso. Wabula, ebibi byo by'obadde olina bye bisaliddwako, ebyo bye wakola.

88 Toyinza kwenenya ku lw'ekyo Adamu kye yakola. Ssi ggwe wakikola; Adamu ye yakikola. Osonyiyibwa ebyo bye wakola. Naye obutonde obw'edda buba bukyakulimu.

89 Leka nkozeseeko ku lubaawo luno katono. [Ow'oluganda Branham akuba obufaananyi obw'okulabirako ku lubaawo—Omuk.] Kati, guno *wano* gwe mutima gw'omuntu. Kati ssiri . . .

Eky'okukuba ebifaananyi sikisobola n'akatono. Guno *wano* mutima gwa muntu; na guno *wano* mutima gwa muntu. Kaakati, guno *wano* eno gulimu omusota munda mu ggwo, ekyo nga kye kibi, wano alina bulamu bubwe nga omuntu. Ate guno *wano* eno gulimu ejjiba munda mu ggwo, nga ye Mwoyo Omutukuvu, wano alina Bulamu. Kati, mu guno *wano,* alinamu ettima, obukyayi, obuggya; nga bireetebwa, musota guno *wano*. Ate, guno *wano* gwo gulimu okwagala, n'essanyu, n'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa; era nga ebyo bireetebwa Oyo, ali munda *wano*.

90 Kaakati, bw'obuuzibwa, manyanga bw'osonyiyibwa ebibi byo, kino kyokka ky'obeera okoze, *biri* bye biba biggyiddwamu. Naye nga ekintu ekyabikukozesa kikyakulimu. Ekyo nga kye kikolo ky'ekibi kiri; nga kikyakulimu. Weetegereze, kati awo ne weenenya era n'obatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, okulaga nti Yakusonyiwa ebibi byo. Weetegereze.

91 Olwo, ekiddako, ne walyoka wajja okutukuzibwa, okuteeka ebirowoozo byaffe mu mbeera ey'obutukuvu, okusobola okulowooza mu ngeri entuufu. Nga biggyiddwaawo. . . okutukuzibwa kigambo kya Luyonaani ekirina amakulu ag'enjawulo, nga kitegeeza nti ekintu "kirongooseddwa, era kiteekeddwa ku bbali kirindirira kukozesebwa."

92 Kati awo, ekiddako, ne wajja okubatizibwa kw'Omuliro n'Omwoyo Omutukuvu, Katonda asobole okutuula mu ffe. Olwo Omuliro gwa Katonda ne gulyoka gulongoosa emitima gyaffe okugiggyamu ekibi, ne guteeka Omwoyo Omutukuvu munda mu ffe. Olwo ne tulyoka twoleka Obulamu bwe bumu obuleeteddwa ejjiba *Lino*, kubanga Omwoyo oyo aba atudde munda mu ffe.

93 Weetegereze, mu kuzaala okw'obutonde, omukazi bw'azaala omwana. Obulamu obw'omubiri kyakulabirako kya bulamu obw'omwoyo. Omukazi bw'aba azaala omwana, mu nzaala ey'obutonde, ekisooka okubaawo ge mazzi okubunduka, ne kuddako omusaayi, oluvannyuma ne kuddako omwoyo (nga bwe bulamu). Olwo akaana ako ne bakakwata ne bakakubamu akayi, ne katandikirawo, okukaaba. [Ow'oluganda Branham yakuba mu ngalo—Omuk.] Amazzi, omusaayi, omwoyo.

94 Kati n'omwana bw'azaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda, ajja mu ngeri y'emu: amazzi, Omusaayi, Omwoyo.

95 Kati weetegereze, okutukuzibwa, nga gwe mutendera ogw'okusatu. . . omutendera gwakyo ogw'okubiri, gulongoosa endowooza; gutereeza omutima, endowooza y'omutima, ne gugiteeka mu mbeera ey'obutukuvu.

96 Omuntu asobola okwenenya ebibi naye n'asigala nga akyalowooza ku. . . Kati, ayinza okuba a—abadde n'ebirowoozo ebicaafu, buli mukazi alabika mu ngeri y'ekikaba gw'asanga, kiri kiba kikyamulimu. Oba oli awo abadde mutamiivu; buli omwenge lwe gumuwunyira, kiri kiba kikyamulimu. Olaba?

97 Naye bw'amala okutukuzibwa, ekyo kimulongoosa ne kimuggyamu okuyaayaana okwo. Olaba? Kimuggyamu kiri ekibimwagaza. Abeera akyayinza okukemebwa, naye aba Aggyeewo kiri ekibadde kibyagala. Naye era, aba tannatereera.

98 Kati oluvannyuma lw'ekyo, n'alyoka abatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Ayonjeddwa, n'ayokebwa n'aggyibwamu kacica, n'alongoosebwa; olwo n'alyoka atandika okukozesebwa mu kuweereza Katonda.

Okutukuzibwa kumwawula bwawuzi ne kumussa ku bbali nga *alindirira* okukozesebwa.

99 Kati weetegereze engeri yennyini ekyo gye kijjamu, obubaka engeri gye bujjamu. Martin Luther, butabalirwako musango; John Wesley, kutukuzibwa; abapentekoote, kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Obubaka bwonna, ye nsonga lwaki tekyayinza kubaayo mirembe mirala, olaba. Tuli ku nkomerero. Emitendera esatu. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kwe kulongoosa omutima.

100 Kati nga kyewuunyisa, Addira ekifo mwe tugenda okubeera, n'akiyisa mu mbeera y'emu.

101 Kati, Ekkanisa agiyisizza mu butabalirwako musango, n'agiyisa mu kutukuzibwa, oluvannyuma n'agijjuza n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Era Agiyisizza mu mbeera y'okuteekebwateekebwa, kibeere nti Ye Kennyini, Omwoyo Omutukuvu Yennyini, Omwana wa Katonda, asobole okutuula mu mutima gw'omuntu. Kati, Erina okusooka okuyita mu ebyo nga Ye tannajja kuyingira kutuula mu Yo.

102 Weetegereze, n'ensi, Omugole oyo mw'agenda okubeera, nayo Agiyisa mu mbeera y'emu, nga ey'entegeka Ye e— ey'obulokozi bw'eri.

103 Weetegereze ensi eyaliwo nga amataba tegannabaawo. Ye, ensi eyo bwe yamala okwenenya, okuyita mu Mugole ow'omulembe ogwo, Nuuwa, Yagiwa okubatizibwa n'amazzi, n'agijjuzaako amazzi yonna. Oluvannyuma, obutabalirwako musango, nga Alaga nti Ayolekedde okuyitayo ensi eno eyagwa, okuva mu Adeni, okugizzaawo nga bwe yali.

104 Oluvannyuma Kristo n'ajja n'agiyiwako Omusaayi Gwe, n'agirongoosa era n'agitwala okuba eyiye. Olaba, eyo ye nsi gye tulimu kaakati.

105 Olaba engeri Ssetaani, wano mu Kyawandiikibwa, gye yagezaako okumuleetera okumenya entegeka ya Katonda entuufu ey'okugifunamu, nga agimuwa bwe yamwambusa waggulu ku lusozi, nga agezaako okugimuwa awatali kugisasulira na Musaayi?

106 Wali okyetegerezza nti Ibulayimu, ettaka bwe baagezaako okulimuwa obuwi, ye yasalawo aligule ne ssekeri za ffeeza empitirivu, nga abantu balaba, nga akabonero, nga

obujulizi? "Leka kimanyibwe leero nti nguze ekifo kino eky'okuziikangamu." Okiraba, yakigula! Kyokka Ssetaani yagezaako o—okuwa Yesu obwakabaka ye ssetaani bw'alinako obwannannyini mu kaseera kano. Yagezaako okugimuwa nga ekirabo, naye Ye n'agigaana. Kubanga, labayo, bwe kyandibadde bwe kityo Ssetaani yandibadde akyagirinako obwa nnannyini. Naye, yalina kugulwa bugulwa. Amiina. Ye yali Ekigambo mu bujjuvu bwakyo. Baali tebasobola kumusuula mu kategeko ako.

Kale kati, erina okufuna okubatizibwa n'Omuliro.

107 Olaba, kaakati e. . . Kiki ekyabaawo? Kristo yajja n'ayita Ekkanisa eri okwenenya, okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi; n'atukuza Ekkanisa; era n'akka n'Omuliro gwa Katonda n'ayokya obukyafu bwonna okubuggyamu, n'ajja n'atuula mu mutima gw'omuntu.

108 Kaakati, n'ensi, okusobola okununulibwa okuba ey'omuntu ono anunuddwa, era Akozesa enkola Ye y'emu. Yagibatiza mu mazzi, oluvannyuma lw'okuzikiriza kw'amataba. N'agiyiwako Omusaayi Gwe, okugitukuza agyeddize. Yiye.

Ssetaani yagezaako okumugamba mbu, "Nja kugikuwa."

109 Ye n'amugamba nti, "Nedda, ssebo, Nja kugigula." Leka bubeere obujulizi. Yawanikibwa, nga akabonero, akalaga nti Agiguze. Agisasulidde.

110 Naye kati erina okuyita mu kubatizibwa n'Omuliro, Omuliro omutukuvu oguva ewa Katonda, ogulongoosa ensi n'obwengula obugyetoolodde. Olwo, ebeere nga eguliddwa abanunule basobole okugibeeramu, bagibeeremu mu mirembe. Weetegereze, okubatizibwa n'Omuliro kwa kugirongoosa okugiggyamu ekibi, okugiggyamu endwadde, okugiggyamu obuwuka obuleeta endwadde, okugiggyamu aboonoonyi, okugiggyamu ssetaani n'ekibinja kye kyonna. Ye wa kusuulibwa bweru, mu Nnyanja ey'Omuliro. Omuliro Omutukuvu oguva eri Katonda, gukka okuva eri Katonda, okuva mu Ggulu, ne gugyokya, wekkaanye, okusobola okugiteekerateekera Katonda asobole okugituulamu. Kubanga, Katonda, mu Nsi Empya ejja, wa kubeera ku nsi. Weewaawo, oyinza okugamba nti, "Katonda, mbadde Atuula mu mutima gwa muntu." Naye, Ye awamu n'Omugole omukazi bafuuka Omu, era ne bagenda mu Maka gaabwe mu Nsi Empya. Era entegeka y'emu ey'obununuzi y'ekozesebwa okununula, byombiriri, ensi n'abantu abagibeeramu.

111 Olaba, n'omutima bwe gutyo bwe gulina okutukuzibwa. Nga Katonda tannaba kukka mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, nga ye Kristo okukka n'atuula mu mutima gw'omuntu, guteekwa okusooka okwenenya. Guteekwa okubatizibwa mu mazzi, mu Linnya Lye, okulaga ani nnyinigwo.

Oluvannyuma guteekwa okutukuzibwa n'Omusaayi gwa Yesu.

112 Oluvannyuma lw'ebyo Omuliro omutukuvu n'Omwoyo Omutukuvu, okuva eri Katonda, ne gukka ne gwokya okwegomba kwonna okw'ekibi, n'enkula yonna ey'ensi. "Kale, n'olwekyo, oyo ayonoona kagenderere oluvannyuma lw'okumanya Amazima . . ." Nate era, Bayibuli eddamu n'egamba nti, "tekisoboka . . ." "Kubanga, omu—omuntu eyazaalibwa Katonda tayinza kwonoona; tayonoona." Tewali ngeri gy'ayinza kwonoona. Ayinza atya okuba omwonoonyi, ate nga mununule, mu kiseera kye kimu? Nnyinza ntya okubeera ekintu ekiri munda mu dduuka ly'ebyasingibwayo olw'ebbanja, ate ne mba nga ndi bweru wa dduuka eryo, mu kiseera kye kimu? Olaba? Ha, Yatununula n'Omusaayi Gwe; n'atulongoosa n'Omwoyo Gwe; era ajja n'atuula munda mu ffe, ffe Ekkanisa. Si kibiina kya ddiini, kati; wabula Ekkanisa!

113 Mwetegereze bulungi kaakati nga bwe tukwata ku kino, ebifo bye tu—tugenda okubeeramu. Kaakati, kaakati, oku—okwenenya kw'omu kiseera kiri nga amataba tegannabaawo, mu kiseera ekyo, kwe kwaleeta okubatizibwa n'amazzi. Oluvannyuma Kristo n'ajja n'agiyiwako Omusaayi Gwe, okusobola okuginaaza agyeddize. Olwo ne walyoka wajja, ekiddako, nga kwe kuzikirizibwa kw'ensi eriwo kaakano.

114 Ebibi byonna ebiri waggulu mu bwengula, "ye mulangira w'amaanyi ag'omu bbanga," aziyiza (alwanyisa) emikisa egiva eri Katonda. Nga mu bbanga eyo ye wava laddu ez'okumyansa ezijja ne zikuba ensi, n'ebintu ebirala, nga biva waggulu mu bbanga, emyaliiro gy'enkuba ey'amaanyi ey'omuzira, embuyaga ez'amaanyi, emi- . . . kibuyaga na buli kimu, "ebiva mu bbanga," nga bireetebwa Ssetaani, "omulangira w'amaanyi ag'omu bbanga."

115 Weetegereze, olabe Ssetaani bwe yagezaako okugiddira, nga bwe ŋŋambye eddakiika ntono eziyise, nga agiwa Yesu awatali kugigula. Kitegeeza, Ssetaani akyagirinako obwa nnannyini, kubanga eriko obulambe, olaba. Naye Yesu agigula n'Omusaayi Gwe ogwayiika n'agikomyawo eri nnyiniyo omutuufu. Olaba? Bw'atyo bwe Yatugula, n'Omusaayi Gwe, bw'atyo bwe Yagula Ekkanisa.

116 Era kati okubatizibwa kwayo okw'Omuliro kugirongoosa okugiggyamu obuwuka bwonna obuleeta endwadde, endwadde zaayo zonna, obulwadde bwonna, wamu n'ebintu eby'engeri y'omwoyo byonna; naffe, kwe tuyitamu, era ne kutulongoosa mu ngeri y'emu; okugiteekateeka Katonda asobole okugituulamu, mu mulembe guno omukulu ogugenda okujja, Ensi Empya. Olaba, Aginunula mu ngeri y'emu nga bw'Anunula abantu Be. Nayo agiyisa mu kintu kye kimu, nga ye ntegeka Ye ey'obununuzi. Kubanga, Ye Katonda atakyukakyuka, era abeera bumu bulijjo mu ntegeka Ze.

117 Ekyo nnakibagamba, okusooka, era ne nkibalaga, n'okuyita mu mirembe gyonna, nti Katonda tasobola kukyuka; era akyoleka, mu buli ngeri, mu ngeri y'emu.

118 Yakyoleka, mu Bubaka bwe obwasooka, eri ensi eyaliwo nga amataba tegannabaawo, okuyita mu nnabbi Nuuwa.

119 Nnabadde njogerako n'ow'oluganda omu omwagalwa atudde wano okumpi nange kaakati. Olunaku lwa jjo, yaŋŋambye nti, "Waliwo ekintu kimu kye wayogera, Ow'oluganda Branham, bulijjo ekintiisa."

Ne mmubuuza nti, "Kye kiruwa, ow'oluganda?"

120 N'agamba nti, "Wagamba bw'oti," ate nga kituufu nti, "'Abantu batono ddala, kabinja ka bantu batono nnyo abalirokolebwa mu nnaku z'Okujja.' Ne twogera ku Yesu kye yayogera nti, 'Omulyango mufunda n'ekkubo lya kanyigo, era baliba batono abaliriraba.' Kaakati weetegereze, Bayibuli egamba nti, 'Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa emmeeme omunaana mwe zaalokolebwa amazzi, bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja.'"

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, ekyo otegeddeko . . . "

N'agamba nti, "Jjukira, mwalimu emmeeme munaana zokka."

Ne mmugamba nti, "Ggwe ekyo otegeddeko kitundu butundu."

121 Ate nga, Nuuwa yali kifaananyi ky'abo abaasigalawo abaawona amataba, so si abaawaanyisibwa. Enoka, omusajja omu bw'ati, ye yagenda mu Kukwakkulibwa nga amataba tegannajja, nga kiraga nti Ekkanisa teyita mu kibonyoobonyo oba ekintu kyonna ekyekuusa ku kyo. Enoka ye yawaanyisibwa, omuntu omu yekka. Ha, ekkanisa bayinza okuba abangi; naye Omugole agenda kuba kabinja katono ddala akanaakola Omugole. Kati, ekkanisa basobola okuba abantu abayitirivu obungi; naye, Omugole, ggwe labayo, geraageranya abantu omunaana ku omu. Abantu abaliba mu Mugole baliba batono nnyo, ebitundu kimu kya munaana, bw'ogeeraageeranya n'abali mu kkanisa.

122 "Kale oba nga kizibu omutuukirivu okulokoka, olwo omwonoonyi era atatya Katonda alirabika wa," abo abamanyidde ddala, kye batasaanidde kukola, naye era ne bagenda mu maaso ne bakikola? Abo abagoberera ebiragiro by'eddiini mu kifo ky'Ekigambo, balirabika wa, kyokka ate nga bayitibwa Bakristaayo, ne bayitibwa Erinnya lya Kristo?

123 Kaakati, Nuuwa yali kifaananyi kyennyini, eky'abo abaasigalira. Jjukira nti, Nuuwa bwe yafuluma, Kaamu yali wamu naye. Ekibi kyali kikyalimu. Ekibi kyasomokera, mu kyombo. Obutakkiriza, okubuusabuusa, byayingira mu kyombo, ne bisomoka omusango. Naye Enoka yatumbiira ddala

waggulu w'ekyombo, n'agenda mu Maaso ga Katonda. Naye Nuuwa yagayitamu n'afuluma, naye era ekibi kyali kikyaliwo; ekifaananyi ky'okufuga okw'Emyaka olukumi, embeera y'ensi bw'enaaba.

124 Okufuga okw'Emyaka olukumi si ye nkomerero ya byonna. Wajja kuba wakyaliwo ebiseera n'oluvannyuma lw'okufuga okw'Emyaka olukumi. Okufuga okw'Emyaka olukumi kwa kiseera kigere; naye, Ensi Empya yo si bw'eri. Nedda, n'akatono. Weetegereze, mu ekyo, ekyo tugendaa kukiraba mu kaseera katono gye bujja.

125 Olaba, ensi, nga enunuddwa, eddayo eri Nnannyiniyo ow'olubereberye. Kyatwala . . . Yagiggya ku Ssetaani. Yasika, ensi n'agisikambula okuva ku Ssetaani, era nga naawe bwe yakuggya ku Ssetaani, nga bwe yaggya omukazi oli eyali ku luzzi mu ngalo za Ssetaani. Waaliwo kabona, eyalowooza nti ali ne Katonda, wabula nga talina ky'alina. Olaba?

126 Ekyo nnandyagadde mbakubire ekifaananyi kyakyo mu kaseera katono. Kati, kino twagala tukifunire ddala bulungi, kale musseeyo omwoyo mu ky'okuyigako kino. [Ow'oluganda Branham abaako ebifaananyi by'akuba ku lubaawo eby'okulabirako mu bitundu ebitonotono ebiddako—Omuk.]

127 Kaakati, kino *wano,* ono ye Katonda. Katonda, oyo Ataggwaawo, awatali . . . Nga tewali mulala yenna okuggyako Ye. Naye, mu Katonda, mu Ye mwalimu obusobozi obw'enjawulo. Kaakati, kino *wano* kikiikirira Ekigambo, Ekigambo kya Katonda, ekyayambala omubiri ne kibeera naffe mu muntu ayitibwa Yesu.

128 Kati ono *wano,* omuntu ono, tugenda kumukola bwe *tuti.* Kaakati, *ono* y'ayitibwa omukazi eyali ku luzzi. *Ono* ye kabona, Omufalisaayo. Ate we mulaba *kino,* awali olubaawo olwereere, wategeeza kisa na bulokozi.

129 Kati, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeera mu makkati gaffe." Emitendera esatu. Okusooka bwali busobozi, obwali mu Katonda, bwe Yeerowooza okubeera omuntu; era ekyo ne kimuleetera okukka wansi nga Yesu; era kati, bw'oliba ow'okubaayo Eri, kitegeeza wali naye emabega eri. Kubanga, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa nkula emu yokka, era nga obwo ye Katonda; era walina okuba nga oli kitundu ku Katonda ku lubereberye, so si ekyo kye walondawo obulonzi nga oli wano ku nsi. Ye yakulonda. "Bonna Kitange be yampa balijja."

130 Kati mulabe kabona ono wano. Tukiraba nti ekitundu kye kino eky'oku nsi, *wano,* obulamu bwe obw'emabega, nga tannazaalibwa, okuteekerwateekerwa bwe yali tannajja wano, bwa kibi.

Ggeyeena yiino, *wano* wansi.

131 Kati, akatundu kano *wano,* akafaanana olubaawo luno, ako ke kooleka obulongoofu bwe. Yali kabona. Yali musajja wa kitiibwa. Ekyo kyali kyoleka *kino*. N'ekirala, yalina, okuba omusajja omulungi, ekitali ekyo yali tasobola kuba kabona. Naye olaba engeri gye yakifunamu, yakifuna kuyita mu buyigirize obw'amagezi ag'obwongo.

132 Kaakati, mukazi wattu ono, obulamu bwe obwasooka, waggulu *wano,* yali malaaya, nga yenna mwonoonefu. Naye munda mu ye, *wano,* yalina mu ye okutegeera okutonotono. "Mmanyi nti Masiya bw'alijja . . ." Olaba? Olaba, ekyo kyamulimu.

133 Weetegereze, Yesu bwe yajja n'ayoleka Ekigambo, kubanga Ekigambo kyabikkula ebirowoozo ebyali mu mutima; nga Abaebbulaniya 4 bwe wagamba nti bwe Kijja okukola, 4:12, nti bwe Yali ow'okukola. "Ekigambo kyali kyawula ebirowoozo by'omu mutima," era Yajja nga Omwana w'omuntu, Nnabbi. Kiki ekyabaawo? Kabona ono, eyalina obuyigirize obw'omu bwongo bwokka, yagamba nti, "Oyo ssetaani," kubanga eddiini ye yamuyita ekyo. Kyakola ki? Kabona teyalina kukiikirirwa, n'olwekyo kyamuziba buzibi maaso.

134 Naye mukazi wattu ono teyalina kintu kyonna kya kwogera; yali mukyafu era nga mwonoonefu ddala. Naye, mulabeeyo, munda mu ye, yalimu okukiikirirwa, olaba. Kale, n'olwekyo, yali alindirira kulabisibwa kwa kino mu mubiri.

Era bwe Yamugamba nti, "Genda onone balo mujje wano."

N'addamu nti, "Ssebo, ssirina wadde omu."

135 N'amugamba nti, "Oyogedde mazima, kubanga olina bataano, nga ne gw'olina kati naye si wuwo. Waakabeera na bataano. Kitegeeza wakabeera na mukaaga bonna awamu."

136 Omukazi n'agamba nti, "Ssebo!" (Teyagamba nti, "Ggwe," teyamuyita, "Beruzebuli.") "Ntegedde nga Oli Nnabbi. Kati, tumanyi nti Masiya, oyo ayitibwa Kristo, alijja. Era bw'Alijja, y'Alikola bino."

Ye n'amugamba nti, "Ye Nze."

137 Nga tewakyali kubuusabuusa nate. Wali teweetaaga kukinnyonnyola. Omukazi yakirabirawo. N'akikkiriza. Amangu ago n'adduka! Lwaki? Kiki kye kyamukola? Kyamununula.

138 Kaakati mulabeeyo, Yajja abeere Omununuzi. Si bwe kiri? *Okununula* kitegeeza ki? "Kukomyawo." Lwaki teyakomyawo kabona? Kubanga teyaliiyo waggulu eri. Olaba? Olaba, teyalinaayo kukiikirirwa kwonna.

139 Yajja kununula ekyo ekyali kyagwa. Mu kugwa, *kino* kyayonoonebwa, mu muwala oyo; naye Katonda yamulina mu birowoozo Bye nga n'ensi tennabaawo, kye yava Ajja okumulongoosa. Olaba? Olwo n'A . . .Omukazi ono yalina Obulamu Obutaggwaawo. Olaba?

140 Kati ate, ye kabona, kyamukola ki? Kyamuzzaayo buzza eyo gy'ateekwa okukomekkereza. Teyaliimu kantu konna, n'okusooka kwa byonna, okuggyako obuyigirize obw'amagezi ag'obwongo.

141 Kaakati wuliriza, mukwano gwange, bw'oba nga ekintu kyokka ky'olina bwe buyigirize obw'amagezi ag'obwongo, ky'ofuna mu ago kiba kintu kirala nnyo. Era Kiri tolikifuna okuggyako nga olina okukiikirirwa okuva waggulu. Nzikiriza eyo y'ensonga lwaki muva ebuvanjuba n'ebugwanjuba, obukiikakkono n'obukiikaddyo; lwa Kigambo, ekiramu, ekirabisiddwa.

142 Kaakati mwetegereze engeri gy'Amanyisaamu enkola Ye okuyita mu bannabbi Be, okuva ku lubereberye. Tagikyusangako.

143 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . obulokozi. Yaggyako omuntu omusango; n'amutukuza; n'atuma Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro, n'ayokya ekibi okukimuggyamu, oluvannyuma n'amutuulamu, Ye kennyini.

144 N'ensi, gy'Agenda okukozesa mu ntegeka ey'obununuzi, nayo agikola ekintu kye kimu. Ensi yeenenya era n'ebatizibwa mu mazzi, mu . . . okuyita mu Nuuwa. Yesu n'ajja n'agitukuza, nga agitonnyezaako Omusaayi Gwe, era n'agyeddiza. Era mu Nsi Empya ejja, ya kufuna okubatizibwa n'Omuliro omutukuvu, okugirongoosa okugiggyamu buli muzimu, buli kawuka akaleeta endwadde, buli ndwadde, na buli kimu kyonna, ezzibwe buggya. "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya."

145 Ofuuka muntu muggya. Amiina! Tobeera muntu oli ow'edda akubiddwa ebiraka, okuyita mu kwegatta obwegassi ku kkanisa oba okugezaako okukyusa enneeyisa, naye obeera kitonde kyennyini ddala ekiggya. Katonda addira omuntu oli ow'edda n'amwokera ddala n'asaanawo, ng'akozesa Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro, n'ajja Ye kennyini, n'aweereza wansi okukiikirirwa kwo. "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi." Mukiraba? Ntegeka y'emu; engeri y'emu.

146 Ssetaani ya . . . aliggyibwa ku nsi, mu ngeri y'emu nga Ssetaani bwe yakuggyibwamu. Ssetaani tayinza kutawaanya; manya, asobola okukema, naye tayinza kuwangula Mukristaayo eyazaalibwa ogw'okubiri. Kubanga, Katonda, okuva ku kutondebwa kw'ensi, yamulabirawo, era n'atuma Yesu okujja okumununula, era Omusaayi gwe gwogera ku lulwe. Ayinza atya okwonoona nga n'okulabika talabika, wadde, eri Katonda? Ta . . . Ekintu kyokka ky'Awulira lye ddoboozi lyo. Alaba kukiikirirwa kwo. Amiina! Ekyo kituufu. Olaba?

147 Mu ngeri y'emu, kubanga ensi nayo eri emu ku busobozi Bwe obwalimu nga naawe bw'oli omu ku busobozi Bwe obwalimu.

Ensi efuuka emu ku busobozi Bwe obwamulimu, kubanga kyali mu birowoozo bya Katonda, ku lubereberye. Okuba n'ensi, okutuula ku Ntebe ey'obwakabaka, okubeera Kabaka, okubeera Omununuzi, okubeera Omuwonya, obwo busobozi Bwe obw'enjawulo obwamulimu.

148 Nga naawe bw'olina obusobozi obw'enjawulo obukulimu. Ssisobola kwogera kigambo e—e "enkondo" nga ssisoose kusooka kuloowooza ku nkondo. Ssisobola kwogera kigambo "musajja" nga ssisoose kusooka kuloowooza ku musajja. Era bwe ndowooza ku musajja, oluvannyuma ne ŋŋamba nti "omusajja," kye ndowoozezza ky'ekyo ekibadde mu nze era okulabisibwa kwakyo kye kigambo kye njatula. Olaba?

149 Nga Isaaya, yandisobodde atya okugamba, nti, "Embeerera yali ya kuba lubuto"? Ekirowoozo kye kiki?

150 Kaakati, bangi ku mmwe mwewuunya, engeri eky'okumanya eby'omu buziba bw'emitima ekyo, engeri gye kibaawo. Ŋŋenda kubabuulira. Olaba, kibeera kigambo kye njogera. Naye tekuba kulowooza kwange, kubanga nze mba n'okukimanya ssikimanyi. Mba ssikimanyi nga n'okukirowozaako ssikirowozaako. Nnyinza ntya okukubuulira amannya go ne gy'ova, nga n'okukumanya ssikumanyi? Nnyinza ntya okukubuulira kye wakola emyaka kkumi egyayita, nga ssikulabanganako mu bulamu bwange bwonna? Nnyinza ntya okukubuulira gy'olibeera ne ky'olikola emyaka kkumi okuva kati? Mmanya ntya eby'ebiseera eby'omu maaso? Naye kibeera kirowoozo kya Muntu mulala.

151 "Leka endowooza eyali mu Kristo ebeere mu mmwe. Leka endowooza eyali mu Kristo ebeere mu mmwe." Olaba, awo eba tekyali ndowoozo yo. Eba ndowooza Ye, nga ayita mu ggwe. Era obeera toyogera bigambo byo nga ggwe; wabula obeera oyogera Bigambo Bye.

152 Ye nsonga lwaki emirundi mingi ab'oluganda batabulwatabulwa, ku ky'okuvuunula ennimi, n'ebirala. Olaba, bagenda ne boogera ebintu ebitali bituufu, ne balemwa okukitegeera nti oyo Ssetaani. Oyinza okumbuuza nti, "Mu lusuku lwa Katonda?" Ggwe lindako tukimaleyo, ojja kulaba oba kye kyo, oba si kye kyo. Ebiddoddo n'eŋŋaano bikulira mu nnimiro y'emu. Byombi bikulira ku musana gwe gumu n'enkuba y'emu. Olaba?

153 "Naye mu makkati gammwe bwe mubaamu nnabbi, Nze Mukama nnaayogeranga naye. Era by'ayogera ssinga bituukirira, olwo nga Nze njogedde, olaba, kubanga abeera tayogera bibye. Abeera ayogera birowoozo Byange, ebyo ebiri mu Nze ebikwata ku bintu ebirina okujja, era Nja kukozesa kamwa ke okubyogera. Era bw'amala okubyogera, biteekwa okutuukirira. Eggulu n'ensi biriggwawo, naye Ekigambo Kyange tekirigwa butaka."

154 Isaaya yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto." Ekyo kimala. Ddala ejja kuba olubuto. Katonda ky'aba ayogedde, Akikola.

155 Ha, ayoleka, okuyita mu bannabbi Be, okulabisibwa Kwe kwonna, kubanga okwo bwe busobozi Bwe obw'ebyo ebiri mu birowoozo Bye nga bulabisiddwa.

156 Kaakati, kiikino wano nga, kirabisibwa mu mukazi wattu *ono*. Yali omu ku busobozi Bwe obw'enjawulo obwamulimu. Olaba?

157 Ate ne wabaawo ne kabona, nga akiikiridde Ekitangaala. Yali yakiyigirizibwa kuva mu Bayibuli. Yali yayigirizibwa nti Katonda ye Katonda. Yali yayigirizibwa nti obutukuvu kye kisaanidde. Yali yayigirizibwa nti waliwo amateeka ga Katonda. Kyali kyamuyigirizibwa lwa ntegeera ey'obuyigirize obw'obwongo. Era nga yazaalibwa na mu lunyiriri lutuufu; yali Muleevi. Naye yali akimanyi kuyita mu ntegeera ya mu bwongo yokka. Era Ekitangaala ky'ekiseera ekyo . . . Olaba, kyali kyamuyigirizibwa kusinziira ku ebyo *ebyali* byabaawo, so si ku ekyo ekyali kigenda mu maaso mu kaseera ako; wabula kusinziira ku byayita! Kale bwe yategeera ekyali kigenda mu maaso mu kaseera ako, ekibiina ky'eddiini ye Ekyo kyali tekirina kye kikyogerako yadde, bw'atyo n'asangibwa nga talinaamu kukiikirirwa kwa Kyo mu ye.

158 Naye Omununuzi yali ku nsi mu kaseera ako, nga azze okununula ebyo ebyali mu Katonda, era omukazi yakisembeza. Teyakikubaganyaako birowoozo. Yagamba bugambi nti, "Masiya bw'alijja, kino ky'Alikola," era ekyo kyamumala. Era n'akiraba nga kikolebwa, kale . . . Yagamba nti, "Nze Masiya," ekyo ne kimala byonna. Tewakyali kubuuza kulala. Yagenda bugenzi, nga agamba buli omu nti, "Mujje, mulabe Gwe nsanze."

159 Emitendera gino gitulongoosa, okutufuula yeekaalu y'ekifo Kye mw'atuula: obutabalirwako musango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Ebyo bye birongoosa yeekaalu (yaffe) eno.

160 Kale, nga enkula y'ensi ey'edda bw'etaazikirizibwa, amataba bwe gaagiyiikako; enkula ya sseŋŋendo, enkula yaayo ey'edda, e . . . ettaka lyonna, ebintu byonna Katonda bye yateeka ku nsi, byonna tebyazikirizibwa ensi eyasooka bwe yazikirizibwa. Ate nga Bayibuli egamba nti "yazikirizibwa," naye tegaazikiriza nkula yaayo. Gaazikiriza kibi kyokka awamu n'aboonoonyi abaagiriko. Naye enkula yaayo yasigalawo.

161 Naye, olaba, eky'obutabalirwako musango, nga mmwe Ababaputisiti n'Abamesodisiti bwe mukirowooza okuba, obutabalirwako musango kyokka, okukkiriza n'obatizibwa, ekyo tekimala. Ojja kuddayo mu bintu by'ensi, oddemu osale enviiri zo era oyambale n'empale ennyimpi, na buli kimu.

Olaba, waba tewali kyabadde kukukolebwako. Obeera otunudde butunuzi emabega n'olaba nti by'obadde okola bikyamu.

162 Obutabalirwako musango ensi kwagikolako ki? Tekulina kye kwagikolako n'akatono; yaddamu buto, ekibi ne kiddamu buto nga bwe kyaliwo mu kusooka. N'omuntu bw'atyo bw'akola, era awo w'akoma.

163 Bw'atyo omubuulizi ow'amaanyi, Billy Graham, bw'asaanide okukiraba. Yagamba nti, "Ŋŋenda ne nfuna abantu emitwalo esatu abalokoka, naye ŋŋenda okukomawo nga wayiseewo omwaka gumu nga tewakyawerawo yadde amakumi asatu." Awo we baba baakoma. Olaba? Ate nga, mazima ddala, beenenya. Nzikiriza beenenya; abasinga obungi ku bo, oba kale ka tugambe, abamu ku bo. Naye ekyo tekimala. Kino kikikakasa wano.

164 Kati, enkula y'ensi ey'edda nga bwe yali yatondebwa teyazikirizibwa na mazzi. Ensi yanaazibwako bunaazibwa. Ekyo kyagiwa buwi kubatizibwa. Yabatizibwa.

165 Na bwe kityo enkula yaayo nga bwe yatondebwa era ejja kusigalawo, newankubadde nga eryokebwa n'Omuliro. Teguzikiriza nsi nga yo, olaba, wabula guzikiriza kibi ekigiriko.

166 Mwetegereze wano, abamu ku mmwe abasomi ba Bayibuli, naddala Dokita Vayle antunuulidde. Mwetegereze mu Peetero, essuula ey'oku 2 eya Peetero wano, essuula ey'oku 3, manya, akozesa ekigambo "ensi," nga ekigambo ky'Oluyonaani *kosmos,* ekitegeeza, "enkola y'ensi." "Ensi eriggwaawo, n'ebyo ebigiriko ne bisaanuuka olw'ebbugumu eggyitirivu." Olaba? Tekitegeeza nti ensi, nga sseŋŋendo, nti egenda kuggwaawo. Naye ensi, *kosmos,* nga by'eby'obufuzi, aboonoonyi, enkola ez'obuntu, ekibi, endwadde, obuwuka obuleeta endwadde, buli kintu ekikyamu, byonna birisaanawo. Buli kintu ekyali . . .

167 Katonda lumu yanyeenya eggulu, naye ku mulundi guno Yagamba nti Ajja kunyeenya ensi, eggulu n'ensi . . . "Yanyeenya nsi," manyanga, "naye ku mulundi guno Ajja kunyeenya ggulu." Olaba? "Kubanga twafuna Obwakababaka obutayinza kunyeenyezebwa." Bwakababaka Obutaggwaawo. Wekkaanye engeri gy'akinnyonnyolamu.

168 Weetegereze wano, Peetero yagamba nti, "Era erisaanuuka olw'ebbugumu eggyitirivu, n'ebikolwa ebigirimu biryokebwa," so si sseŋŋendo. "Ebikolwa ebigirimu," nga bye bikolwa by'abantu, bannabyabufuzi baabwe bonna n'entegeka zaabwe, n'ebibiina byabwe byonna eby'amadiini n'entegeka ez'obuntu, byonna birigendera wamu nayo nga eyokebwa.

169 "Era—era obwengula bulivaawo n'okuwuuma okunene." Ekyo mukyetegerezza? "Obwengula bulivaawo n'okuwuuma okunene." Wuliriza! Ensi yonna erikoleezebwa omuliro, era gulikoleeza n'emikka gyonna egiri mu nsi ne gugitulisa. Ky'ekyo kyennyini. Yogera . . . Bayibuli egamba wano, Peetero yagamba

nti, "Obwengula buliggwaawo, n'ensi, n'okuwuuma okunene." Okutulika okw'amaanyi kuligiyuguumya, ha, bannange, kubanga kuliba kulina okutta buli ndwadde yonna, buli mwennyango, na buli liggwa. Buli ekyetaagisa okukolebwako, Omuliro gulibyokya byonna ne bisaanaawo. Ate, jjukira, guno si muliro buliro ogwa bulijjo, wabula Muliro omutukuvu, olaba, ogwo gwe guliggyawo Ssetaani n'ebibye byonna, emizimu gyonna. "Byombi eggulu n'ensi," amiina, "biriggwaawo," nga gutta obuwuka bwonna obuleeta endwadde, ebiwuka byonna, obulamu bwonna obutonde obugiriko n'obugyetoolodde, ne H_2O (amazzi) nago galitulika. Kirowoozeeko. Yogera ku kuwuuma!

170 Bw'oba olowooza mbu okubwatuka kuli okwali wano mu Tucson kwali kwa maanyi, bwe Yabikkula Obubonero omukaaga, okwanyeenya eggwanga lyonna, ne kwogeza abantu ebintu eby'enjawulo. Lindako ensi eno lw'erifuna okubatizibwa kwayo!

171 Omanyi, omuntu bw'afuna okubatizibwa kw'Omuliro, wabaawo okuleekaana kungi ddala. Bagenda ne balowooza mbu ekyo kiswaza, okuwulira abantu nga baleekaana n'okuwoggana bwe batyo. Mulindeeko ensi eno lw'erifuna okubatizibwa kwayo!

172 Yee, gulinnyonnyola . . . guligatulisa, H_2O, amazzi, kubanga Bayibuli egamba wano mu Kubikkulirwa 21 nti, "ennyanja n'eba nga tekyaliwo," nga gugatulisizza. Kino kirikyusa ensi yonna ku ngulu. Eryabika n'ekutukamu obutundutundu. Ku ngulu kwayo kwonna, okutuukira ddala munda eri mu makkati g'ettaka, ffuuti bikumi na bikumi okukka wansi, yonna erisesebbulwa. Ebigyetoolodde ebiri mu bbanga, emikka egy'enjawulo egiri mu nsi kati, munda ennyo gye bagamba mbu bbomu zi mutasubwa mwe zitasobola kutuuka kugibotola, munda ddala eri mu buziba, waggulu ddala eri muli awali emikka egya buli ngeri, nga bwe bagamba; naye ebyo byonna biritulika. Ekiruyi kya Katonda ekitukuvu kirigikkako, olaba, era kirigirongoosa, ne kigikyusa ku ngulu kwayo kwonna.

173 Kaakati, bangi ku mmwe abandyagadde okuwandiika ekigambo kino, ekigambo ky'Oluyonaani, "okuggwaawo." Kiva mu kigambo . . . nnalina okukinoonya. Muli nneebuuza nti, "Ensi eno egenda kuggwaawo etya, ate nga kwe tugenda okubeera?" Naye bwe weetegereza, eri mmwe abaagala okukiwandiika, leka nkibasomere nga nkyatula nnyukuta ku nnyukuta. Ssisobola kukyatula, kiri p-a-r-e-r-e-c-h-o-m-i-a. Ssimanyi bwe bakyatula.

174 Kaakati, mu ngeri bw'etyo, nga bwe nnagambye, bwe nfuna . . . Okuluŋŋamizibwa kunzijira nga kukwata ku kintu ekimu, olwo ne ŋŋenda ne nnoonya ekigambo ekyo. Kati, wano, ssisobola kumenya nnyukuta za kigambo kino, manya ssisobola—ssisobola kukyatula. Naye era, ne mu mbeera eyo,

Mukama yampa engeri y'okukikolamu. ŋŋenda ne nnoonya amakulu g'ekigambo ekyo, era nnagafuna. Olaba? Nate, ne nziramu ne ngafuna. Olaba?

175 Eggulu n'ensi *biriggwaawo*, kati, ekigambo kino kitegeeza, "okukyuka okuva mu kikula ekimu okudda mu kirala." Tekitegeeza "kusaanirawo ddala," nga amakulu ekigambo ky'Olungereza bwe gali nti, *okuggwaawo*, ekiba kitegeeza nti okusaanyizibwaawo. Wabula ekigambo ky'Olwebbulaniya, manyanga eky'Oluyonaani ekikozesebwa wano, tekitegeeza *kuggwaawo*; wabula kitegeeza, "kukyuka okuva mu kintu ekimu okudda mu kirala." Labayo, wabula, "okuva mu mbeera emu," bwe kityo bwe kigamba, "okudda mu mbeera endala."

176 Kaakati weetegereze, Pawulo yakikozesaako, bw'oba wandyagadde okukisoma. Kiwandiike, ojja kukisoma oluvannyuma. Mu Tito 3:5, Pawulo akozesa ekigambo kino kye kimu, nga ategeeza okukyusibwa kw'omuntu, nti omuntu abadde omwonoonyi akyuse n'afuuka omutukuvu, so si nti asaaniddewo ddala. Omuntu bw'akyusibwa, aba tasaanyeewo, wabula aba muntu akyusiddwa. Abeera akyusiddwa okuva mu ekyo ky'abadde okufuuka ekyo ky'ali kati, wabula nga tasaanyiziddwaawo.

177 Yesu yakozesa ekigambo kye kimu mu Matayo 19:28; kati, si 28:19. Kati, 19:28, Yabagamba nti, "Mulituula Nange mu Bwakabaka bwa Kitange, nga mukyusiddwa," olaba, "kukyusibwa," nga mukyusiddwa. Yakozesa ekigambo kye kimu.

178 Era Yakozesa ekigambo kye kimu bwe Yayogera, ku mwana gw'endogoyi, n'agamba nti, "Omwana gw'endogoyi muguyimbule gugende."

179 Yayogera ekintu kye kimu ku kuzuukizibwa kwa Lazaalo nti, "Mumusumulule! Mumukyuse! Abadde asibiddwa; mumute agende!"

180 Kitegeeza ki? Nti ensi erisumululwa okuva mu maala ga Ssetaani. Erisumululwa. Erisumululwa okuva mu by'obufuzi, erisumululwa okuva mu nkola z'ebibiina by'amadiini; ekozesebwe Obwakabaka bwa Katonda, obuliteekebwa wano ku nsi. Naye kasita eba nga ekyali mu mikono gya Ssetaani, eby'obufuzi . . . Ssetaani omufuzi w'ensi, ye nnyiniyo; yali yiye, naye kati Kristo yaginunula.

181 Lumu, nnali wuwe, naye kati sikyali. Lumu, mukazi wattu oli yali wuwe, naye kati takyali. Olaba, Yajja kugitakkuluzaako buwambe bwakyo. Yantakkuluzaako obuwambe bw'ekibi, n'obwa Ssetaani, obwali ku bulamu bwange, ne ku bulamu bwo, era kati tetukyali babe.

182 Bulijjo mumpulira nga ŋŋamba, mu kusaba nti, "engalo zo zijje ku kintu kya Katonda"? Olaba? Amiina! Beera n'okukkiriza okubanja ebibyo. Eryo ddembe lyo ery'obwebange.

"Omukazi ono muggyeeko engalo zo! Omusajja ono muggyeeko engalo zo!" Olaba, okukkiriza kujja kukikola. Ha, bannange! Si kugisaanyaawo, wabula, ku, "Giggyeeko engalo zo," kugisumulula, kugita egende, kugireka. N'ekyuka.

183 Ensi erikyuka. Eby'obufuzi birikyuka. Amadiini galikyuka. Ebibiina by'amadiini biriggwaawo. Eby'obufuzi biriggwaawo. Obwakabaka bwa Katonda bulisibwawo ne bunyweezebwa.

184 Tusoma mu Yokaana, tusoma Yokaana mu Kubikkulirwa 6:14, olaba nga agamba, "yavaawo nga omuzingo." Bayibuli egamba . . . nti ya . . . Yokaana yagamba nti, "Ne ndaba eggulu n'ensi nga bivaawo nga omuzingo." Yokaana, mu Kubikkulirwa 6:14.

185 Yesu yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo," oba, amakulu gaakyo nti, "eggulu n'ensi birikyusibwa." Olaba, n'awo yaddamu n'akozesa ekigambo kye kimu ekyo.

186 Si, si kusaanawo. Kubanga, oluvannyuma, mu Kubikkulirwa 21:2 okutuuka ku 24, yalaba Yerusaalemi Ekiggya nga kikka okuva mu Ggulu ewa Katonda, ne kituula ku nsi eno. Tekitegeeza nti ejja kusaanyizibwawo. Wabula enkola zaayo ze zirikyusibwa.

187 Ne Danyeri yalaba ekintu kye kimu. Ejjinja lyakuba ensi, eryatemebwa awataali ngalo; ekifaananyi ky'enkola zonna ne kibetentebwa ne kifuuka nga ebisusunku eby'omu gguuliro mu biro eby'omusana, empewo n'ebifuumuula n'ebitwala. Ate Ejjinja, Lyo, ne ligejja ne lifuukamu Olusozi olunene olwabuutikira ensi yonna. Kati mwetegereze Olusozi olwo, mu kaseera katono. Olusozi olwo olwabuutikira ensi yonna.

188 Era, tulaba ne wano, mu, mu Kubikkulirwa, nga wagamba nti, "Bakabaka b'Ensi Empya balireetanga amakula gaabwe n'ettendo mu kyo." Mu nsi, nga mutuddemu . . . Yerusaalemi Ekiggya nga kitudde kuno ku nsi. Olaba, yakyusibwa bukyusibwa.

189 Oli musajja y'omu, mu kigera, nga bwe wali Katonda we yakuyitira, era oli mukazi y'omu. Naye, olaba, ekyakubaako, kwali kukyusibwa. Obulamu buli obukadde bwavaawo. Okwegomba kuli okw'edda kwavaawo. Luli, wayagalanga nnyo okunywa omwenge, n'okuvuma, n'okuyomba, n'obuubuuka, n'okukyakala, n'obuseegu, naye ekintu ekyo kyafiira ddala. Olaba? Naye kati okozesebwa . . . Luli wali kikozesebwa kya Ssetaani; naye kati wanunulibwa.

190 Bw'etyo n'ensi bw'ejja okuba, mu ngeri y'emu, nga enunuliddwa, nga Ggulu Eriggya n'Ensi Empya.

191 Nga naawe bw'oli, "Oli kitonde kiggya." Era awo ekigambo ky'Oluyonaani, buli omu amanyi, nga kigamba nti, "Oli kitonde kiggya." Amiina! Kitonde kiggya mu yeekaalu y'emu enkadde. Aleruuya. Kati wekkaanye ekiddako. Kya kitiibwa! Kale.

192 Kati tukizuula nti ensi eno kwe kulituula bakabaka b'ensi.

193 Nate, era, mu Matayo 5:5, Yesu yagamba nti, "Abateefu balisikira ensi." Tekiri nti agenda, kufunayo ensi endala. Naye egenda kuba nsi y'emu. Ngezaako okubalaga e—entegeka y'obununuzi, okusooka, ssinga nnaaba ssisobodde kwogera ku kintu kirala kyonna, mulaba. Okubatizibwa n'Omuliro, ku yo, kwa kugirongoosa bulongoosa okugifuula ekifo ekigwaanidde abateefu Be okubeeramu. Olaba? Ha!

194 Nga naffe kye Yatukola, ffe ebitonde Bye, okusobola okujja okubeera mu ffe. Nga tannaba kutuyingiramu, Yalina okusooka okutubatiza n'Omuliro; oluvannyuma Omwoyo Omutukuvu n'alyoka ajja n'atuula munda, okubatizibwa n'Omuliro. Kati, bw'omala okufuna okubatizibwa okwo okw'Omuliro, awo Omwoyo Omutukuvu aba asobola okujja n'ayingira. Kiba kiki? Bw'Ajja, Ayokya buli kintu kyonna ekikontana n'Ekigambo, n'akikuggyamu. Olaba? Tajja kukkiriza kintu kirala kyonna okuggyako Ekigambo, kubanga Ye Kigambo. Olaba? Olaba? Olaba?

195 Kaakati, ekyo kye twali twogerako luli, obukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu. Olaba? Obukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu kwe kuba nga osobola okusembeza Ekigambo; si nkola yonna ey'obuntu, naye okuba n'okutegeera kwennyini okutuufu. Omanya otya nti Ekigambo kitangaavu, era okitegeera otya? Kyekkaanye olabe bwe Kyekakasa kyokka.

196 "Naye," oyinza okugamba nti, "Nga ndaba *ono* akikola, *n'oli*." Yee, weewaawo, n'ebiddoddo byeyisa mu ngeri y'emu. Olaba?

197 Naye kirina kuba Kigambo kyonna mu bujjuvu. Okubeera Omugole, olina kuba kitundu ku Ye. Ye ye Kigambo. Olaba? Era nga oli kitundu ki ku Ye? Nga oli Ekigambo ekyasuubizibwa eky'omulembe guno mw'Ayitira Omugole We. Beera kitundu ku Ekyo. Mukitegeera? Kati, ekyo te—temukyerabira. Weetegereze.

Era Agifuula ekifo ekigwaanidde okubeeramu Emirembe egitaggwaawo.

198 Wekkaanye, kino si kye kiyitibwa . . . Okufuga kuno okw'Emyaka olukumi, emyaka olukumi, si ye Nsi Empya. Olaba, okufuga okw'Emyaka olukumi kufuga kulala. Okwo kwe tuyingiramu, okufuga okw'Emyaka olukumi, naye okwo si ye Nsi Empya, n'Eggulu Eriggya. Nedda, nedda. Ekyo kifo kya kuwummuliramu buwummulizi, olaba, kiseera buseera kya kuwummula, naye si lye Ggulu Eriggya n'Ensi Empya; kubanga, olaba nti, mu kufuga okw'Emyaka olukumi tulina ebintu ebitasobola kugenda mu nsi Eri. Kifaananyi kya lunaku olw'omusanvu, eri mu Adeni; olunaku olw'omusanvu, nga Amaze okukola ensi. Ku lunaku olw'omusanvu, Yawummula mu Adeni, kati n'okufuga okw'Emyaka olukumi.

199 Olaba, ensi kati ewezezza emyaka nga kakaaga, gye yaakamala. Olaba? Buli luvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri ebaddenga efuna oku—okuzikirizibwa. Olaba?

200 Emyaka enkumi ebbiri egyasooka, amataba gajja, n'Agibatiza na (ki?) n'amazzi.

201 Emyaka enkumi ebbiri eggyaddako, Yesu n'ajja okugitukuza n'agyeddiza, n'agitonnyezaako Omusaayi Gwe, n'Aggyeddiza. Kale.

202 "Ndikomawo nate," uh-huh, ku luno nga Kabaka nga ali ne Nnaabakyala We, ate emyaka enkumi ebbiri egiddako (kiki ky'Akola?) Ajja n'awa ekiseera Kye eky'okuwummula.

203 N'alyoka agyokya, n'agyeddiza ku lw'abantu Be; n'agizzaako abantu Be bagibeereko.

204 Kati weetegereze, okufuga kuno okw'Emyaka olukumi, si ye nsi etuukiridde, wabula kifaananyi kya lunaku olw'omusanvu. Olwo ne kulyoka kuddako Okusala omusango okw'Entebe Enjeru ey'obwakabaka. Olaba, tukyalinayo okusalwa kw'emisango. Tukyali mu biseera, wano mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Lunaku lumu, myaka lukumi. Kipimo kya biseera. Si, kati, ekyo tokitabula na Nsi Mpya, kubanga si ye yo.

205 Oyinza okuŋŋamba bw'oti. Kati mpulira nga wayinza okubaawo aŋŋamba, nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, ogenda kuzzaako ki kati? Okubala kwo okw'emisanvu emijjuvu kukuweddeko. Ogenda kudda wa kati? Kati, oli muntu ayigiriza nga weesigama ku bifaananyi eby'ebiseera n'emirembe." Ate nga ddala, kye ndi. Era nzikiriza, ne Katonda ky'ali. Labayo, weetegereze. "Ebifaananyi by'ebiseera n'emirembe eby'okuwa nga eky'okwesigamako bikuweddeko. Kubanga, bw'oba olina ekirala ky'ogenda okwongerako oluvannyuma lw'olunaku olwo olw'omusanvu, ogenda kukijja wa? Kati ogenda kudda wa?"

206 Kale, leka mbeeko kye nkulaga kati, olaba. Uh-huh. Olaba? Kati, ssinnaba—ebifaananyi by'emirembe tebinnanzigwako, nedda. Nninawo Ekyawandiikibwa ekirala wano. Ate, jjukira, Byonna birina okutuukirizibwa, buli kimu ku Byo. Olaba?

207 Kati oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, ogezaako okwongerawo ekintu ekirala oluvannyuma lw'olunaku olw'omusanvu, olunaku olwo olw'omusanvu olwa ssabbiiti."

208 Nga Katonda bwe yakola ensi n'akola okumala ennaku mukaaga, n'awummula ku lw'omusanvu, ekyo kyali kifaananyi kya biseera, biseera. Naye nnaakoogera wano nti, tufuuka Abataggwaawo.

209 "Kale kati ekifaananyi kyo kiruwa? Wagambye nti oyigiriza ogeraageranya bifaananyi na mirembe. Kati, ekitegeeza, eby'okugeraageranyaako bikuweddeko kati." Nedda, tebinnaba. Leka tulabe oba bituweddeko.

210 Leka tugende mu Baleevi, mu ssuula ey'a 23 ey'Abaleevi. Kati njagala mwetegereze mu Kyabaleevi, we twali Ssande eyaakaggwa, manya luli . . . Wano we nnajja ekirowoozo, wano wennyini. Essuula ey'a 23 Ebyabaleevi, n'olunyiriri olw'a 26.

211 Kati mujjukire nti, waliwo ennaku musanvu ez'embaga. Embaga ey'amakondeere, embaga eya—ey'amakuŋŋaaniro, embaga ey'okuwuuba ebirimba, e . . . Zino zonna, waliwo ennaku ez'embaga enkulu musanvu, nga ezo zaali zooleka Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa. Era mujjukira ssabbiiti mmeka ezaabanga wakati w'embaga emu n'endala? Olaba, waaliwo ssabbiiti musanvu wakati wa pentekoote n'amakondeere, egyo nga gye gyali Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa. Era waaliwo ennaku musanvu ez'embaga, ezooleka Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa. Emiwendo gyo gisigale nga gikwatagana.

212 Kati oyinza okugamba nti, "Naye, kati, Ow'oluganda Branham, bikuweddeko. Omusanvu gwo ogutuuseeko."

213 Kale, leka tulabe ku mbaga esembayo, nga y'embaga ey'amakuŋŋaaniro. Kati mwekkaanye wano mu lunyiriri olw'a 36.

> *Munaaweerangayo ennaku musanvu* ebiweebwayo e*byokebwa ebyokeddwa n'omuliro eri* Mukama*: ku lunaku olw'omunaana—ku lunaku olw'omunaana wanaabangawo okukuŋŋaana okutukuvu* (waliwo ekiseera ekirala ekitukuvu ekijja) . . . *wanaabangawo okukuŋŋaana okutukuvu gye muli; nammwe munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa n'omuliro eri* Mukama*:* kwe *kukuŋŋaana okukulu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono.*

214 Kati tufunye olunaku "olw'omunaana." Kati, waliwo ennaku musanvu zokka, naye wano twogera ku "lunaku olw'omunaana," olw'enjawulo olutukuvu, olw'enjawulo. Mwekkaanye, "Temulukolerako mulimu." Olunaku olw'omunaana, kye (kiki?) kuddayo ku lunaku olusooka. Kubanga, lwogera ku Butaggwaawo, nga ensi bwe yeetooloola awatali kuyimiriramu. Amiina. Mukiraba?

215 Mulabeeyo, era kyabanga ku lunaku luno olw'omunaana. Olunaku olusembayo, olunaku lw'embaga ey'amakuŋŋaaniro, mwekkaanye oluvannyuma lw'olwo, oluvannyuma lw'olunaku olusembayo olw'embaga, oluvannyuma lw'Omulembe gw'Ekkanisa ogusembayo, oluvannyuma lw'ennaku omusanvu enzijuvu ku nsi, oluvannyuma lw'okufuga okw'Emyaka olukumi, awo olunaku luno Olw'okukuŋŋaana Olutukuvu we lujjira.

216 Mujjukire nti, eno mbaga ya makuŋŋaaniro, *makuŋŋaaniro*, "ebifo omukuŋŋaanirwa." Amiina! Ekyo kiri wa, "Mu kufuga okw'Emyaka olukumi," Bayibuli egamba nti, "balizimba amayumba; era baligabeeramu."

217 Naye mu Nsi Empya, ekifo Yagenda dda okukiteekateeka. Kyaggwa okuzimbibwa. Ffe eby'okuzimbibwa kwakyo tebitukwatako. Amiina. Kya mirembe Egitaggwawo! Ha, Ekigambo ekyo nkyagala nnyo! Bannange! Olunaku Olutukuvu Olw'okukuŋŋaana, olunaku olw'omunaana. Nga ate, ziri ennaku musanvu zokka. Naye ku lunaku olw'omunaana, nga kwe kukomawo ku lusooka nate, tukomawo ku lunaku olusooka, olunaku olw'omunaana lwe lwo Olutukuvu Olw'o- . . . Olw'okukuŋŋaana.

218 Mulabeeyo, ennaku omusanvu, zikwata ku butonde obw'edda bwokka, mu mbala y'ebiseera ey'ensi. Ennaku omusanvu bwe ziggwaako, nga wabaawo okufuga okw'Emyaka olukumi, olunaku olw'okuwummula. Nga Katonda bwe yakola okumala ennaku mukaaga, n'awummula ku lw'omusanvu; n'Ekkanisa nayo ekola okumala ennaku mukaaga, bw'emala n'ewummula ku lw'omusanvu, naye era awo oba okyali mu kubala biseera. Awo ssoogera ku Butaggwaawo.

219 Naye, olaba, ennaku omunaana teziriiyo; awo oddayo buzzi ku lunaku olusooka nate, olaba, olunaku olusooka.

220 Ssabbiiti eyogera ku mateeka amakadde, agaali ag'okuggwaawo. Okukuuma ssabbiiti, okwo "okwaggwaawo" oba, nga bwe ŋŋambye nti, "kwafuukamu ekirala." Tekwaggwaawo; wabula kwakyuka okuva mu tteeka ekkadde, ery'okukuuma olunaku gundi olwa wiiki.

221 Isaaya, essuula ey'e 19, yagamba, nzikiriza kiri 28:19, yagamba nti, "Kiteekwa kuba kiragiro ku kiragiro; wano katono, ne wali katono." "Nyweeza ekyo ekirungi." "Kubanga n'emimwa eginanaagira n'ennimi endala mwe Ndyogerera eri abantu bano. Era kino kye kiwummulo." Olaba?

222 Oyingira mu Bulamu, so si bya kukuuma lunaku oba ekisiikirize. Pawulo bw'atyo bwe yagamba, mu Baebbulaniya essuula ey'oku 4. "Mukuuma ennaku n'ebisiikirize, n'ebintu ebirala bwe bityo; nneekengedde obumanyirivu bwe mwafuna." Olaba, tetuyingira mu kukwata bukwasi nnaku na biragiro. "Obeera ovudde mu kufa n'oyingira mu Bulamu Obutaggwaawo," so si mu nnaku na biseera. Obeera oyingidde mu Butaggwaawo. Olwo lwe lw'enjawulo olutu- . . . olw'okukuŋŋaana, olw'okukuŋŋaana, manya.

223 *Ennaku musanvu*, mulabeeyo, ezo "eziggwaawo", oba, nga bwe ŋŋambye nti, ezo "ezirikyuka okufuukamu ekirala." Ennaku omunaana zikwata ku butonde buggya, olaba, so si butonde obukadde. Ennaku omunaana za butonde buggya.

224 Kubanga, ku lunaku olw'omunaana Mukama waffe lwe yazuukira okuva mu bafu. Olunaku lwo olulala olw'enjawulo luulwo, bwe butukuvu; so si kukwata ssabbiiti ez'enjawulo, n'akatono, oba embaga ey'amakuŋŋaaniro, embaga eya *kino,* n'embaga ya pentekoote. Yesu yazuukira okuva mu bafu,

tusobole obutabalirwako musango, ku lunaku olw'omunaana. Oluvannyuma lwa ssabbiiti omusanvu, manya ennaku musanvu, Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, Yesu yazuukira okuva mu bafu. Olunaku olw'omunaana, nga kwe kukuŋŋaana okutukuvu, olaba, lwe lunaku olusooka.

225 Olaba, obeera, ovudde mu biseera, n'oddamu n'oyingira mu Butaggwaawo; nga tokyakwata bukwasi nnaku, na kukuuma ssabbiiti ez'enjawulo; n'emyezi egibonese, n'ebirala bwe bityo. "Wabula *ovudde*," okyusizza enkula yo; si nti osaanyeewo. Ekitiibwa! "Wabula ovudde mu kufa n'oyingira mu Bulamu Obutaggwaawo." Ha, nga kintu kikulu Bayibuli ky'etuyigiriza! Olaba, ovudde mu kimu n'odda mu kirala.

226 Kale, "ovudde," nga ssabbiiti enkadde eyise. Yesu yazuukira ku lunaku lwa munaana. Olwo lwali lunaku lwa kitiibwa, lutukuvu. Ate terwali lunaku bunaku; kubanga olunaku, ebiseera, byali bikomye. Nga bifuuse Butaggwaawo. Olaba, kyetooloola ne kiddayo ku lunaku olusooka nate. Olaba?

227 Obutaggwaawo bufaananako nga—nga empeta. Toyinza kugisangako nsonda. Enkulungo etaliiko kamogo tosobola kulaba w'ekoma. Weetooloola bwetooloozi. Ssifaayo oba weetooloola kutuuka wa, osigala okyetooloola. Oyinza okutandika n'ogenda nga weetooloola *bw'oti*; n'obotola wansi n'oyitamu, n'oyita mu ttaka, n'owaguza mu buziba bw'ensi, n'osigala nga okyage-. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

228 Ebintu byonna ebyatondebwa ebiri *muno,* wabula ne byonoonebwa, Ssetaani, ebyali bitaatondebwa, biriwandukamu ekide kya zaabu ekinene bwe kirivuga n'Ekkondeere bwe lirivuga.

229 Kati emabega eri ku lubereberye, byonna gye byanywezebwa mu Adeni, omuntu we yajjira ku nsi n'agwa, akaliga kaayiwa omusaayi gwako, nga ekyo kyali kyogera ku Mwana gw'endiga omukulu alijja n'ayiwa Omusaayi Gwe. Era e Gologoosa omusaalaba guyimusibwa, nga ekyo kyakwatagana n'eky'omu Ndagaano Enkadde; eri abo abataabalirwako musango, abaali bagulindiridde. Ne mu mulembe guno omuggya, ku Kujja kwa Mukama waffe, mu Nsi Empya, omuguwa gw'obulokozi (nga ogwo gwe Musaayi, n'Amaanyi aganunula bye njogerako, nga okuyita mu nkola y'emu bye binunudde omuntu n'ensi) gulyambuka ne guddayo mu Butaggwaawo nate. Era Ennyanja ey'Omuliro eryokya n'esaanyaawo byonna ebitatya Katonda n'ebyo ebitaateekerwateekerwa kugenda mu Nsi eyo. Mukiraba?

230 Mulabeeyo, ku lunaku olw'omunaana, Yesu yazuukira tuleme kubalirwako musango. Oyo Kabaka Ataggwaawo, alina Obwakababaka Obutaggwaawo bwe tubatizibwa okuyingiramu, eri Obulamu Obutaggwaawo. Si nnaku musanvu; tekyalina kakwate konna n'olumu ku nnaku ezo. Wabula kyali kyogera ku

lunaku olulala, Olutaggwaawo, olujja; nga kyogera ku kiseera eky'Obutaggwaawo, nga ye Nsi gye njogerako.

231 Ekirala, mwetegereze, oluvannyuma lw'ennaku amakumi ataano, oba ssabbiiti musanvu okuva awo, wajjawo nate olunaku olulala olw'enjawulo olukulu. Kiki ekyabaawo? Omwoyo Omutukuvu yakka ku Lunaku lwa Pentekoote, ku lunaku olw'omusanvu . . . Manyanga, olw'omunaana, lwe ntegeeza, olunaku olw'omunaana, yakka ku lunaku olw'omunaana. Waali wayiseewo ssabbiiti musanvu, zennyini, nga Amaze okuzuukira, olaba; okusobola era okuba emirundi musanvu, kisobole okukomerawo ddala ku lunaku olubereberye olwa wiiki, lwennyini. Mukiraba?

232 Olwo lwe lunaku olw'enjawulo olutukuvu, terulina kakwate konna na bintu bya buliwo ebya bulijjo. Lusukkawo ku ebyo. Luyingira mu Bwakabaka bwa Katonda, n'Obulamu Obutaggwaawo, eri abo abaateekerwateekerwa abataaliko ntandikwa. Tebulina lunaku lwonna kwe bwatandikira. Teri lunaku lumu luti nti walokolebwa kw'olwo. Lubeerera obaddenga mulokole. Amiina. Yesu yajja buzzi kununula ekyo; naye ggwe wali walokolebwa dda, okuva ku lubereberye, kubanga walina Obulamu Obutaggwaawo, okusooka kwa byonna.

233 Empuuta tesobola n'akatono kubeera mmale oba akakulwe. Byombi biyinza okubeera mu mazzi ge gamu, naye nga, okuva ku lubereberye, yo yali mpuuta. Akatimba kaagikwata bukwasi, olaba, naye okuva ku lubereberye ekyo ky'ebaddenga. Awo we wali . . .

234 Kale nno, tetunnaggwebwako mirembe na biseera bya kugeraageranyaako. Twabadde? Tuli mu Byawandiikibwa mwennyini. Oluvannyuma lw'ennaku amakumi ataano, lukomawo nate.

235 Olaba, omunaana tegusobola kubalirwa wamu ne wiiki. Olaba, tegusobola kubalirwamu, nti ennaku munaana mu wiiki. Tosobola kukikola, olaba, kubanga mu wiiki mubaamu ennaku musanvu zokka. Ne bw'ozibala mu ngeri yonna gy'oba oyagadde. Ssande lwe lunaku olusooka mu wiiki. Olaba, obala omusanvu, bw'omala n'oddayo emabega n'otandika buto. N'obala omusanvu, n'oddayo emabega n'otandika buto. Mukiraba?

236 Era tubaddewo okuyita mu bifaananyi bino byonna eby'okulabirako, naye, bw'otuuka ku lw'omunaana, oyingira butereevu mu Butaggwaawo. Toyita mu mateeka, na bulumbolombo, na biragiro. Oyita mu kuteekerwateekerwa. Amiina! Olwo lwe lunaku lwennyini, olw'enjawulo olutukuvu! Olaba? Era kati tukomekkereza omulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu, omulembe gw'ekkanisa, omulembe gwa Pentekoote. Mukiraba? Tuyingira olunaku olwo olw'enjawulo

olutukuvu. Tuyingira mu Butaggwaawo, buli bwennyini, obwa nnamaddala, Ekkanisa bwe yayitirwa; teyayitibwa kubaako w'eyimirira, oba mu kibiina kya ddiini gundi, wabula okuyingira mu Butaggwaawo ne Kabaka waabwe Ataggwaawo. Mukiraba? Tetubirina n'akatono, teri bya kubala nnaku, na bintu nga ebyo, na biseera. Obeera oyingidde mu Butaggwaawo, gye wava. Wali Eyo, gye wasookera. Okiraba?

237 Bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, waliwo bwa ngeri emu yokka, nga ye Katonda, era ekyo kitegeeza nti oli nkula erabisiddwa. Olaba? Bw'oba . . . Bw'oba toli, kitegeeza tewali ngeri yonna, gy'olibeerayo. "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde." Olaba? Ebyo, "biggwaawo," ebintu bino byonna ebikadde; naye bino Ebintu byo tebiggwaawo, kale byogera ku Butaggwaawo. Omwoyo Omutukuvu taggwaawo. Kale, obeera oli mu Butaggwaawo, gye wali ebbanga lyonna, naye obeera waakategeera butegeezi ebyaliwo.

238 Olaba, wakolebwa lwa kigendererwa Ekitaggwaawo, kubanga wali—wali kulabisibwa okw'ekirowoozo ekyali mu Katonda, eyakulowooza n'akwoleka; n'Akola n'ensi mw'anaakujja, n'akukolamu omuntu. Naye ekibi ne kijja ne kigootaanya enkola Ye. Naye era, wamala n'ojja, naye wajja obulidde mu nsi. Kye yava Ajja n'akununula, ggwe ekirowoozo ekirabisiddwa, n'ensi eno nayo n'aginunula mu ngeri y'emu. Olwo, ekigendererwa Kye ne kisigala nga kikyagenda mu maaso. Olaba? Ha! Aleruuya! Ha, ekyo nno nga kinkola obulungi obutagambika, bwe ndowooza ku biri mu maaso!

239 Kati, mu Baefeeso 1:10, kiyitibwa . . . Kaakati, bw'oba okiwandiika, kiri mu Baefeeso 1:10, tekiyitibwa, kiseera, oba lunaku lwa musanvu. Kiyitibwa, "Obujjuvu bw'ebiseera." Kale "obujjuvu bw'ebiseera" nga butuuse, weewo nga ebiseera biweddeyo. Nga tewakyaliwo kubala biseera, awo oyingira mu Butaggwaawo, nga omulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu guweddeko, nga era bwe guweddeko; nga omulembe gwa Luther guweddeko, omulembe gw'Abamesodisiti guweddeko, nga n'ogw'Abapentekoote guweddeko. Kati olwo oyingira mu (ki?) mu Butaggwaawo; nga tewakyali kubala misanvu, tewakyali kubala ssatu ssatu, tekyali kino na kiri. Nga bali mu Butaggwaawo, etali kubala biseera, na biro, n'ebirala. Amiina! Ha, bannange! Mukiraba kati?

240 Oba, oluvannyuma nga ebiseera biweddeyo, nga ekibi kyonna kiweddewo, kiggyiddwaawo, mu kufuga okw'Emyaka olukumi, eri ku kusala Omusango okukulu okw'Entebe Enjeru ey'obwakababaka. (Ekifaananako, n'Omwoyo Omutukuvu ky'akola.) Ensi nga emaze okwookebwa omuliro n'ebatizibwa, okubatizibwa kwayo okw'Omuliro omutukuvu oguva mu Ggulu; nga ekibi kyonna kiweddewo, nga obuwuka obuleeta endwadde bwonna buweddewo, nga emyoyo emibi gyonna giweddewo, nga

ebikemo byonna biweddewo, nga obubi bwonna buweddewo. (Ekyo kati kifaananyi.) Olwo Katonda kiki ky'akola? Aba asobola okutuula ku nsi, mulaba, kubanga ekibi kyonna kivuddewo.

241 Ekyo kye kintu kye kimu ky'Akola bw'Akuwa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Aba asobola okujja n'abeera naawe, olwo ne tusobola okutuula mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu, kubanga tuba tuli mu Ye. Tekiri nti "tulibeera." Kati kati tutudde mu Kristo Yesu. Tuyingiramu tutya? Okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu omu. "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Kristo," nga, mwe tuli kaakano. Si "tulibeera" mu Kristo; wabula mwe tuli! Ye Kabaka omukulu ow'omwoyo afuga Omwoyo atuula mu ffe, kubanga twali mu Ye okuva ku lubereberye.

242 Olaba, Katonda, ku lubereberye, bwe Yakulowoozaako n'alowooza ne ku balala abali nga ggwe, Yeerowoozaako okuba nga akwatikako. Ebyo bye byali ebirowoozo Bye. Olaba? Bw'atyo, ebirowoozo Bye n'abyoleka okuyita mu Kigambo. N'agamba nti, "Leka wabeewo." "Leka wabeewo," era ne wabaawo. "Leka wabeewo," era ne wabaawo.

243 Kati, oluvannyuma lw'akaseera, Yagenda mu maaso nga ayogera nti "leka wabeewo," okutuusa, lumu abantu lwe baagamba nti, "Katonda aleme okwogera naffe!"

244 N'agamba nti, "Kati Nja kwogeranga nabo nga mpita mu nnabbi." Olaba? "Okuva kaakano okweyongerayo, Nja kwogeranga nabo nga mpita mu nnabbi."

245 Era nnabbi n'agamba nti, "Walijja; walibaawo," era ne waba, ne waba. Era ne waba, era ne waba, mukiraba, bwe kityo. Kati mukitegeera?

246 "Obujjuvu bw'ebiseera" butuuse nga ebiseera biweddewo. Ekibi kiweddewo, ensi bw'emala okubatizibwa, ensi bw'emala okubatizibwa efuuka ekifo ekisaanidde; nga tewakyali ndwadde, tewakyali buwuka buleeta ndwadde; tewakyali maggwa, tewakyali mwennyango; tewakyali kufa, tewakyali nnaku, tewakyali birumya mitima; tewakyali kukaddiwa, tewakyali kireeta kufa; tewakyali kikyamu kyonna; nga byonna birungi; tewakyali kya mubiri. Butaggwaawo bwokka!

247 Kati awo, ebirowoozo Bye ebyamulimu biba birabisiddwa kubanga byaliwo, okuva edda, mu kusooka. By'ebyo bye Yalowooza. [Ow'oluganda Branham akiraga ku lubaawo—Omuk.]

248 Olwo kiki ekyaddirira? Yateeka Adamu ne Kaawa wano ku nsi, n'agamba nti, "Kaakano muzaale mwale mujjuze ensi." Emibiri gyabwe gyonna gyali wano, nga olina kulya buli omubiri gwo gusobole okuzimbibwa. Bw'Atyo bwe yalina okukikola.

249 Naye ekibi ne kijja ne kigootaanya entegeka Ye. Naye, era, ebiseera bisigala byekulungulula.

250 Naye Yesu yakola ki? Katonda yakka wansi ne Yeeyoleka mu kifaananyi eky'Omuntu, nga omuntu; n'awaayo obulamu Bwe, mu kifo ky'okusigala wano. Nga ate, Ye yali Kabaka, wabula Yeewaayo okununula abasigadde. Mukitegeera?

251 Era byonna nga biwedde, ensi ekomezebwawo, olwo ekigendererwa kya Katonda ne kituukirizibwa. Ne wabaawo Kabaka Ataggwaawo nga ali wamu n'abantu Be Abataggwaawo, nga balabisiddwa mu mubiri ogw'obuntu, mu ngeri yennyini ddala nga bwe yali Akirina; nga ekibi kiggyiddwaawo; ssetaani aggyiddwaawo; nga kati byonna biwedde.

252 Kiki ekirikikola ekyo? Ensi eno nga bw'eri kati teyinza kuba kifo Eggulu kwe lituula. Ggwe gitunuulire, olabe ekibi ekigiriko. Eriba erina okulongoosebwa.

253 Tewali musajja yenna, tewali muntu yenna, tewali mukazi yenna, k'abe mulenzi, k'abe muwala, ssifaayo k'abe ani yenna, asaanidde kuyimirira mabega wa kituuti, wadde okweyita Omukristaayo, nga tannajjuzibwa na Mwoyo Mutukuvu. Tokkirizibwa na kusembera ku mmeeza ya Mukama, wadde okussa ekimu kwonna, wadde okunaaza ebigere, oba ekintu ekirala kyonna, okutuusa nga olongooseddwa n'Omuliro gwa Katonda Omutukuvu.

254 Tewali musajja yenna akkirizibwa kubuulira okuggyako, nga asoose kumusisinkana Oyo, nga Musa, eri mu kifo ekitukuvu, awo Empagi y'Omuliro eyo w'erengejjera, n'aba nga amanyi waali. Olaba?

255 Mwekkaanye mulabe, nga bwe tugenda mu maaso. Nga ensi emaze okubatizibwa n'Omuliro, nga obuwuka bwonna obuleeta endwadde buweddewo, ekyo kati kigifuula ekifo ekisaanidde Eggulu okukka ne lituula.

256 Ekifaananyi ekyoleka, kaakano, okutuula mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu; nga tuvudde mu buno, obucaafu nga mukazi wattu oli bwe yali, ne tufuuka ebirowoozo bya Katonda ebirabisiddwa. "Kaakano tuli Baana ba Katonda," si *tuliba*. Ffe kulabisibwa kw'ebirowoozo bya Katonda. Olaba?

257 Kati oyinza okugamba nti, "Naye ate, laba kabona ono. Ye teyali mwana wa Katonda?" Kyakakasa nti teyali. Kiki ky'ataasobola kutegeera? Yagambako nti, "Bayibuli ngikkiriza"? Ddala yakyogera. Naye teyasobola kutegeera Kigambo kirabisiddwa eky'ekiseera ekyo. Yalina bubeezi buyigirize obw'omu bwongo bwe yali yayigirizibwa okuva mu kibiina gundi eky'abo abaamusookawo.

258 Era kye kintu kye kimu ne leero! Olaba? Ekyo mmanyi kikalubo, naye ge Mazima.

259 Ekigambo kyali awo wennyini, ddala nga bwe kyayogerwa nti bwe kiriba mu kiseera ekyo; naye, ye, ate nga yali muyigirize mu by'eddiini, era nga muntu wa ttutumu, naye teyasobola kukitegeera. Lwaki? K'abe nga yali muyigirize okwenkana wa mu by'eddiini, oba ekintu kyonna bwe kityo, naye era teyalina kukiikirirwa kwa kuteekerwateekerwa. Olaba?

260 Abo bokka abaateekerwateekerwa be bokka abajja okukikola; be bokka abasobola okukikola. Era oyinza kukikola mu ngeri emu yokka . . . Kubanga, labayo, ekyo kikakasa okuteekerwateekerwa. Kubanga, bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, oteekwa okuba nga wali kitundu ku Katonda ekiseera kyonna, kubanga Ye yekka Ataggwaawo. Okiraba? Ha, bannange! Kirowoozeeko.

261 Kati weetegereze ebibeerawo mu kufuga okukulu okw'Emyaka olukumi. Nga ekibi kyonna kiweddewo, okufuga okw'Emyaka olukumi kutandise, kiseera kya Mwoyo Mutukuvu atwale ekifo Kye.

262 Nga era bw'Akola mu ffe, "ne tuva mu kufa okuyingira mu Bulamu," ne tuba nga tutudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo, mu Kubeerawo Kwe okw'ekitiibwa. N'okufa okw'omubiri nakwo kuliggwaawo mu kiseera ekyo; era nga okufa okw'omwoyo kati bwe kwaggwaawo.

263 Tewakyali kintu kiyitibwa kufa kwa mwoyo kati, ku—ku eri—eri mutukuvu wa Katonda eyabatizibwa. "Ne bw'alifa, aliba mulamu. Buli mulamu anzikiriza Nze talifa." Ebyawandiikibwa byonna, Biteekwa okutuukirizibwa. Olaba? Toyinza kufa. Olina Obulamu Obutaggwaawo. Enjawulo yokka eri nti, Omununuzi akusobozesezza okukitegeera. Era Ekyo kye wali okuva edda, era ye nsonga lwaki osobodde okulaba omulembe gw'olimu. Bameka abagulaba? Muwanike ku mikono gyammwe. Olaba? Mwebale. Olaba? Omulembe gwe tulimu, nga ogutegeera.

264 Kati, Abamesodisiti baagamba nti, "Bw'oleekaana, kitegeeza Omwoyo omulina." Bangi ku bo baaleekaana naye tebaamulina.

265 Abapentekoote ne bagamba nti, "Bw'oyogera mu nnimi, olwo nga omulina." Bangi aboogera mu nnimi, naye nga tebamulina.

266 Ggwe laba, obulombolombo obwa buli ngeri Abafalisaayo bali bwe baalina, naye Ekigambo bwe kyalabisibwa, tebaakitegeera. Olaba? Olaba?

267 Kale bw'oba nga ggwe Mugole omukazi, Omugole omukazi aba kitundu ku Bba. Kale bw'oba . . . Engeri yokka Ekyo gy'olikitegeeramu, kwe kutegeera kitundu ki ky'oli ku Balo (Ekigambo ekyo), oba si ekyo tosobola kukitegeera nti ggwe Mugole omukazi. Ekyo bameka abakiraba? Olaba? Olaba? Olina okutegeera ekifo kyo.

268 Tosobola kutegeera kya mulala. Watya ssinga—watya ssinga Musa yajja na bubaka bwa Nuuwa? Ate nga ne Nuuwa yali kitundu ku bwo, naye era tebwandikoze. Watya ssinga—ssinga—ssinga—ssinga Yesu yajja na Bubaka bwa Musa? Tebwandikoze. Olaba, gwali mulembe gwa njawulo, bwali bunnabbi bwa njawulo, era kyali kitundu kirala eky'Ekigambo ekyali kirina okutuukirizibwa mu kiseera ekyo. Baali mu lunaku lulala olwa wiiki. Tekisoboka, emirimu gy'oku Lw'okubiri tegisobola kukolebwa ku Lwakusatu. N'egy'oku Lw'okusatu girina kukolebwa ku Lwakusatu. Olaba? Olw'omukaaga lulina kukolebwako mirimu gya Lwamukaaga. Olaba?

Naye, baali, mu kwenyumiriza mbu, "Ha, Musa, tulina Musa."

269 Ye n'abagamba nti, "Ssinga Musa mwamutegeera, Nange mwandintegedde, kubanga ye yanjogerako Nze. 'Mukama Katonda wammwe alibayimusiza nnabbi afaanana nga nze.'" Mutegeera kye njogerako? Ha, bannange! Olaba?

270 Kati Yesu n'agamba, mu Yokaana 14 nti, "Oyo, Omwoyo Omutukuvu, bw'alijja, Alibajjukiza ebintu bino byonna, olaba, alibalaga kiseera ki kye mulimu. Ate, n'ekirala kwe mulimutegeerera, Alibalaga ebintu ebigenda okujja," olaba, olaba, alibazzaayo ku bunnabbi nate, "bw'Alijja." Olaba?

271 Mu Nsi Empya n'Eggulu Eriggya, tetuliddamu kubeera mu kizikiza nate, Ensi eyo Empya bw'erijja. Ssetaani aliba asibiddwa . . . Ssetaani, mu kaseera kano akyetaaya; ye mulyolyomi. Naye mu Nsi Empya, aliba asibiddwa era nga asuuliddwa mu Nnyanja ey'Omuliro, mu Muliro guno omutukuvu.

272 Kale nno, mu Nsi eno Empya, leka tugyeetegereze okumala eddakiika entonotono kati. Mu Nsi eno Empya, obwengula tebuliddamu kukwata kizikiza; nedda, ekyo kyaleetebwa kikolimo, olaba. Tebuliddamu kukwata kizikiza na bire ebitabanguse. Embuyaga teziriddamu kukuntira mu bwengula bwe zityo. Nedda. Teziriddamu kusiguukulula miti, na kumenya mayumba, na kuvuunika bintu. Okumyansa kwa laddu n'ekiruyi kyayo tebiriddamu kubwatuka kuva eri Ssetaani nga biyita mu bwengula, okutta omuntu eyetambulira amakubo ge, wadde okwokya ekizimbe. Olaba? Nedda, tebiriddamu kubaawo. Tewaliddamu kubaawo kikunta ow'embuyaga ez'amaanyi, oba emiyaga n'embuyaga ezikuntira ku misinde emiyitirivu, ne zimenya amayumba, ne zitta abaana abato, n'ebirala. Huh-uh, biriba tebikyaliwo. Okugezaako okuzikiriza, tebiribaawo. Ssetaani aliba asuuliddwa ebweru.

273 Ssinga tubadde n'ebiseera ebimala. Ebyawandiikibwa mbibuuse, kati, tuleme kukeerewa nnyo. Nnina okusabira abalwadde.

274 Eggulu n'ensi nga bisisinkanye; nga Katonda n'omuntu batabaganye. Nga olusuku Adeni oluzziddwaawo lutandise; olaba, nga ekikolimo kyonna kiweddewo.

275 Nga, ekikolimo kyonna eky'ekibi bwe kiggwaawo Omwoyo Omutukuvu bw'akukkiriza. Olaba, Omwoyo Omutukuvu si ggwe amukkiriza; wabula Ye y'akukkiriza, olaba, kubanga Ye nkula ya Katonda. Olaba, bw'aba nga Ye Mwoyo Omutukuvu, ekitegeeza, Mwoyo wa Katonda; era nga nkula, ekirowoozo kya Katonda, ekitegeeza nti akukkirizza kubanga wayawulibwa lwa kigendererwa ekyo. Olaba? Newankubadde, wazaalibwa mu kibi; naye Katonda yalimu enkula eyo, kale bwe walabisibwa wano ku nsi, ky'ava Akka wano ku nsi akukimeyo. Okiraba, okomezebwawo *eno; eno* ye wammwe. Okiraba? Olaba, ekibi amaanyi gakiwedde. Ky'ekyo. Okwegomba kw'ekibi kuba kuvudde mu mutima gwo, Omwoyo Omutukuvu bw'ayingiramu. Obeera muntu azziddwaawo.

276 Kati n'ensi nayo bw'ezzibwawo, nga kikolebwa ekintu kye kimu, ekikolimo kiba kiggyiddwaawo obutaddamu kubaawo, tewaddamu kubaawo miyaga, tewaddamu kubaawo mbuyaga, tewaddamu kubaawo miggundu—miggundu, manya. Muba mutabaganye; omuntu ne Katonda nga basisinkanye. Ensi Empya erizzibwaayo nate ku bulungi bwayo obw'olusuku Adeni. Ensi Empya eritojjeza, ebyayo, nga emaze okufuna okubatizibwa kwayo okw'Omuliro.

277 Ggwe kubamu akafaananyi, erikwata omuliro yonna n'ebengeya. Ebigirimu byonna biryokebwa ne—n'ebbugumu eggyitirivu. Ebikolebwa ku nsi byonna birisirikka. Amazzi gonna galitulika; galikoleera omuliro ne gaabika ne gabuna wonna. Buli kintu kiryabika. Ensozi eziwandula omuliro ziritulika era, zirivulula olunyata, lutumbiire waggulu mu bbanga mayiro nkumi na nkumi. Buli kawuka akaleeta endwadde . . . Omwoyo wa Katonda Omutukuvu aligirongoosaako buli ttondo lyonna ery'ekibi na buli kimu. Emizimu gyonna girisibibwa ne gisuulibwa mu Nnyanja ey'Omuliro, Omuliro ogusanyaawo, ekiruyi kya Katonda eky'Omuliro.

278 Tewaliddamu kubaawo nsolo ya kukuzikiriza. Nga bw'otambulako, mu nnimiro z'ebimuli, waliba tewakyaliyo musota gwonna gw'otya kukubojja, n'obusagwa bwagwo obw'obutwa. Ha, bannange! Tekiriba kirungi nnyo? Wuliriza. Tewaliba kitundu n'ekimu ku ttaka lya Nsi eyo Empya ekirituumwa awamu, okuba amalaalo; tegalibaayo.

279 Omuntu ne Katonda baliba basisinkanye wamu; Omugole Omukazi n'Omugole Omusajja. Eggulu n'ensi nga biwambaatiraganye; nga Katonda asse wansi okubeera n'abantu. Nga yeekaalu Ye eri wamu nabo.

280 Tewaddamu kubaawo kibi, tewaliddamu kubaawo nnaku. Tewaliddamu kubaawo ttondo lya zziga lya maama litonnya, ku lw'omwana we omuwere. Amiina. Teliribaayo, mu Nsi eyo Empya. Nedda. Eriba enunuddwa. Nga Yiye, wamu n'Ababe abaanunulibwa okuva mu yo. Olaba?

281 Kati, ggwe labayo, oli kitundu ku nsi eyo. Si bwe kiri? Era bwe Yakununula, n'ensi nayo Yaginunula nga akozesa ekintu kye kimu, era kati muli wamu nate. Ha, kiyinza kutegeerekeka bulungi kitya okusingako awo. Olaba? Olina okununulibwa kubanga oli kitundu ku yo. Era Omusaayi bwe guba tegukuyiikangako, kitegeeza tonunulibwanga; tewayitibwa. Oluvannyuma Agirongoosa; ekyo kye kintu kye kimu ky'Akola mu Muliro. Kati, Omusaayi gwagiyiikako, esigazzaayo kulongoosebwa na Muliro, bwe kiri, esobole okufuuka ekifo kya Katonda mw'abeera.

282 Katonda yamala dda okutwala ekifo Kye mw'abeera, okutwaliza awamu. Obwakababaka bwa Katonda buli ku nsi mu kiseera kino, mu mitima gy'abatukuvu Be. Abo ze nkula Ze ezaamulimu ze yatandika ku lubereberye. Kaakati enkula Ze zinunuddwa. Kati kiki ky'Alinda? Kununula nsi, alyoke agiteekeko enkula Ze ezaamulimu, atuukiririze ddala entegeka Ye gye yateekateeka. Mukiraba?

283 Labayo, tewaliba malaalo, tewaliba maziga, tebiribaawo, tewaliddamu kubaawo kuyiwa musaayi. Ensi teriddamu kutonnyako ttondo lya zziga wadde ery'omusaayi. Nedda. Tewaliddamu kubaawo ntalo. Nedda. Tewalibaawo bire bya butiti. Teriddamu kugwaako muzira munnyogovu; teguliddayo kugigwaako. Akasana akabengeya tekaliyinza, kuddamu kwokya muddo gwayo. Aleruuya! N'eddungu lirimeramu ebimuli bya roza. "Eddungu eryo, ekkalu, lumu, liryanya, nga ekimuli kya roza," Katonda bw'atyo bwe yagamba; ensi bw'erinunulibwa, nga efunye okubatizibwa kwayo okw'Omuliro. Kati ekyaliko enkuukuulu eza buli ngeri n'ebikwatandiga na buli kimu, naye erina okubatizibwa kw'Omuliro okujja.

284 Nga n'omuntu bwe yali, nga akyalimu obukyayi, ettima n'okuyomba mu ye; naye okubatizibwa kw'Omuliro bwe kwajja, byonna kwabirongoosa ne kubimuggyamu. Tewakyali buggya, tewali kintu kyonna; wabula kati kifo kyennyini ddala Katonda mw'atuula. Ate, jjukira nti, abo kye kibiina Kye eky'abakungu ekigenda okumusisinkana emitala eri. Amiina! Ha, nga ki . . .

285 Eyo si mboozi buboozi; ago ge Mazima. Ekyo Katonda kye yayogera. Ekyo kye yasuubiza. Ekyo Omugole Omukazi ky'agendamu. "N'eddungu nalyo," Yagamba nti, "liryanya, libeere nga ekimuli kya roza."

286 Ssetaani, ekibi, n'aboonoonyi, nga byonna biggwereddewo ddala, obutadda emirembe gyonna. Nga byonna bikomye;

bibulidde mu Butaggwaawo. N'ebyo byonna ebyakyamizibwa, malayika oyo omukulu olumu eyaliko eri, oyo Ssetaani, eyakola obubi buno bwonna, alizikirizibwa. Mujjukira, Bayibuli egamba nti, "Emmeeme eyo bw'etalikola nga bwe Yagamba okukola, emmeeme nayo Aligizikiriza."

287 Naye, olaba, Tasobola kwezikiriza Ye ate n'asigala nga ye Katonda. Kale nno, emmeeme eyo bw'eba ya nsi, eba erina okuzikirizibwa. Naye bw'eba Teggwaawo, nga erimu Katonda, kitegeeza terina ntandikwa, kubanga eba kitundu ku Katonda era tesobola kuzikirizibwa. Amiina! Nga kirungi nnyo! Nga—nga kya mukisa munene, okuba nti Ekkanisa ekyo ekiraba!

288 Bantu mmwe, byonna bye mukoze biri wano wennyini. Kino kye ngezaako okugamba. Ebimu ŋŋenda mbirekayo kubanga nja kubiddira oluvannyuma.

289 N'ebintu bino, Ssetaani, aboonoonyi, byonna biggwerawo ddala, Emirembe Egitaggwaawo; tebiriddamu kubaawo. Byonna . . . Olaba, Ssetaani tasobola kutonda. Bw'aba asobola, awo aba Katonda. Olaba? Asobola kukyamya bukyamya ebyo ebyatondebwa. Olaba? Ate okukyamizibwa kwonna, okukyamya kwonna, kulimalirwawo ddala. Era okufa bwe bulamu wabula nga bukyamiziddwa; kale okukyamizibwa bwe kuggyibwawo, tewasobola kubaawo kufa nate. Okukaddiwa kabonero ka kufa; kale okukaddiwa bwe kuggyibwawo, nga obulamu bukomawo. Obubonero bwonna obw'okukyamizibwa na buli kimu nga byonna biweddewo. Amaggwa n'omwennyango kabonero ka kibi, "ensi elikolimibwa wamu nabyo," ne biggyibwawo. Endwadde zajja, lw'ekyo; nazo zijja kuggwaawo. Okufa kujja kuggwaawo. Okuyiwa omusaayi kuliba kukomye.

290 Tewali kiririnnya ku ttaka liri okuggyako obutukuvu, Abanunule. Ha, bannange! Yee. Ha, mpulira bulungi nnyo. Katonda, ne bye Yatonda; n'ebitonde Bye eby'okutondebwa kuno binunulibwa na Musaayi Gwe Ye. Ne birongoosebwa n'okulongoosebwa Kwe Ye; okulongoosa Kwe okutta obuwuka obuleeta endwadde, ne kutta n'ekibi!

291 Nga ekintu kyonna bwe kiyinza okuttibwako obuwuka bwonna obukibaddeko, engeri ekyasinzeeyo ey'okuttamu obuwuka gye twali tubadde nayo kwe kukozesa omuliro. Osobola okukwata ekintu n'okyoza ne sabbuuni owa buli ngeri n'eddagala lino lyonna eritta obuwuka lye boogerako, naye era buba bukyaliko. Naye ggwe kyokye!

292 Kale nga Omuliro gwa Katonda omutukuvu bwe gulongoosa ensi n'Eddagala erirongoosa; Omugole We mu kaseera ako aba Amusitudde, asobole okugenda naye mu Ggulu, nga kino bwe kigenda mu maaso. Era oluvannyuma bakomawo ku nsi nate, Eggulu Eriggya n'Ensi Empya. Obutiti obunnyogoga buba tebukyayinza kugikosa. Ebiseera eby'omusana ebyokya biba

tebikyayinza kugikosa. Amalungu galyanya nga ekimuli kya roza. Ekibi n'aboonoonyi nga biweddewo.

293 Katonda, n'ebitonde Bye wamu n'obutonde, nga bali wamu mu butebenkevu. Nga eggulu n'ensi bwe biri omwami n'omukyala, ne Kristo bw'atyo bw'ali n'Ekkanisa, era bonna basisinkanira wamu mu ntegeka ya Katonda ey'ekitiibwa ey'obununuzi byonna ne bikomezebwaawo mu kifuba kya Katonda nate. Okiraba?

294 N'ekirala, mu Nsi Empya, mulimu Ekibuga Ekiggya. Ha, bannange! Kati muwulirize bulungi. Kino temukyerabira. Nti, Yesu yagamba, mu Yokaana 14, nti Yali wa kugenda ateeketeeke. "Emitima gyammwe gireme okweraliikirira." Bwe Yali agenda yagamba nti, "Nnina ensonga lwaki ŋŋenda. Mwakkiriza Katonda," n'Agamba, nti "Nange munzikiririze." Tebaasobola kukiraba nti Yali Katonda. N'abagamba nti, "Mwakkiriza Katonda, kati Nange munzikirize. Era ŋŋenda okubateekerateekera Ekifo. Mu Nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi; mu Bwakabaka bwa Kitange mulimu embiri nnyingi." Kristo gy'ali, ali mu kuzimba Yerusaalemi kino Ekiggya mu kaseera kano. Kati wuliriza bulungi. Tosagaasagana. Toganya, kino tokiganya okukuyitako. Kristo ali mu Ggulu, leero, ateekateeka Yerusaalemi Ekiggya.

295 Nga Katonda bwe yatonda ensi mu nnaku mukaaga, nga bwe yakola ensi mu nnaku mukaaga, oba emyaka kakaaga. Nga bwe yagamba nti, "Muleme okuba abatamanyi," tusoma mu Byawandiikibwa nti, "emyaka olukumi giri nga olunaku lumu."

296 Ne Kristo naye yagenda era ateekateeka Ekifo, ekibadde kizimbibwa, okumala enkumi n'enkumi z'emyaka, nga ateekateeka Ekifo. "Era bwe ŋŋenda okuteekateeka Ekifo, Ndikomawo nate, mbatwale; eyo gye Ndi, nammwe mubeere eyo." Wekkaanye Omununuzi n'Abanunule!

297 Kale ssinga tubadde n'obudde. Nnalambyeewo wano, Sulemaani nga ayogera ku, "muwala ono, Omugole omukazi." Ha, tulina kukibuuka bubuusi; obudde buyise nnyo, olaba. Ndikiddira, nate. "Aba agezaako okumutuukirira, naye n'asanga nga alina omulenzi omulunzi w'endiga amwogereza." Abamu oba oli awo baalowooza nti olwo lwali luyimba buyimba lwe yayimba. Ha, nedda. Sulemaani ye yasikira entebe ya Dawudi ey'obwakabaka, ku nsi, naye ekyo kyalaga nti obwo obwakabaka bwali bulina okuggwaawo. Kyali kifaananyi ekyoleka Kristo nga ali mu mukwano n'Omugole. Olaba?

298 Kati weetegereze Yesu kye yagamba, mu Yokaana 14 nti, "ŋŋenda okuteekateeka Ekifo."

299 Ha, oba kiriba kifaanana kitya? Wali weebuuzizzaako, ggwe Omugole, bwe kiriba kifaanana? Kyateekebwateekebwa era ne kiwundibwa Omukubi wa pulaani ow'omu Ggulu. Ekibuga ekyo kiriba kifaanana kitya? Kati, tugenda kukyogerako okumala

eddakiika entonotono. Omukubi wa pulaani ow'omu Ggulu ye yakiteekateeka, ye yakiwunda. Ate, labayo, Yakiwunda n'engalo ez'obwegendereza, ku lw'Omugole We omwagalwa. Kiriba kifaanana kitya?

300 Muli oyinza okukuba akafaananyi omusajja agenda okuwasa omukazi, omusajja eyeesobola obulungi, engeri gy'azimbamu ennyumba n'agiteekamu buli kimu nga mukazi we bw'ayagala, kyennyini omukazi ky'ayagala? Amiina.

301 Kati, n'Omukubi wa pulaani ow'omu Ggulu yawunda Ekibuga Ekiggya, eyo gy'Alibeera n'Omugole We, nga kirimu buli kimu nga Omukyala bw'akyagala. Omutume kye yava agamba nti, "Amaaso bye gatalabangako, n'amatu bye gatawulirangako, n'ebyo omutima gw'omuntu bye gutafumiitirizangako." Leka tulabe oba tusobola okugenda ebuziba okumala akaseera, tulabe bwe kirifaanana.

302 Omukubi wa pulaani ow'omu Ggulu kino yakiwundira Mwagalwa We. Olaba? Ha, nga kiteekwa okuba nga kifo kirungi ddala, ekyo, Enkula ey'Obwakatonda, Omukubi wa pulaani ow'omu Ggulu kye yawundira ekitundu ky'enkula ey'Obwakatonda eyateekerwateekerwa Katonda ow'omu Ggulu Oyo—Oyo Ensibuko y'Obulamu bwa Katonda! Ekibuga ekyo kiriba kifaanana kitya! Kirowoozeeko.

303 Jjukira, ssi lye Ggulu. Yokaana agamba nti, "Nnakiraba nga kikka okuva mu Ggulu." Kya kubeera ku nsi. Olaba?

304 Ensi eno si y'ejja okuggwaawo; ejja kuba efuuse nnunule. Katonda teyagamba nti Yali wa kuyimusa omugigi omupya; wabula Agenda kununula ogwo gwennyini oguliwo. Tagenda kuyimusa mugigi mulala; wabula Anunula bununuzi ogwo gwennyini ogusangiddwaawo. Tagenda kukola nsi mpya; eno yennyini y'enaasigalawo. Ajja kugyokya bwokya, agirongoose, nga naawe bwe Yakukola. Entegeka Ze ziteekwa okubeerera emirembe gyonna. Kati, labayo, bwe kityo bwe kiriba.

305 Jjukira, si kye kiriba Eggulu. "Kikka okuva mu Ggulu." Kifo kya kubeeramu, Kifo ekibeerwamu, mw'Anaabeeranga. Nga, yali Yokaana, ku kizinga kye Patumo, wano mu Kubikkulirwa 21, eyakiraba "nga kikka." Yokaana yalaba Ekibuga, "nga kikka okuva mu Ggulu," nga ejjiba, lye yalaba.

306 Katonda bwe yajja, n'akka ku yeekaalu Ye ey'oku nsi, Yesu, mu . . . "nga likka okuva mu Ggulu." Yesu yabatizibwa, n'agenderawo butereevu . . .

307 Bwe Yasisinkana nnabbi! "Ekigambo kijja eri nnabbi." Ate Ye yali Kigambo. Nnabbi yali ayimiridde awo, nga agaanye amadiini gaabwe gonna, na buli kintu. Naye, bwe yalaba Ekigambo, Ekigambo ne kijja butereevu gy'ali.

308 Nnabbi ne yeekanga nnyo, n'agamba nti, "Nze nneetaaga Ggwe okumbatiza. Ate lwaki Ggwe ojja gyendi?"

309 Ye n'amugamba nti, "Leka kibeere bwe kityo, kubanga kitugwanidde (tumanyi obubaka) okutuukiriza obutuukirivu bwonna. Nze Ssaddaaka; Eteekwa okunaazibwa." N'akikola nga bwe yali amusabye.

310 Bwe Yava mu mazzi, n'agamba nti, "Nnalaba eggulu nga libikkuse." Nnabbi yaliraba. Yalaba eggulu nga libikkuse.

311 Ne wakka, okuva mu Ggulu, mu kifaananyi eky'Ejjiba; n'Eddoboozi, nga ligamba nti, "Ono kye kitundu Kyange eky'oku nsi kye Nnunudde, era okuva mu kitundu kino eky'oku nsi Nja kununula n'abasigadde bonna, kubanga Ye Kigambo Kyange ekirabisiddwa." "Era ensi yonna, Nnagyogera n'ebaawo okuyita mu Kigambo Kyange," Abaebbulaniya 11. "Naye Ssetaani abadde yaggyezza okumala ekiseera kino kyonna, naye Nzize okuginununula. Ekitundu kyayo kye kikola omubiri Gwe, era Nzija okugutuulamu."

312 Yokaana n'agamba nti, "Nnalaba Ekibuga ekitukuvu, Yerusaalemi Ekiggya nga kikka okuva mu Ggulu, nga Omugole ayonjereddwa Bba." Era bwe kyakka kyatuula wa? Mu ngeri y'emu yennyini nga bwe kyabaawo ku luli; kyatuula ku nsi.

313 Yesu yali kitundu kya nsi eyo Omwoyo Omutukuvu gye yakkako, (si bwe kiri?) era n'amusigalako emirembe gyonna. Tasobola kumuvaako. Abeerawo bulijjo. Ye ne Katonda bali Omu. Alina okusigalawo bulijjo!

314 Bw'atyo Yokaana yalaba Ekibuga ekitukuvu, Yerusaalemi Ekiggya, nga kikka nga ekibon'omu, manyanga e—ejjiba, nga kikka wansi okuva mu Ggulu ne kituula ku nsi yonna, ennunule, (okukola ki?) okubanjaayo buli nkula gye Yali yakolera ensi. Buli musajja yenna eyali yakiikirirwa mu Butaggwaawo, na buli mukazi, olwo lw'anunulwa mu kiseera ekyo. Nga ekuutiddwa era n'eyokebwa n'Omuliro.

315 Yesu, mu kukemebwa Kwe okuzito mu ddungu, okumala ennaku amakumi ana. Oluvannyuma lw'ekyo, wekkaanye, kye kyali ekiseera obuweereza Bwe butandike.

316 Kirowoozeeko, Omwoyo Omutukuvu nga akka ku nsi, Yesu, ate n'Omusaayi ogwo omutukuvu! Kati mwetegereze, era ka nsuubire nti ssiigende buziba nnyo gye mutasabola, olaba. Omusaayi omutukuvu ogwatondebwa Katonda; Omusaayi, Obulamu, okutonda kwa Katonda. "Yesu ye yali olubereberye lw'okutonda kwa Katonda." Ha! Mukiraba? Katonda, nga alabisiddwa mu butonde. Yali Mwoyo. Bayibuli egamba nti, "Ye lubereberye lw'okutonda kwa Katonda." Yatandika atya? Mu nda y'omukazi. Nga kitegeeza ki ekyo? Omukazi si ye . . .

317 Kiringa bano abazibe b'amaaso bwe batasobola kulaba "zzadde" lya musota wano wennyini. Olaba? Kaawa yateekebwa wano ku nsi, era, Ssetaani ne bwe yali tannamukwatako, oba ekirala kyonna, Katonda yabagamba nti, "Muzaale mwale

mujjuze ensi." Bwe kiri, naye Ssetaani wano w'ayingiriramu. Ye, bw'aba nga oyo yali mutabani wa Adamu, kati wa . . .

318 Adamu yava butereevu mu Katonda. Ate otwala nkula ya butonde bwa muzadde wo bwokka.

319 Era bw'ozaalibwa ogw'okubiri, otwala Nkula ya butonde bwa Muzadde wo, ow'omu Ggulu. Ate Omuzadde wo ow'omu Ggulu nkula ya Kigambo . . . Manyanga, Ekigambo ye nkula ya Muzadde wo. Kati, oyinza otya okukigaana Ekyo, n'otwalamu ekibiina ky'eddiini? Ha, Bannange!

Ka nsuubire kino tekiibayiteko. Mmanyi kiva eri Katonda.

320 Yesu. Wano n'Ajja, nga akka; bwe kityo ne wabaawo Yesu, enkula ya Katonda.

321 Kati, "omukazi," ye. Wekkaanye. Katonda yagamba nti, "Kubanga bakoze kino," n'agamba nti, "Nnaateeka obulabe wakati w'Ezzadde lyo n'ezzadde ly'omusota." Si bwe kiri? Naye omukazi taba na nsigo yonna. Ekyo wali okirowoozezzaako? Alina nnimiro bulimiro, naye talina nsigo. Olaba, omusota gwali gwamaze dda okumusigamu "ensigo" yaagwo.

322 Kati, omukazi bwaba talina nsigo, kitegeeza alina kulinda bulinzi asobole okufuna Ezzadde.

323 Olaba, okuyita mu kikolwa eky'okwegatta kino, omukazi kye yajja ewa Ssetaani, omusota, bwe gwali tegunafuuka kyewalula; kuba gwalina amagulu, kubanga amagulu gaagwo gaakongokako bukongosi oluvannyuma. Gwe gwali gusinga obukalabakalaba mu byonna, nga kye kisolo kyokka ekyali—ekyalina obutonde obusobola okukwatagana n'obw'omukazi.

324 Ensigo y'ekisolo kati tesobola kukikola ekyo, era tewali kirala kyonna kisobola kukikola. Bagezezzaako. Naye bigaanye. Olaba, obulamu bw'ensigo obuva mu kisolo ekisajja tebusobola kukwatagana na bwa mukazi. Tebusobola kukwatagana.

325 Naye ekyo kye kyali kisemberedde ennyo. Olaba, balemeddwa okuzuula ekitonde ekyo ekiri wakati w'ezzike n'omuntu. Olaba, byonna, bwe babiraga nga bwe biddiriŋŋana mu nkula, okuva ku binyonyi, okudda ku nkima, n'ebirala, okutuuka ku mazike, naye ate awo ne wabaawo "ekibulawo." Ogwo gwe gwali omusota, si guno omusota ogwewalula; guli enkula yaagwo yonna yakyuka, kubanga gwakolimirwa.

326 Kati, Katonda teyakolimira Adamu; naye oba oli awo ekintu kye kimu ekyandimubaddeko, naye Yakolimira nsi, emereko "amaggwa n'omwennyango."

327 Ne Kaawa teyamukolimira, wabula yagamba nti Adamu "y'anaamufuganga." Okuva kaakano okweyongerayo, teyetantala kubuulira oba okukola ekirala kyonna, Adamu y'amufuga. "Ennaku z'obulamu bwo bwonna, era mu bulumi, mw'onoozaaliranga okuleeta . . . obulamu mu nsi." Naye n'Agamba nti, "Nnaateeka obulabe wakati w'Ezzade lyo . . . "

328 Kati, omukazi teyalina nsigo yonna, era tabangako nayo, n'olwekyo, yalina okubaako engeri gy'afunamu Ezzadde. Katonda yamuwa Ezzadde, awatali kuyita mu kwegatta na musajja, wabula okuyita mu kutonda.

329 Bantu mmwe abazibe b'amaaso temusobola kukiraba nti ekyo "ly'ezzade" ly'omusota? Ha, bannange! Ssetaani ye yasookayo nga Adamu tannagendayo; eyo lye lyali "ezzadde."

330 Naye omukazi yafuna Ezzadde. Yali ki? Katonda Mwene. "Ye yali olubereberye lw'okutonda kwa Katonda."

331 Kaakati laba Seezi bwe yazaalibwa, manyanga Abeeri, yali musajja mutuukirivu, nga obutuukirivu yabufuna kuyita mu kitaawe. Ne Seezi bw'atyo.

332 Kati oli omubi yava wa; omutemu, omulimba? Olaba, olaba gye yava? Yali erina kuba "nsigo," kubanga yali nsigo; Kayini yali musajja.

333 Ha, kati bano abazibe b'amaaso bali ludda wa? "Katonda w'omulembe guno yabaziba amaaso." Ddala, ky'ova olaba, Yesu yagamba nti tewali muntu ayinza kukiraba. Mulaba?

Oyinza okwebuuza nti, "Lwaki tebasobola kukiraba?"

334 Yesu lumu yagamba, abayigirizwa Be nti, "Mmwe mwaweebwa okumanya eby'Obwakabaka bwa Katonda, naye bali tekyabaweebwa."

335 Era eyo ye nsonga lwaki mutambula eŋŋendo za mayiro lukumi mu bitaano erudda n'erudda, olaba, "Mwaweebwa okumanya eby'Obwakabaka." Mulabeeyo, abantu bava ne mu South Africa n'awalala wonna, mu kiseera kino ekiweddeyo nga Omugole ategekebwa okugenda mu Bwakabaka.

Ssirina bubeezi budde bumala. Wekkaanye. Kaakati weetegereze, olaba.

336 Kaakati awo musobola okulaba "ezzadde" ly'omusota, mulaba engeri gye yakikolamu? Kirabikira ddala, okiraba. Kati, abamu ku bo baagamba . . .

337 Okugeza, nga omusajja oli ow'e Tucson luli, eyali agezaako . . . Ah, ayinza okuwulira olutambi luno. Naye, naye ssinga lukutuukako, ssebo, njagala mbeeko kye nkubuulira.

338 Bwe yagamba nti, "Kaawa n'agamba," wano we beekwata awagamba nti, "'Nfunye omwana ow'obulenzi okuva eri Mukama, manyanga omusajja okuva eri Mukama.'" Ddala, ddala bwe kiri. Katonda alina etteeka.

339 Labayo, ggwe ddira ensigo ogisimbe mu nnimiro omuli eŋŋaano, osimbemu n'amatovu. Ssifaayo ka kibe kiki, omusana gwe gumu n'enkuba y'emu bijja kuleetera ensigo eyo okumera. Katonda alina etteeka, era etteeka eryo teriyinza kumenyebwa.

340 Ssifaayo oba—oba . . . omukazi asingayo obwonoonefu mu kibuga n'omusajja asingayo obugwenyufu, nga n'obufumbo ssi

bafumbo, ssinga beegatta—ne beegatta, ne babeera bombi ne bazaala omwana; omwana oyo ajja kuzaalibwa kusinziira ku tteeka lya Katonda, kubanga tewali ngeri ndala yonna. Bwe kitaba bwe kityo, olwo Ssetaani oba omufudde mutonzi, era olwo aba afuuse katonda. Naye, ate awo nga oba muzibe nnyo! Olaba, tteeka lya Katonda, ddala.

341 Bw'oba wali ozadde omwana, ssifaayo oba ye Esau, oba ye Yakobo, oba y'ani, oba omuntu ow'erinnya ebbi yenna, oba ye Yuda, Katonda ye yamusobozesa okuzaalibwa. Katonda alina etteeka.

342 Bayibuli egamba nti, "Omusana gwakira abalungi n'ababi; n'enkuba etonnyera abalungi n'abata-. . ." Abaebbulaniya essuula ey'o 6, era wagamba nti, "E—enkuba etonnya bulijjo ku nsi, okugifukirira, n'okugitegekera ekyo ekigirimya, nga ekyo nga bwe mumanyi, okusobola okuleeta obulamu; naye ate amaggwa n'omwennyango nabyo bibeerawo ku lwa nkuba y'emu, n'akasana ke kamu." Kubanga, tteeka lya Katonda, okwengeza buli nsigo, okusobozesa buli nsigo okwezaala.

343 N'olwekyo, yalina kuzaala "zzadde" lya musota. Naye ekyo tekyaziyiza—tekyaziyiza Katonda yadde; wabula kyatuukiriza butuukiriza ntegeka Ye, kubanga kyamufuula Mununuzi. Ekyo n'omuzibe w'amaaso kyenkana asaanidde okukiraba, okuggyako nga kyakukwekebwa. "Nga katonda w'ensi eno" yakikukweka. Kyeraga kyokka nga ekintu ekirala kyonna ky'osobola okulaba. Ky'ekyo. Eryo "ly'ezzadde" ly'omusota lye mwogerako. Kati wekkaanye.

Naye, "Yesu ye yali olubereberye lw'okutonda kwa Katonda."

344 Kati omukazi ye akola ki? Tulaba, nga enkwaso y'obulamu eva mu musajja. Kati ekyo oyagala kukigaana? Omukazi talina bulamu mu ye, n'akatono. Eggi ly'aba nalyo, nga ye nnimiro eri.

345 Kiringa bw'oddira ennimiro n'ogirima yonna, n'o—n'ogifuuyira, n'ofuuyira n'otta obuwuka bwonna n'obumalamu. Ne waba nga te—tewali wadde omuddo ogusobola okugimeramu; bw'omala n'ogissaamu ebigimusa, oluvannyuma n'osigamu ensigo ennungi. Ssinga omulabe ajja n'asigamu ensigo endala yonna, etteeka lya Katonda lye limu liba lijja kwengeza ensigo ezo zombi.

346 Weewaawo, ekyo Katonda si kye yali yagenderera okubaawo, olaba. Naye kiki ekyabaawo?

347 Olaba, enkwaso eva mu musajja y'ebaamu enkula y'obulamu, nga gwe musaayi. Mu musaayi mwe muba obulamu. Era bw'oba wali. . . Nnali nkirabyeko, nga bawakisa ente okufunamu nnusubulaaya n'ebirala bwe bityo. Nze n'Ow'oluganda Shakarian baabitulagako, awamu n'abasawo, ne tulaba bwe kibaawo, nga bitulagibwa abakugu mu kubitabula.

Olaba? Eno baggyayo amazzi agava mu kikazi, nga ge magi. Ate eri ne baggyayo amazzi okuva mu nnume, nga ze nkwaso.

348 *Ono* taliimu nkwaso ya bulamu yadde. Kubanga yaggyibwa na mu musajja. Bw'atyo bwe yajja wano, mu kusookera ddala, n'olwekyo ye nnimiro bulimiro. Mu ye mulimu ggi; era y'ennimiro erimu ettaka eggimu obulamu buno mwe busobola okukulira. Kati obulamu buno bujja ne buyingira nga buwuga. Awo we wali ekyama, engeri gye . . .

349 "Kati oba oli awo," oyinza okugamba nti, "kitegeeza, esookayo mu maaso y'ekwasa. Ezisigadde zonna ne zifa bufi." Naye, kibaawo kitya, ani asalawo bwe kiba? "Kale, tugambe esooka mu maaso." Kinaabeera eryo erikulembeddemu mu maaso; eggi erisooka mu maaso, n'enkwaaso esooka mu maaso? Nedda, nedda.

350 Lisobola n'okuba eggi limu; nga liri na mabega, emabega ddala, wakati mu mazzi, ne wajja enkwaso n'ejja erisisinkana. Ekyo kiraga nti waliwo amagezi agasalawo oba ekinaazaalibwa kinaaba kya nviiri mmyuufu, oba nzirugavu; oba kinaaba kitono, oba kinene; oba kisajja oba kikazi. Olaba? Ggwe tosobola, tewali kirala kyonna ky'oyinza kukikyusaako; tekijja kukola. Osobola okugatabula awamu, na buli kimu ky'oyinza okukola, naye tekirina njawulo yonna gye kijja kukola. Katonda y'akisalawo. Era bwe wayitawo akaseera, wabaawo enkwaso emu ejja okujja nga ewuga eyingire mu nnimiro eyo, mu ggi. Enkwaso eyo, ebaddeko engeri y'akakira, ku yo, nga keenyoola; ne kakongokeko, olwo enkizi y'akaana akawere n'etandika okubumbibwa.

351 Olwo omukazi kiki ky'ali? Talina nsigo. Wabula alina nnimiro esimbibwamu ensigo. Kale e . . .

352 Mulaba, omulabe yafuluma. Omusizi omulungi bwe yagenda, nga asiga Ensigo ennungi; n'omulabe yajja amuvaako emabega, nga bw'asiga ensigo embi. "Naye enkuba etonnyera abalungi n'ababi; n'omusana." Zonna zirina okukula.

353 Yesu yagamba nti, "Muzireke zikulire wamu. Ku lunaku luli zirisibibwa wamu mu miganda, eŋŋaano ez'omu nsiko." Era bali mu kwekuŋŋaanya wamu mu miganda, mu bibiina ebinene; nga byonna byolekedde ekisaaganda ekinene, nga ke Kakiiko k'Amakanisa ag'Ensi yonna. Era enkomerero yaayo yali ki? Kwokebwa. Naye eŋŋaano ya kutwalibwa mu tterekero. Olaba? Naye ate, zombi ekiziwa obulamu kye kimu, amazzi ge gamu, enkuba y'emu.

354 Omuti gw'ebibala ebigwa mu ttuluba ly'emicungwa, tugambe omu—omuti gw'omucungwa, gujja kubala, era guteekwa; gujja kubalako nkomamawanga, ku ggwo, bwe guba nga gwe muti ogukookeddwaamu. Gujja kubala nnimaawa. Gujja kubala seccungwa. Olaba? Naye tegujja kubala

mucungwa, newankubadde nga gubeerawo ku bulamu bwe bumu obuli mu muti gw'omucungwa.

355 Ebibiina by'amadiini byakookerwa mu Muzabbibu. Kubanga, bwe beeyita "Abakristaayo," kitegeeza omwo mwe bajja obulamu obubabeezaawo. Kayafa naye bw'atyo bwe yali; mukimanyi kye yali, kyokka nga yawa ne ku bunnabbi. Olaba? Olaba, gwe gubabeezaawo nga balamu.

356 Ha, ssinga tubadde ne wiiki nnamba, ne tuyiga ku kintu kino ne tukirambulula bulungi ddala, ne kiba nga kitegeerekeka gye muli ne—ne mutalemwa kukiraba. Kati ŋŋenda kubaako ebimu ku bino bye mbuuka.

357 Kaakati mwetegereze. Mulabeeyo, emikono egyo gye gyawunda ekifo kino ku lw'Omugole We Omwagalwa, nga gikiwunda mu kwagala okungi ku lw'Omugole We.

358 Mujjukire nti Omwoyo Omutukuvu yakka ku Yesu, oyo, Yesu eyali ekitundu ku nsi. Lwaki? Akaweke ka Katonda, Obulamu bwa Katonda, bwabumbirwa mu nda y'omukazi (si bwe kiri?), nga ye nsi. Kale. Olwo Obulamu bwa Katonda ne buyingira, bw'atyo, "n'Aba olubereberye lw'okutonda kwa Katonda." Olaba? Kati Omusaayi gwa Katonda ogwo, ogwalimu olw'akaweke ako; bwe gwayiika e Kalivaaliyo, olwo ne gutonnya ku nsi. Nga gutonnya kukola ki? Kununula nsi. Kati, tebalirwako musango; yatukuzibwa; yayitibwa, era yabanjibwayo; era kati yaakufuna okubatizibwa kwayo n'Omuliro, erongoosebwe ku lwa Yesu n'Omugole We.

359 Era mmwe bitundu bino ebirala ebyaggyibwa mu nsi eno. Ensi, oli kitundu ku nsi; omubiri gwo. Emmeeme yo kitundu ku Katonda, yali mu Katonda, n'erabisibwa wano ku nsi mu mubiri. Omubiri nagwo gwa kununulibwa.

360 Kati, emmeeme yanunulibwa, kubanga yali mu kibi. Bw'atyo Katonda kye yava akka wansi, okuyita mu mutendera ogw'okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'anunula emmeeme yo.

361 Kati naawe, kubanga oli kitundu ku nsi, enunulibwa kuyita mu ekyo. Oli mu kuyita mu mutendera kaakati. Gugenda mu maaso. Omubiri gwo gwaggyibwako omusango mu kubatizibwa kwa Nuuwa. Amiina! Bwe gutyo, n'omubiri gwo, Omusaayi bwe gwagutonnyako luli. Kati n'ensi ya kulongoosebwa n'Omuliro, ekifo ekyo kw'olibeera, nga erongoosebwa n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; okugifuula Ekifo ekibeerwamu ekya Kristo n'Omugole We, Yerusaalemi Ekiggya.

362 Mwetegereze Ekibuga kino; ku nsi, nga kituula ku nsi. Kati musobola bulungi okukiraba nga bwe nnagambye, e . . . okukyusibwa kuno, ensi eteekwa okukyusibwa. Tekisobola kugikkako nga eri bw'eti. Ekkanisa tesobola kugenda . . . Manya, ensi tesobola kugenda mu maaso nga bw'eri, oluvannyuma lw'okufuga okw'Emyaka olukumi, nga tesoose kukyusibwa.

Olaba? Yo okusobola okubaamu Ekifo bwe kityo, eteekwa okusooka okukyusibwa.

363 Nga, naffe bwe tuteekwa okukyusibwa n'Omuliro Gwe omutukuvu, okututeeka mu mbeera n'okutukolamu ekifo mw'Asobolera okutuula munda mu ffe; oyo, nga ye Mwoyo Omutukuvu.

364 Kaakati mulabeeyo, Ensi Empya ejja kuba ngazi nnyo. Uh-huh. Olaba, nga ngazi ddala! Ejja kulongoosebwa, n'Omuliro, kituufu, naye tewaliba nnyanja nate. Mulabeeyo, Ekibuga ekyo kiriba kya mayiro lukumi mu bitaano ku buli ludda enjuyi zonna ennya.

365 Kati muwulirize bulungi nga bwe tukuba ekifaananyi ky'ebipimo bino. Olubaawo njagala, nsooke ndusiimuule.

366 Wano waliwo okubikkulirwa okw'obuziba okuva eri Katonda. Wano, ka nsooke nkome wano. Bino ebirala tebi . . . Ebisigadde nnaabiggyayo oluvannyuma, nga Mukama ayagadde.

367 Mulabeeyo kaakati ensi ya . . . Kale, mubikkule mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, mulabe engeri gye yakipimamu ng'akozesa ebipimo by'emikono ne sutadiyo. Enkumi bbiri mu bisatu . . . Kale kaakati tukiraba nti e—Ekibuga kyali kiriko mayiro, "lukumi mu bitaano" ku njuyi zonna ennya.

368 Mumanyi ezo gye zandibadde zikoma? Nnazipimyeemukko, mu wiiki eno. Nga zenkana n'okuva e Maine okutuuka e Florida, n'okuva ku lubalama lw'ebuvanjuba n'okusussaawo mayiro nga lukaaga, mu bugwanjuba bwa Mississippi. Amakulu nti, kimu kya kubiri eky'obunene bwa United States, nga Kibuga kyokka.

Oyinza okugamba nti, "Tekigyaawo."

369 Ennyanja bw'enaaba evuddewo, wajja kuba wamala bulungi, kubanga kumpi bina bya kutaano eby'ensi mazzi meereere. Si bwe kiri? Okubwatuka kujja kukaliza ennyanja, kuleetere n'ensi okuwandula omuliro. Ha, bannange! Jjukira, mayiro lukumi mu bitaano enjuyi zonna ennya, ekyo nga kiriba Kibuga! Ate, naye, jjukira nti, n'ennyanja eriba evuddewo.

370 "Era obugazi bwakyo n'obugulumivu bwakyo byenkanankana." Ekyo kizifuula mayiro lukumi mu bitaano okudda *eno*, mayiro lukumi mu bitaano okudda *muli;* mayiro lukumi mu bitaano; obuwanvu obugazi n'obugulumivu. Mayiro lukumi mu bitaano, kirowoozeeko, nga kyonna zzaabu atangalijja. Era Ekibuga kyaliko bbugwe okukyetooloola.

371 Kati, kaakati, ekyo tekitegeeza nti, olw'okuba byenkana . . . Kigamba nti, "Era ebisenge n'omusingi byali byenkana," ekyo tekitegeeza nti kyali nga ekibookisi eky'enjuuyi omukaaga nga zonna zenkanankana oba nti kya njuuyi nnya nga zonna zenkanankana. Waliwo ekipimo ekirala, ekirina enjuuyi zonna nga zenkana, eyo nga, piramiidi. Enjuyi zonna zenkanankana,

"obugazi wansi kya nsonda nnya nga zonna zenkana," n'ebisenge byonna byenkana.

372 Leka nkikube ku lubaawo. Mulaba: obuwanvu, obugazi, obugulumivu. Tulina kye tugenda okulaba kati, ekya nnamaddala. Olaba? Mwetegereze, ebipimo by'ensonda *eno* bye bimu, byonna byonna, obuwanvu n'o—n'obugulumivu. Waliwo n'empima endala, eya piramiidi, ekikakasa ekyo.

373 Kino, nga bwe kiri, kiba kinnyonnyola akabonero ka Enoka akali mu Misiri, aka piramiidi. Si bwe kiri? Enoka, nga amataba tegannazikiriza nsi, nga okuggyibwako omusango kunaatera okutuuka, yaleeta akabonero, era mu piramiidi eno mulimu amadaala musanvu agambuka okutuuka mu kisenge kya kabaka. Weetegereze ku ddaala ery'omusanvu, bw'oba wali oyizeeko ku bipimo bya piramiidi, olabe ani avaayo okwaniriza oyo abeera azze, okumwanjula eri kabaka. Wekkaanye ani ali awo awatuukirwa, ojja kulaba ebiseera bye tulimu, mu piramiidi.

374 Kati, Katonda yakola Bayibuli ssatu. Kati, waliwo enjigiriza etaliimu magezi ekwata ku piramiidi, naye ate waliwo piramiidi yennyini entuufu. Olaba? Wekkaanye. Kati, Katonda, Bayibuli eyasooka . . . Yakola ssatu. Ebintu byonna birina kuba mu busatu.

375 Yesu ajja emirundi esatu. Yajja, ogwasooka, okununula Omugole We; ogunaddako, alijja kunona Mugole We; ate oguliddako, alijja n'Omugole We. Olaba?

376 Kati weetegereze bwe kiri ekirungi. Olaba? Era mu piramiidi eno mwalimu amadaala musanvu, olwo n'olyoka otuuka ku kisenge kya kabaka. Era tuli mu mulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu, nga Kabaka tannaba kutuula ku Ntebe Ye ey'obwakabaka. Ate, jjukira nti, piramiidi eyo teyaliiko jjinja ligitikkira.

377 Bayibuli ya Katonda eyasooka yali mu bwengula, ye Zodiac; buli mulembe kwe gutandikira era kwe gutambulira. Ekisooka, Zodiac w'etandikira, etandika na kabonero ka mbeerera; omwo mwe Yayita okujja, omulundi ogwasooka. Ate akabonero akasembayo mu Zodiac ke ka Leo nga ye mpologoma; kwe Kujja okw'omulundi ogw'okubiri. Nga ako tonnakatuukako waliwo awo akabonero ak'obwennyanja obubiri obuyisiŋŋanya, nga ke kabonero akayitibwa ak'omulembe gwa kkookolo; nga ogwo gwe mulembe gwe tulimu kaakano.

378 Kati oluvannyuma lw'eyo waaliwo piramiidi, ya Enoka, eyabirambika obulungi. Tetulina biseera bimala kukikwatako, naye, lumu, nga Katonda atuyambye, ndibalaga, engeri gy'eyolekeramu ddala ebiro bye tulimu. Olaba?

379 Mulabeeyo, naye bino ebipimo bya gyogulafiya bye tulina, ebyenkananka, tebitegeereza ddala nti kirina kuba nga bw'olaba eki—ekibookisi ekyenkananka enjuyi zonna.

Mulabeeyo, kino kijja kunnyonnyola eky'e Misiri . . . manya akabonero ka Enoka akali mu Misiri.

380 Mu kiseera ky'okulongooseebwa kw'ensi, bw'eribatizibwa n'Omuliro, walibaawo okuwandula olunyata, ensi eno bw'eritulika, era walitutunukayo Olusozi olwakula nga piramiidi. Olaba? Wagazi bulungi! Ekintu kino kyonna kijja kukyusibwa. Ku ngulu kwayo kwonna kujja kukyusibwa. Mukitegedde? Eritutunukamu Olusozi olwakula nga piramiidi.

381 Kino kiriba kikwataganira ddala n'Ekigambo, bw'erikikola, ate nga ddala erikikola. Kati weetegereze, kubanga, mu Isaaya 65:25, we twakasoma, Agamba.

> *Tebiriruma* oba *tebirizikiriza ku lusozi lwange lwonna olutukuvu, bw'ayogera* Mukama.

382 Ha! "Ku Lusozi Lwange lwonna olutukuvu!" Jjukira nti, bulijjo luba "Lusozi."

383 Ebisenge ssinga byali biyimiridde busimba okuva wansi okudda waggulu, Ekibuga kyandibadde kisoboka kulabibwa kuva wabweru waakyo wokka . . . manyanga kuva munda waakyo, n'Entebe ey'obwakabaka yaandibadde esobola kulabibwa nga osinziira munda mwokka; naye weetegereze yandibadde esobola kulabibwa kusinziira munda mwokka.

Naye kati tulaba ekisuubizo kya Isaaya 4:5. Leka tukisome.

384 Muli mu bwangu? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Nedda, muleme kwanguyiriza. Tu—tu—tuli ku—tulina ekintu ekikulu kye twogerako kaakati, tukimazeeko—tukimazeeko eki—ekiseera kiwanvu nnyo ddala musobole okukitegeera. Kubanga, njagala kino kitegeerekeke bulungi. Kibeere nti bwe tuliddamu okukikwatako, ndi—ndibalaga kye—kye twogerako, n'ebikikwatako, lwe tuliddamu okukiyigako, omulundi omulala.

385 O, Mukama Yesu atenderezebwe! Mulabeeyo wano, nga Ebigambo bwe bitayinza kugwa butaka. Kati mwetegereze wano mu Isaaya. Nnakiwandiise wano, ssinga nkiraba, mu kaseera katono ddala. Isaaya 4:5. Kaakati muwulirize, ayogera ku Kujja kwa Mukama waffe, nga abakazi bwe baliba boonoonese ennyo mu mpisa. Ha, yagamba nti, "Abakazi musanvu . . . " Muwulirize. Leka tukisome. Mulabeeyo.

> *Era abakazi musanvu balyekwata ku musajja omu ku lunaku luli, nga boogera nti,* Tujja *kulyanga emmere yaffe ffe, . . . tunaayambalanga ebyambalo byaffe ffe: kyokka tutuumibwe erinnya lyo, otuggyeko ekivume kyaffe.*

386 Ebyo bye biro eby'enkomerero, bye tulimu kaakano; okufumbiriganwa, okwawukana, n'obwamalaaya, na buli kimu.

> *Ku lunaku luli ettabi lya* Mukama *liriba ddungi era nga lya kitiibwa, . . . ebibala by'ensi biribawoomera nnyo . . .*

abo aba . . . abawonye ku Isiraeri. (Nga mwasimattuka okuzikirira okwo kwonna! Olaba?)

Awo olulituuka, oyo asigadde mu Sayuuni, n'oyo eyasigalira *mu Yerusaalemi, ali* . . . (Leka tulabe.) . . . *mu Yerusaalemi, aliyitibwa mutukuvu, ye buli muntu awandiikibwa mu balamu mu Yerusaalemi,* olaba:

Nga *Mukama bw'aliba ng'anaalizza ddala empitambi ya* muwala *wa Sayuuni,* (jjukira, oyo bulijjo ye Mugole, olaba) . . . *nga* amazeemu *omusaayi gwa Yerusaalemi* (abo be baasigalira ku Bayudaaya, nga ogasseeko n'Omugole, olaba) . . . ne *wakati mu kyo* awamu *n'omwoyo ogw'omusango,* omuliro . . .

387 Okulamula kwa Katonda bwe kutyo bulijjo bwe kubeera, bw'Asala omusango Gwe ogw'enkomeredde. Akuyita, n'akwejjeereza, n'Akuleeta eri okununulibwa; olwo Okulamula Kwe ne kukugwako, awo Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro ne biryoka bikulongoosaako ekibi. Olwo n'oba Wuwe.

388 Kye kintu kye kimu ky'Akola ensi, bw'Agigogola n'Omuliro, "n'omwoyo ogw'okwokya." Kati mulabeeyo. Muwulirize! Mwetegese?

Era MUKAMA *alitondera ku buli nnyumba ey'olusozi Sayuuni, era ne ku abo* abagikuŋŋaaniramu, *ekire eky'omukka emisana, awamu n'okumasamasa kw'o . . . omuliro ekiro: kubanga waggulu ku kitiibwa kyonna kulibaako ekiritimbibwako.*

389 [Ow'oluganda Branham abaako ne ky'alaga ku lubaawo—Omuk.] "Mukama, ku lunaku luli, waggulu ku kyo, alitondako Omuliro ogw'Ekitangaala okwakanga emisana." Era kigenda mu maaso ne kigamba nti, "Kiriba kisulo, kiwummulo, era obuddukiro." Labayo, nga kyogerera ddala nga Bayibuli, bw'egamba. Ebisenge ssinga byali biyimiridde busimba okuva wansi okudda waggulu, wandibadde toyinza kugiraba. Birina kuba nga byewunziseemu. "Olusozi Lwange lwonna olutukuvu . . . " "Alitonda Ekitangaala kino ku Lusozi luno, era kiribeera kya bukuumi." Ha, tutera okuyimba okuyimba olwo olugamba nti:

O, Ekibuga ekyo ekiri ku Lusozi Sayuuni,
Nga nze omutambuze, nkyagala;
Kaakano n'okuyita mu mirembe egyo gyonna,
Bwe ndituuka mu Kibuga ekyo ekiri ku Kasozi.
(Olaba?)

390 Weetegereze, ku Lusozi Sinaayi Katonda kwe yakka ku ntikko yaalwo, bwe Yayogera eri Isiraeri mu Mpagi y'Omuliro. Yakka ku ntikko ya lusozi, Olusozi Sinaayi.

391 Ku Lusozi Olw'okuwaanyisibwa, lwe Yalangirira nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa ennyo; mumuwulire," Yakkira mu

Mpagi ey'Ekitangaala n'okwakayakana okw'amaanyi, ku ntikko y'olusozi, nga Peetero, Yakobo ne Yokaana balaba. Era, waggulu eyo, Yalabika nga ali ne Musa ne Eriya; eyawaanyisibwa, n'eyafa n'azuukizibwa. Ekitiibwa!

392 Ekibuga Ekiggya n'Ensi Empya; obutonde obuggya; Ekibuga ekiri ku Kasozi, nga kiriko Entebe ey'obwakabaka waggulu waakyo. [Ow'oluganda Branham abaako ebifaananyi by'akuba ku lubaawo eby'okulabirako mu bitundu ebitonotono ebiddako—Omuk.] Entebe ey'obwakabaka eri waggulu *wano,* ku ntikko; n'abakituulamu, bajjudde wonna waggulu ne wansi, ku Lusozi luno.

393 Era bbugwe eyetoolodde kino, yalina emisingi kkumi n'ebiri. Era buli gumu ku gyo gwalimu ejjinja erimu ku gali agaali mu ky'omukifuba kya Alooni, agaali gakiikirira ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri.

394 Ate, ku miryango eminene, kwaliko emiryango eminene ena era nga bwe kyali ku yeekaalu ey'omu ddungu, nga weema ey'omu ddungu bwe yali. Wekkaanye ku buli gumu, gwaliko—gwaliko abatume, basatu ku buli ludda, abatume kkumi na babiri. Buli. . .Era nga gwa mikono kikumi mu ana mu ena obugulumivu. Emikono kikumi mu ana mu ena ze ffuuti bibiri mu kkumi na mukaaga zennyini, nga ekyo kiraga nti buli limu ku mayinja ago amanene lyali lya ffuuti nga amakumi abiri obuwanvu, eky'omukifuba ekyali ku mulyango ogwo omunene, nga gonna awamu gakola ekisenge ekyo ekyali kyetoolodde Ekibuga.

395 Kati kyo, Ekibuga, tekituula waggulu ku ngulu ku kisenge, kubanga ddala ekibuga, ekya mayiro lukumi mu bitaano, tekisobola kutuula waggulu eyo. Wabula bbugwe *wano* gw'oyingiramu, nga emiryango eminene egya Yerusaalemi eky'edda. Wayingiranga mu bbugwe, okusobola okuyingira munda waakyo.

396 Era buli gumu ku gino, gwaliko emisingi kkumi n'ebiri, era nga ku buli gumu guliko ejjinja erya nnawandagala n'amayinja amalala ag'enjawulo, agakiikirira ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri.

397 N'abatume, buli omu, waggulu wa buli gumu ku miryango egyo, eminene egya luulu, kwaliko erinnya ly'omutume. Kati Yesu teyagamba nti, "Mulituula ku ntebe kkumi na bbiri ez'obwakabaka, nga musalira ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri omusango"? Baani abalituula ku mulyango omunene, okulamula, nga abantu bayingira mu Kibuga? Ha, bannange! Kiikyo. Bakabaka b'ensi abaliba bayingira mu Kibuga, batuukira wa mutume omulamuzi, nga Yesu bwe yasuubiza. Ha, bannange!

398 Ku Ntebe eno ey'obwakabaka, waggulu waayo, mayiro lukumi mu bitaano obugulumivu waggulu, ensi yonna

eriba eraba Omusana gw'ensi, Yesu, nga atudde ku Ntebe ey'obwakabaka waggulu w'ensi, ku ntikko y'Ekkanisa, ku ntikko y'Olusozi Sayuuni; nga ezo ze mayiro lukumi mu bitaano, kyenkana kimu kya kubiri eky'eggwanga lya Amerika, era nga kitumbidde waggulu ddala w'osobolera n'okumulaba Ye nga osinziira buli wamu mu nsi, mayiro lukumi mu bitaano waggulu.

399 Era mwonna *muno,* mwe mulibeera Abanunule. Mulibaamu ennyumba eza zaabu omwereere. Mulibaamu enguudo ennene, ebifo ebiwummulirwamu, n'ennimiro z'ebimuli. Era n'Omugga gw'Obulamu nga gujja, gukulukuta okuva mu Ntebe ey'obwakabaka, nga gujja gukkirira okuyita mu bukonko, era nga, ha, nga guyita ne ku mbibiro. Era n'Omuti ogw'Obulamu guliba gutojjera mu buli mbuga; nga bwe gubala ebibala Byagwo, emirundi kkumi n'ebiri buli mwaka, nga gukyusa ebibala buli mwezi.

400 Era bakabaka b'oku nsi balijjanga nga baleeta amakula gaabwe. "N'amakoola ga kuwonyezebwa kw'amawanga," bakabaka babeere mu mirembe ebweru waakyo. Bwe balifulumanga, balinogangayo ku muti, ekikoola bwe *bati.* Nga ejjiba bwe lyakomawo, okulaga nti obusungu bwa Katonda bwali bukkakkanye, ne lireeta akakoola k'omuti mu kyombo. Bw'atyo ne kabaka bw'aliba nga addayo, nga ava okuwaayo amakula mu kisenge ky'Omugole wano mu Kibuga, aliwanikira kabaka munne bwe baliraaniganye ekikoola ky'omuti, nga agamba nti, "Tuli mu mirembe emirembe egitaggwaawo." Amiina! Okuwonyezebwa kw'amawanga! "Byonna biteredde. Lumu twalwaananga buli omu okuyiwa omusaayi gwa munne, muganda we. Era twayaayaana, ne tuleekaana; ne tutta, ne twokya n'abaana, na buli kimu. Naye kaakati waliwo emirembe, kwe kuwonyezebwa." Si kuwonyezebwa kwa ndwadde; ebyo byonna byaggwaawo. Kuwonyezebwa kwa mawanga! Amiina!

401 Ekibuga ekiriko Entebe ey'obwakabaka waggulu mu kyo. Okubikkulirwa 21:23, "Era tebeetaaga musana, kubanga Omwana gw'endiga era Mukama Katonda ye Musana gwayo." Olaba? Mukama Katonda ye Mpagi eri ey'Omuliro eyagobereranga abaana ba Isiraeri nga bayita mu ddungu. Nga kati Alinnye waggulu ku Ntebe ey'obwakabaka, mu Bwakabaka obwo obutuukiridde . . . nga ebiseera . . . "Obwakabaka Yesu bw'alina okuwaayo eri Kitaffe, Katonda alyoke abeere byonna, era mu byonna." Yesu wano atuula ku Ntebe Ye ey'obwakabaka, nga Yusufu waffe. Era Kabaka ye Musana guli ogulibeera waggulu ku lusozi Sayuuni, era Ekitangaala Kye ekitukuvu kiribuna Ekibuga kyonna. Aleeruuya!

402 Mayiro lukumi mu bitaano obugulumivu, ne mayiro lukumi mu bitaano ku lukumi mu bitaano erudda n'erudda, n'ensuku za Katonda nga zizimbiddwa buli wamu wonna mu Kibuga ekyo; enguudo, enguudo ennene! Ggwe soma Kubikkulirwa 21, olabe oba si bwe kiri. Olaba, "Tebeetaaga musana eyo, kubanga

Omwana gw'endiga ye Musana." Era nga Entebe y'obwakabaka esobola okulengerwa, okuviira ddala, mu mayiro lukumi mu bitaano.

403 Tekiyimiridde busimba bwe *kiti*. Wabula kyewunzikamukko, nga bw'olaba piramiidi. Ssinga obugulumivu bwakyo bubadde kimu kya kubiri ku bwe kirina, awo kyandibadde bwe *kiti,* olaba, okuva ku kibuga ekimu okudda ku kirala . . . kaakati ssinga weetegereza, okuva ku ludda olumu olw'Ekibuga okutuuka ku lulala.

404 Wano nnyinza okubaako ne kye nnyongerawo bwe muba mwagala nkikole. Mulaba akabiina k'abantu kano akali wano? Gye bava kyenkana bwe bugazi bw'ekitundu ekyo, okwetoloola. Georgia, California, okutuuka e Saskatchewan; okuva e Kansas, okutuuka ku lubalama lwa Maine olw'enjaziyazi; abo be bakuŋŋaanidde wano. Kyenkana abo be bali wano, okuva mu mayiro nga lukumi mu bitaano erudda n'erudda.

> Oo, bava Ebuvanjuba n'Ebugwanjuba,
> Nga bava mu nsi ey'ewala,
> Okujja okulya ne Kabaka waffe; okulya . . . (Ku ki? "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka." Lwa Mugaati, Ekigambo!) . . . okulya naye nga abagenyi Be;
> Abatambuze bano nga baamukisa!

Mu nsi yonna, nkakasa, ssirabangako bantu bafaanana nga abo.

> O, nga bekkaanya amaaso Ge ag'ekitiibwa
> Agaakaayakana n'Ekitangaala eky'Obwakatonda;
> Ab'omukisa abagabana ku kisa Kye,
> Okwakayakanira mu ngule Ye nga amayinja ag'omuwendo.
> O, Yesu ajja mangu,
> Olwo emitawaana gyaffe gikome.
> Ha, naye watya ssinga Mukama waffe ajja mu kaseera kano?

405 Akaseera essigadde katono. Buli kimu kiteredde. Okusinziira ku gyogulafiya, okusinziira ku Sodomu, okusinziira ku babaka; buli kimu kiri nga bwe kiteekwa okuba. Mulaba? Kitegeeza ki? Ggwe kirowoozeeko, abantu okujja mu kkuŋŋaaniro lino erimu ettono, nga bava mu mayiro lukumi mu bitaano ku lukumi mu ebitaano, erudda n'erudda.

406 Lwaki akafo ak'omu Palestina Katonda akalowoozaako nnyo era akafaako nnyo, olaba, nga ate katundu katono bwe kati? Naye mu kko mwennyini mwe muli yeekaalu. Awo wennyini Yerusaalemi Ekiggya we kirituula, awo wennyini. "Omuzeyituuni, Olusozi lwa Zeyituuni lulyatika, oluuyi ku ddyo n'oluuyi ku kkono," ddala, bwe lulitutunukayo

wansi. Tekiri, nga bwe bagamba nti, lulyeyawulamu bwe *luti*. Wabula lututunukayo nga ludda waggulu, "Ku lunaku luli bw'Aliyimirira n'ebigere Bye ebitukuvu ku Lusozi." Weetegereze, ku Ntebe Ye ey'obwakabaka, mayiro lukumi mu bitaano obugulumivu!

407 Jjukira, Ssetaani yagezaako okumukema, lumu, waggulu ku lusozi. Olaba?

408 Ekibuga Ekiggya kirina emisingi kkumi n'ebiri, nga bwe tukirabye, abakadde kkumi na babiri; emikono kikumi mu ana mu ena; nga kye ky'omukifuba kya Alooni; emiryango kkumi n'ebiri egya luulu, amannya g'abatume ekkumi n'ababiri.

409 Yesu nga ayimiridde, Ejjinja ery'oku mutwe, ku Ntebe ey'obwakabaka, nga abatukuvu Be bamutikkidde engule nga, "Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami." Era nga Ye Jjinja ery'oku mutwe.

410 Ka waleti kange ssaayise nako. Naye bw'oba weetegerezza mu ka waleti ko, bw'oba olinamu akapapula ka ddoola emu, baakubako envumbo ya Amerika; n'empungu ku ludda olumu, nga ekutte amafumu, nga ekiraga, akabonero ak'obuyinza; ate ku ludda olulala, kaliko piramiidi, nga waggulu eriko eriiso eriraba buli wamu. Olaba, kye baakola tebaakitegeera. Era kuwandiikiddwaako mu lulimi Olulattini, era ojja kulaba nga kigamba nti, eno "ye nvumbo enkulu." Kye baakola tebaakitegeera. Ne Kayaafa naye teyakimanya nti yali alagula.

411 [Ow'oluganda Branham akiraga ku lubaawo—Omuk.] Eno y'Envumbo Enkulu. *Kiikino* wano, mukiraba, Ekibuga. Tekiyimiridde busimba nga bw'olaba ekibookisi bwe *kiti*, olaba, naye kyewunzikamu nga kidda waggulu kisobole okulabika. Era ku Lusozi lwa Mukama luno olutukuvu, Mukama alikka ku ntikko y'Olusozi Lwe; Wuuno *wano*. Ye nsonga lwaki ejjinja eritikkira Enoka teyaliteekako. Olaba? Ye nsonga lwaki Ejjinja eritikkira lirina kujja kati. Era Olusozi lulitutunukayo wansi, era lulibeera Olusozi lwa Mukama.

412 Era munda *muno* mwe mulibeera Abanunule. *Gano,* amakubo n'enguudo engazi, nga bwe tuyinza okugayita, ebifo ebigazi ebiwummulirwamu, n'Omugga gw'Obulamu nga gukulukuta, nga gukiyitamu butereevu. Era buli nnyumba eriba ezimbiddwa na zaabu atangaala. N'enguudo ziriba za zaabu. N'emiti egy'Obulamu giribaayo, era giribala ebibala bya bika kkumi na bibiri. Era bakabaka n'abakungu ab'ensi balireeta ekitiibwa n'ettendo nga bayingira okuyita mu miryango eminene. Era emiryango eminene tegiriggalwa ekiro, kubanga eri teri kiro.

Mu Kibuga ekyo Omwana gw'endiga nga ye Musana,
Mu Kibuga ekyo awatali kiro;

Nninayo ennyumba, eyo awatali kutegana na
kweraliikirira,
O, ŋŋenda eyo Omwana gw'endiga gy'aliba nga
ye Musana.

413 Temukiraba nti ebibuga ebitono, n'ebinene, n'amayumba, n'ebifo bino eby'okubeeramu, byo—byonna byogera ku ekyo kaakati? Ebintu bino byonna ebya bulijjo bisiikirize.

414 Ggwe tunuulira ekisiikirize, nga osinziira walako, tugambe nga eky'omukono gwange. Nga tewannabawo ki—kifaananyi kyennyini ekikwatikako. . . manyanga ekyeziyezi, wateekwa okubaawo ekintu ekya nnamaddala ekikwatikako. Kati, bw'otunuulira, ekisiikirize ekyo, oyinza okulaba nga nze alina engalo ekkumi n'ebbiri, naye byombi bwe weeyongera okubisisinkanya awamu, ki—bigenda bifuukamu kimu, era omaliriza ekisiikirize kibulidde mu mukono.

415 Ky'ova olaba, emirundi mingi, abantu balowooza nti Bakatonda bali basatu oba bana. Awo obeera okirengerera mabega nnyo eri mu biro by'okuddaabulula. Olaba? Naye jangu nga osembera kati, ojja kukizuula, bw'oneeyongera okutunula obulungi nti ali Omu. Ky'ekyo kyennyini.

416 Waliwo Omugole omu; ssi bibiina bya madiini, ddaziini ennamba. Wabula Omugole omu, oyo nga beebo Abaalondebwa, okuva mu buli. . . okuva mu—okuva mu nsi abo kino be kyateekerwateekerwa, abo abasobola okutegeera ekifo kyabwe mu Bwakabaka.

417 Ku Ntebe eno ey'obwakabaka, mulabeeyo, engulumivu bw'eti! Ekibuga Ekiggya; n'emisingi gyakyo; emiryango eminene kkumi n'ebiri; Yesu, Ejjinja ery'oku mutwe; abatume, okulamula; ebika ekkumi n'ebibiri.

418 Piramiidi ya Enoka teriiko budde bwonna mu lunaku w'eragira kisiikirize. Nnali mbaddeko mu Misiri, piramiidi we ziri. Yazimbibwa mu kifo kyennyini w'eri, era n'okusinziira ku ssaayansi w'ebipimo by'ekintu kino eky'ekitalo; nga, enjuba ne bw'eba ludda ki, piramiidi eyo terina kisiikirize ky'ekola. Mulaba bwe yakula?

419 Era n'eri tewalibaayo kiro. Nga Ali ku ntikko y'Olusozi, akijjuza ekitiibwa Kye. Omusana gw'Ekitiibwa Kye gulibaayo ebbanga lyonna. Eyo teribaayo kiro. Yesu, Ejjinja ery'omutwe!

420 Kaakati wekkaanye. N'olwekyo, Abanunule balitambulira mu Musana. Kati tuyimba nti, "Tunaatambulira mu Musana, Omusana ogwo omulungi." Mu ffe mulimu ekintu ekikoowoola. "Nga avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Ekyo kiriwo lwa kiri ekirindiridde. Olaba? Ekyo kye kituleetera okuwulira, nga bwe tuwulira.

421 Mazima ddala, kino kye. . . Mwetegese? Kino kye Kibuga Ibulayimu kye yali anoonya. Olaba? Kubanga yali nnabbi,

yakimanya nti Ekibuga ekyo kirina we kiri. Bayibuli bw'egamba. Bw'atyo yalekawo ekibuga mwe yali abeera, n'agenda; laba gye yagenda, wennyininnyini we kiribeera. Olaba? "Yali anoonya Ekibuga ekyazimbibwa era ekyakolebwa Katonda," mukiraba, kubanga yali nnabbi.

422 Yesu yagenda okuteekateeka, n'emikono Emitukuvu, Ekibuga Ekitukuvu; Omukubi wa pulaani ow'omu Ggulu nga ateekerateekera abantu ba Katonda abaagulibwa, abaateekerwateekerwa. Yagenda okuteekateeka.

423 Ibulayimu yali akinoonya. "Era yakyogera nti yali mutambuze era omugenyi, kubanga yali anoonya Ekibuga nga eyakizimba era eyakikola ye Katonda." Nnabbi oyo, yali amanyi nti kirina we kiri! Yokaana yakiraba nga kikka, naye Ibulayimu ye yalowooleza ddala nti kiteekwa okuba nga kyali ku nsi mu kiseera ekyo kyennyini. Lwaki? Kubanga yasisinkana Melekizeddeki, Kabaka waakyo, n'amuwa ekimu eky'ekkumi. "Oyo ataalina kitaawe, wadde nnyina. Teyaliiko ntandikwa ya bulamu wadde enkomerero yaabwo." Ibulayimu yamusisinkana, era ne balya wamu ku mmeeza mu kifo kyennyini Ekibuga we kirisimbibwa, Olusozi lwa Mukama olutukuvu, Abanunule mwe balibeera. Ha, bannange!

424 Obudde bw'eyo bwo tebukoma. Wano nedda, tuli mu biseera; nga wayiseewo akabanga, tuliyingira mu Butaggwaawo.

425 O, Olusozi olutukuvu! Mulibaamu enguudo eza zaabu entangaavu, amakubo amanene; n'amayumba, n'ebifo ebigazi ebiwummulirwamu. Kino bwe muba mwagala okukisoma, kiri mu Kubikkulirwa 21:18. Omuti ogw'Obulamu gulibaayo; nga gubala ebika kkumi na bibiri eby'ebibala, ekika kimu kimu buli mwezi, bye gulibala. Abantu abalirya ku bibala bino, baliba bakyusa endya yabwe buli, buli mwezi.

426 Ate ki—kiva mu . . . ky'abo bokka abawanguzi. Ekyo mukimanyi? Si kya bibiina bya madiini.

Oyinza okugamba nti, "Ekyo okikakasa Ow'oluganda Branham?"

427 Ka tubikkule mu Kubikkulirwa 2, mu kaseera katono, tukirabe. Kubikkulirwa 2:7. Ka tulabe kati oba nga ddala ago ge Mazima oba si bwe kiri. Kubikkulirwa 2:7 wasoma bwe wati.

Era *oyo alina okutu, awulire Omwoyo ky'a . . .*

428 Kati, jjukira nti, tayogera eri Bayudaaya mu kaseera kano. Eno Kkanisa, be B'amawanga.

> *Alina okutu, awulire Omwoyo ky'agamba eri amakanisa; Oyo awangula, Ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu, oguli mu makkati g'olusuku lwa Katonda.*

429 "Abawanguzi bokka, abo abaawangula ensolo, abaawangula akabonero kaayo," bwe Bukatuliki, Enzikiriza eziwakanya

Obukatuliki, enkola y'ekinnaddiini, "abaawangula ensolo, akabonero kaayo, ennukuta ey'erinnya lyayo." "Oyo y'aliba akkirizibwa ku Muti ogw'Obulamu, n'okuyingira mu miryango eminene awatayingirwa kyonoona kyonna." Olaba? Kirowoozeeko. Kati, mu kaseera katono kati, nga bwe tweyongerayokko. Omuti gw'Obulamu guliba gwa bawanguzi bokka.

430 Amakoola galiba ga kuwonyezebwa kw'amawanga. Nga abo, be bakabaka abalibeeramu, nga baleetamu amakula gaabwe, bwe balireeta amakula gaabwe ne bagateeka mu maaso g'Entebe ya Katonda ey'obwakabaka. Nga bw'olaba ebweru, ekkumi . . . ebika ekkumi n'ekimu bwe byaleetanga, byonna buli kimu ku byo, ekimu eky'ekkumi eri Levi, olaba. Bwe balireeta amakula gaabwe mu . . . okuva mu nsi efunye omukisa, okugaleeta muno, balinoganga ku Muti ogw'Obulamu, ne banogolako akakoola k'omuti . . . manyanga ekikoola ku Muti gw'Obulamu, ne bafulumira awamu. Nga tewakyali ntalo. Buli kimu nga kiri mu mirembe. Amakoola ga kijjukizo, olw'okuwonyezebwa kw'amawanga.

431 Omuti gwe gumu, si nga Adamu, ya . . . Waaliwo Omuti ogw'Obulamu mu lusuku Adeni, oba oli awo gwe yandiriddengako ssinga teyagwa. Omuti ogwo ogw'Obulamu gwamujjukizanga, buli kaseera, nti obupya bwe . . . obuvubuka bwe bwalinga bweyongera bweyongezi mu maaso. Olaba?

432 N'amawanga bwe gatyo bwe galiba. Amakoola galiba ga kuwonyezebwa kwa mawanga; labayo, kati tegaliba ga kuwonyezebwa kwa ndwadde. Oliba n'obuyinza bwe bumu nga Adamu bwe yalina, nga e- . . . ejjiba bwe lyetikka akakoola k'omuti, bonna . . . buli kabaka nga atwalako ekikoola.

433 Labayo, Omugga gw'Obulamu, oba oli awo waliwo emigga mingi egyegatta okugukola. Kaakati, mu nsi eno . . .

434 Ŋŋenda kumaliriza mu ddakiika ntono kati. Mu nsi eno . . . Oba, leka mmalirize bumaliriza. *Bino* by'eby'okujulizaako ebifunze bye nnawandiise bye nsigazza, biweza emiko nga amakumi asatu. Weewaawo. Mulabeeyo.

435 Mu buno—mu bulamu buno, ssirabanga kintu kiweweeza nga kubeera mu nsozi eyo n'osanga, nga bwe nnabuulira luli, ku kagga kali akavulula amazzi, eba nsulo ewa obulamu. Oyinza okuba okooye nga ennyonta ekuluma, n'ogwa ku kagga akalungi; akaviira ddala wansi eri obuwuka obuleeta endwadde gye butatuuka, wansi ddala eri nga ffuuti bikumi na bikumi, nga kavulula amazzi, amalongoofu ddala, amalungi, agawa obulamu. Ekyo tukisanyukira. Ekyo kitono. Kaakati, ensi erimu emigga gyayo egy'amazzi amalungi agaweweeza obulamu. Bw'oba n'ennyonta nga ofa, ofunayo ku tuzzi, otunnyogoga okuva mu egyo n'onywako, otuzzi otwo tujja ku—kukuyamba okuba omulamu.

436 Naye laba Guno gye guva. Gusibuka mu Ntebe ey'obwakabaka, omwo mwe gujja ensulo zaagwo eziwa Obulamu. Gusibuka wansi wa Ntebe ya Katonda ey'obwakabaka, Katonda kw'atuula.

437 Yonna yonna, ensi eno yonna, ensi eno kwe tubeera kaakati; buli omu, oba Mukristaayo oba mukaafiiri, bonna balina amasinzizo. Ekyo wali okirowoozezzaako? Bonna balina, amakanisa.

438 Naye Kino kyo tekirina n'erimu. Bayibuli egamba nti, "Era temwalimu yeekaalu yonna. Naye Mukama Katonda n'Omwana gw'endiga ye Yeekaalu yaakyo." Omwana gw'endiga ye Musana. Omwana gw'endiga ye Yeekaalu. Omwana gw'endiga ye Ntebe ey'obwakabaka. Omwana gw'endiga ye Bulamu. Ye Yeekaalu eyo. Olaba, yeekaalu zino zonna zirimu ekyo abantu kye basinza; naye, mu Kibuga kino, Ye y'asinzibwa. Ali n'abantu Be. Ekitangaala ky'Omwoyo We kibuna wonna mu Kibuga kino ekyazimbwa nga piramiidi.

439 Nga Peteero ne Yokaana, nga bali waggulu ku lusozi. Ekitangaala kyabuutikira wonna waggulu ku lusozi, era Eddoboozi ne lyogera, ne ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange gwe njagala ennyo."

440 Mu Kubikkulirwa 21:3 ne 4, "Yeekaalu ya Katonda eri wamu n'abantu." Katonda atudde mu muntu, nga amununula, okuyita mu mitendera gino esatu. Kati Katonda agenda kununula ensi era atuule mu nsi, wamu n'abantu Be ab'oku nsi, be Yajja mu nsi. Weewaawo okuyita mu kibi ensi yagwa, naye e . . . Yalina okukireka kibeewo. Naye kati Yatuma Yesu ajje anunule ensi eyo eyagwa, ffe gye tuli ekitundu ku yo. "Tewaliba wadde oluviiri olumu olw'oku mutwe gwo olulibula." Yesu bw'atyo bwe yagamba. Yagamba nti, "Ndigizuukiza nate ku lunaku olw'oluvannyuma." Olaba? Lwaki? Oli kitundu ku nsi.

441 Omanyi, lumu mukyala wange yaŋŋamba nti enviiri zimpeddeko nga asaaga. Ne mmuddamu nti ssinnabulwako wadde olumu bwe luti.

N'ambuuza nti, "Ziri ludda wa?"

442 Ne mmugamba nti, "Gye zaali nga ssinnazifuna." Yonna yonna gye zaali, zaaliyo nga enviiri; yonna yonna gye ziri, gyeziri zinninze. Okiraba? Ky'ekyo. Lumu, ndigenda ne nzisangayo.

443 Omubiri guno ogukaddiye, oguleese enkanyanya gwonna gukutusekutuse, n'ebibegabega ebikootakoota, n'amaviivi agameketa, n'e—n'emimiro egisaakadde. Ebyo byonna tebirina mutawaana. Musobola n'okuguziika mu nnyanja, naye Ekkondeere lirinzuukusaayo! . . . ? . . . Yee, ssebo. Tugenda kukyusibwa, olumu ku nnaku zino. Ndi kitundu ku nsi eno eyanunulibwa. Oli mu nsi, naye tolina kakwate konna na *kosmos*. Ggwe oli mu nkola ndala, enkola ennunule.

444 Labayo, "Yekaalu ya Katonda enaabeeranga n'abantu." Wekkaanye kino nti, "Eby'edda byonna biweddewo." Kino, ekintu kino, kiweddewo. Kino kitegeeza nti Eggulu lisse wansi libeere n'abantu. Olaba? Eggulu n'ensi binyweegeraganye.

445 Mu ngeri y'emu nga Ejjiba bwe lyakka ku kitundu ky'ensi, ekyo nga ye yali Yesu; Yali nfuufu ya nsi, Omuntu. Katonda, nga ava mu kaweke ako akamu ak'Obulamu, okuyita mu maanyi agatonda. Era Omusaayi ogwo ogwali omwo . . . Obulamu obwali mu Musaayi ogwo bwalinnya ne buddayo eri Katonda, naye Omusaayi gwatonnya ku nsi, okugibanjaayo.

446 Olw'omusaayi ogwayitibwamu, okuva mu kaweke k'obulamu akaava mu Kayini, laba; kaakati Akomawo nate n'amaanyi agatonda era nga bwe Yakola Adamu, nga atonda Adamu, kati ono ye Adamu Ow'okubiri. Era okuyita mu kaweke akaayabizibwa, awo (ekibi) Kayini we yayabiza akaweke k'omusaayi gw'ataaliko musango, olaba, kati Akaweke k'Omusaayi guno . . . Kubanga, yatta Abeeri, naye Abeeri yali yazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi.

447 Naye Kano tekaazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi. "Kano kaali kutonda kwa Katonda, olubereberye lwakwo," era Ke kaanunula ensi. Era ebirungo byonna ebigumya amagumba, evvu ery'omunnyo ogw'omu mubiri, ebirungo by'amafuta, amaanyi agava mu kitangaala eky'omu bwengula, ebyo mwe wakolebwa, byonna byanunulibwa. "Wadde oluviiri lwo olumu bwe luti terulifuna kabi. Era Ndiruzuukiza ku lunaku olw'oluvannyuma."

448 Kati kiki ekiddirira? Katonda akka wansi okutuula ku nsi. Nga, gy'Ali ekitundu ku yo, omubiri Gwe Ye. Yaguzuukiza tuleme kubalirwako musango, era tuggyibwako omusango olw'okukikkiriza ekyo n'okukisembeza. Mwekkaanye mu bifaananyi eby'okulabirako, Yesu afuuka . . . Mu bifaananyi eby'okulabirako, Yesu afuuka omuntu; Katonda . . . oba yateekerwateekerwa okutwala ekifo ky'omuntu, okusobola okutununula, okusobozesa ebintu bino byonna okubaawo.

Mwetegereze, wabweru w'ebisenge byakyo ebirabika obulungi, eby'Ekibuga kino.

449 Kati kyo "Ekibuga" mukitegedde? Mulaba, Lusozi lutukuvu. [Ow'oluganda Branham akiraga ku lubaawo—Omuk.] "Tewali kirirumya wadde okuzikiriza mu Lusozi Lwange lwonna olutukuvu, bw'ayogera Mukama." Ekibuga tekyakula nga kibookisi eky'enjuuyi omukaaga nga zonna zenkanankana. Wabula Lusozi. Era obu—obukiika n'obugazi n'obugulumivu, byonna byenkanankana, olaba; mayiro lukumi mu bitaano okudda *eno*, mayiro lukumi mu bitaano okudda *eri*, mayiro lukumi mu bitaano okwetooloola; era mayiro lukumi mu bitaano obugulumivu. N'olwekyo Lusozi olunene ddala, nga bw'olaba piramiidi, era Ekibuga kiri ku Lusozi. Ekitiibwa!

450 Kiikyo, ziizo ensuku za Katonda, Omusana gw'ensi, Obwakabaka obwo obutuukiridde. Si lunaku lwa musanvu; wabula lunaku Olutaggwawo! Olaba? Si kufuga okw'Emyaka olukumi; wabula Ensi Empya! Olaba?

451 Mu kiseera w'eyitira mu kufuga okw'Emyaka olukumi, eba eyita mu mutendera gwayo ogw'okutukuzibwa, naye era ebeera ekyalina okwokebwa. Olaba? Kubanga, Omusaayi gwe gwanunula abantu, kale giraga ekijjukizo kino nti . . . omuwendo gwasasulwa, emyaka egyo olukumi ekyo kye giraga. Naye ate ekyalina okulongoosebwa n'Omuliro; nga nammwe bwe mwalongoosebwa, mmwe abakungu Be ab'okubeera mu Kibuga kino, abakungu.

452 Kale ggwe okufa n'okuba omulamu, njawulo ki? Bw'Ajja leero, oba n'Ajja nga wayiseewo emyaka kikumi, oba emyaka lukumi, nja kuwummula buwummuzi okutuusa nga okuwaanyisibwa kwange kutuuse.

453 N'olwekyo, ggwe musajja wattu omukadde naawe mukazi wattu omukadde, toggwamu maanyi. [Ow'oluganda Branham annyonnyola nga yeeyambisa olubaawo—Omuk.] Bw'oba olina ekikukiikirira waggulu *wano*, mu nkula ya Katonda eno; *eno*, Katonda; bw'oba okirina, nga wakiikirirwa *wano,* toyinza ku . . . Oli mu oyo Ataggwaawo. Era bw'oba wasala okuva mu lunaku olwo olw'omusanvu, okuyingira mu lw'omunaana, nga wayingira mu oyo Ataggwaawo okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, obalirwa mu *Kino*. Naye, bw'obeera obubeezi n'okukyamuukirira kwe wesigamyeeko, oba okubuukabuuka, oba ebya, "Nkola *kino*. Nkuuma ssabbiiti yange. Ssirya nnyama," n'ebiringa ebyo, ebyo bijja kuggwawo, mu buli ngeri. Olaba? Naye *Kino* kye Kitaggwawo. Olaba? Kino kye Kitaggwaawo, ye Mbaga ey'oluvannyuma lw'embaga ey'ensiisira. Olaba?

454 Embaga ey'ensiisira y'embaga eyasembangayo, y'embaga ey'omusanvu. Kati tusinza nga tusinziira wansi w'embaga ey'ensiisira, nga gwe mulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu.

455 Mu kufuga okw'Emyaka olukumi, era, tuliba wansi w'embaga ey'ensiisira, mu lunaku olw'omusanvu.

456 Naye, ate, oluvannyuma lw'olunaku olw'omusanvu, tulinayo Okukuŋŋaana Okutukuvu, tuddeyo mu Butaggwaawo. Tutya? Okuyita mu Oyo Ataggwaawo eyajja n'atununula era n'atuzzaayo, nga atuleetera okutegeera nti twali kitundu ku *Kino*.

457 Kati otegeera otya nti oli kitundu ku kyo? Kubanga, ekyo, kye Kigambo eky'ekiseera kino, ekisuubizo ky'ebiro bino. Kye kiriwa ekyo? Kwe kuzzibwayo ku lunaku olubereberye, olusooka. "Era alizzaayo emitima gy'abaana eri bakitaabwe," nga aleeta okuzzibwawo nate okwa pentekoote entuufu, okutali kukyamuukirira bukyamuukirizi; era ajja kwoleka Omusana

ogw'akawungeezi, nga ye Mwana y'omu eyalabika mu Musana ogw'enkya, nga bwe kyasuubizibwa eri ebiro bino. Amiina era amiina!

458 Tuli ludda wa, ab'emikwano, tuli ludda wa? Tulinze bulinzi kaakati kuva mu kkubo, Okubikkulirwa 11 kisobole oku... okumanyisibwa eri Abayudaaya; bwe kiri, Okukwakkulibwa kujja.

459 Weetegereze, wabweru w'emiryango eminene egy'ebisenge, nga gabunye wonna ku Nsi Empya, amawanga galibeera mu mirembe Egitaggwaawo. Kaakati kiki ekiddako? Bakabaka ab'ebitiibwa balireetanga amakula gaabwe mu kibuga kino. Tewali kibi kiyinza kubeeramu. Tewaliba bakazi basazeeko nviiri baliyingira Kibuga ekyo. Ekyo nkibakakasa. Tewalibaayo benzi, na ba malaaya, bambala mpale nnyimpi, na bafuuwa ssigala, wadde abalimba, abasinza b'ebifaananyi, yadde abalala bonna, tebaliyingira Kibuga ekyo. Nedda, ebyo byonna biriba bikomye. Ekibi kiriba kikomye. "Tewali kintu kyonna kyonoona butukuvu bwakyo kiriyingirayo." Bw'atyo bwe Yayogera. "Byonna nga biweddewo, emirembe gyonna."

460 Wekkaanye ebweru waakyo wonna ne ku miryango gya kyo:

> Eddubu liriba lya ggonjebwa, nga n'omusege gufugika;
> N'empologoma erigalamira kumpi n'omwana gw'endiga;
> N'omwana omuto, alikulembera ensolo y'omu ttale;
> Nange ndikyusibwa okuva mu kitonde kyendi kaakano.

461 Nga okufa kuno bwe kukola ku mubiri gwange guno ogufa, obukadde bugenda busembera, ndikyusibwa.

462 Oluyimba olwo mwali muluwuliddeko? "Eddubu liriba lya ggonjebwa. Omusege guliba gufugika." Tegulibuuka, kukutaagula kwagala kukutta. Gulitambula naawe mu makubo eyo.

B'ani abagenda okugisikira? Abanunule. Baliba b'ani?

Mwetegereze, kati kyokka kye nsobola okukola kwe kukiyigirizaako nga nkozesa ebifaananyi eby'okulabirako. Labayo, Ow'oluganda Lee.

463 B'ani abaakomawo ku nsi empya awamu ne nnabbi Nuuwa? Beebo abaayingira naye mu kyombo. Si ky'ekyo? Be baafuluma ne bagitambulirako. Olaba? Abo abaayingira ne Nuuwa, olw'okukkiriza obubaka bwe, be baafuluma ne batambulira ku nsi empya nga emaze okubatizibwa n'amazzi.

464 Oyo ayingira ne Yesu mu kaseera kano. Oyingira otya mu Ye? Ku bw'Omwoyo omu; era Ye kye Kigambo. Ofuuka kitundu ku Ye. Oli kitundu ki ku Ye? Nga otegeera Ekigambo ekiramu,

eky'ekiseera kino. Ggwe alifuluma n'otambula wamu naye mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Bw'otyo bw'olisobola okufuluma. Mulabeeyo, si mugigi mupya. Wabula mugigi gwe gumu gwe gusimbulizibwa!

Oyinza okugamba nti, "Ha, Ow'oluganda Branham!" Ha!

465 Labayo, Katonda bw'aba yasobola okusitula Eriya n'amutwala, ate nga wayise emyaka enkumi bbiri mu bitaano, n'amusimbuliza n'amukomyawo ku nsi, abeere nnabbi eri Abayudaaya, taasingewo ku Mugole!

466 Nuuwa bwe yava mu kyombo, wekkaanye ebyagambibwa Nuuwa ng'avudde mu mataba, nga era bwe kyali ku Adamu mu kusooka. Bwe yafuluma, n'ajja ku nsi empya; yamugamba nti, "Mwale, mujjuze ensi," oluvannyuma lw'amataba. Weetegereze, "baali ba kwaala, bajjuze ensi," nga Adamu ku lubereberye.

Kati musobola okukirabira ddala wano. Kaakati muwulirize n'obwegendereza.

467 Adamu yali wa "kwala ajjuze ensi." Si bwe kiri? Nuuwa naye, oluvannyuma lw'empya, (nga ensi emaze okuzikirizibwa), yali wa "kwaala na kujjuza nsi." Mukitegeera? Kati awo temulaba "zzadde" lya musota kye liri? Kiki ekyajjuza ensi? Mukitegeera? Kale. Kati mulaba engeri Ssetaani gye yajjamu eri Kaawa. Ye nsonga lwaki okufa kufuze ku nsi okuva ku olwo. Era obwengula, ensi, ebisolo, n'embeera yonna eyeetoolodde, byonna Katonda yabikolimira olw'ekyo. Ekyo kye kikolimo, kubanga Ssetaani ye yagisookako.

468 Yesu yajja okuginunula agizzeeyo eri Kitaffe. Kino okusobola okukikola, Yafuuka kitundu ku yo; nga bwe nnaakakinnyonnyola. Era olw'okununulibwa kw'enfuufu eyo yennyini (nga Yesu yali kitundu ku yo, Ye kennyini), okuyita mu Ye enkula za Katonda zonna zinunulibwa wamu n'ensi.

469 Ye yali Ekigambo ekyogere. Ffe abanunule tuli kitundu ku Ye. Kati, ekyo ssinga musobola okukitegeera! Olaba?

470 Abafalisaayo baagamba baali banunule. Naye, bw'otunuulira kye nnasoose okulaga, baali bakyegwanyiza bwegwanyiza mu ntegeera ya bwongo. Baalemwa okulaba Ekigambo bwe Kyalabisibwa mu maaso gaabwe. Baagamba kimu nti, "Ono omusajja muzimu buzimu."

471 Kati, olwa leero, tuyitibwa bannabbi ab'obulimba. Tupaatiikibwaako buli linnya ebbi, nga bannaddiini be bakikola, olaba, abasajja ab'ekitalo abalina talanta nga be batuyita batyo. Naye olaba, tebakitegeera butegeezi. Olaba?

472 Ensi okubatizibwa kwayo n'amazzi kwali tekumala kugirongoosa; n'okubatizibwa kwabwe nakwo tekumala. Okutukuzibwa, n'Omusaayi, kwagikomyawo, kwagibanjaayo. Naye okubatizibwa n'Omuliro kwe kwagirongoosa; era nga

bwe kwalongoosa Omugole We. Nga okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

473 Teyasuubizaako kuyimusa mugigi mupya, nga bwe ŋŋambye, wabula Yasuubiza okununula guli ogwali gwagwa. Abo aba—abaali baateekerwateekerwa, be bagisikira nga bwe Yasuubiza. Ate ye Katonda atakyukakyuka; ekyo tukimanyi.

474 Mujjukire nti, Katonda yaddira Eriya, nga okukwakkulibwa kumaze okubaawo, n'amukyusa, n'amusimbuliza n'amukomyawo eri abantu, okutwala ekifo kye nga nnabbi mu bantu be; ekyo mangu ddala Ajja kukikola. Era amukuumye, nga mulamu, emyaka gino enkumi bbiri mu ebitaano. Wa kuddamu alabike nate.

475 Nate mwetegereze, Yazuukiza Musa okuva mu bafu. Entaana ye eri ludda wa? Waliwo ayinza okugizuula? Soma Ekitabo kya Yuda. Olaba? Ssetaani. . . Ssaabamalayika nga awakana ne malayika omukulu, Ssetaani, yagamba nti, tekakutanda. . . "Mukama akunenye," nga bakaayanira omubiri gwa Musa. Ate wano Peetero, Yakobo ne Yokaana baali bayimiridde wali nga bamutunuulidde, ku Lusozi olw'Okuwaanyisibwa, mu nsi eyo yennyini Olusozi mwe tulibeera gye luliyimusibwa. Olaba?

Era Yajja okuginunula.

476 Mukiraba, awo Ekkanisa ey'okukkwakulibwa, yali ekiikiriddwa; nga waliwo n'abo abaali beebaka, nga nabo bakiikiriddwa. Ludda wa? [Ow'oluganda Branham akiraga mu bifaananyi ku lubaawo mu bitundu ebitonotono ebiddirira—Omuk.] Mu Kibuga; waggulu ku ntikko y'olusozi. Olaba?

477 Waaliwo Peetero, Yakobo, ne Yokaana, nga balaba ebigenda mu maaso; basatu, nga abajulirwa. Waaliwo Eriya, Musa, ne Yesu; nga abajulirwa ab'omu Ggulu. Olaba?

478 Era waaliwo Musa, eyali yafa, nga azuukiziddwa. Ne wabaawo Eriya, eyali yakwakkulibwa, era nga akyali mulamu. Era bombi baali bakiikiriddwa ku lusozi luno olutukuvu.

479 Ne, Yesu, Omununuzi. Katonda, nga ali waggulu We *bw'ati*, bwe yamusiikiriza, n'agamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa."

480 Mujjukire, Yesu yali agambye, nga eggulo limu, nga Yagambye nti, "Mazima ddala mbagamba nti, waliwo abamu ku bayimiridde wano, abataliraba kufa, okutuusa nga bamaze okulaba Obwakabaka bwa Katonda nga bunyweezebwa mu maanyi."

481 Kyali kiki? Abafu abaali bazuukidde wamu n'abatukuvu abakwakkuliddwa, bonna wamu, nga basituliddwa wamu okumusisinkana mu bbanga. Katonda n'amusiikiriza, ne Yesu nga ayimiridde awo mu kisiikirize kino, n'agamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa, gwe Nsanyukiramu," enkola y'Obwakabaka Obuggya. Ha, ow'oluganda, mwannyinaze!

482 Okufa tekukukyusa. Okufa kukyusa bukyusa kifo mw'obeera. Olaba?

483 Jjukira, Samwiri, nga wayiseewo emyaka ebiri nga amaze okufa n'aziikibwa, yali mu Lusuku. Naye omukazi omusamize ow'e Endoli yamuyitayo, era Sawulo n'amutegeera nti ye ye; n'omukazi omusamize, naye n'amutegeera, n'agwa ku bwenyi bwe. Yali takyukangako, wadde akatono. Yali akyali Samwiri y'omu, nga amaze emyaka ebiri kasookedde afa, era yali akyali nnabbi. Yamugamba nti, "Enkya ojja kufiira mu lutalo, wamu ne mutabani wo, era bunaaba bwe buti ekiro ky'olw'enkya ojja kuba nange." Era ky'ekyo kyennyini ekyabaawo.

484 Mukiraba? Ne Musa bw'alikomawo, ne Eriya, okutuukiriza Okubikkulirwa 11, baliba bakyali bannabbi. Aleeruuya!

485 Era emitala eri, mu Nsi eyo, mu Kibuga ekyo Omwana gw'endiga nga ye Musana, ndikutegeera, Ow'oluganda McKinney. Ndibategeera, mmwe abantu bange, mmwe amayinja ag'omuwendo mu ngule yange. Bwe baliva e Buvanjuba n'Ebugwanjuba, ne bajja mu Kibuga; ekya mayiro lukumi mu bitaano erudda n'erudda, bwe kiriba kitudde awo, era Ekibuga ekyazimbibwa ekyenkanankana erudda n'erudda. Bwe muliba mutudde eyo ku Lusozi olutukuvu, eyo Katonda gy'atuula ku Lusozi, ne Yesu ku Ntebe ey'obwakabaka. Ekkondeere erya zzaabu bwe lirivuga Yusufu n'asituka, okuyitaayita mu Lusuku, abaana ba Katonda ne bavunnama ku maviivi gaabwe okumusinza, nga bamanyi bulungi nti baanunulibwa. Olaba? Amiina! Aleeruuya!

Ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu!

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi
Mukama ky'ateekeddeteekedde . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

486 Isaaya yagamba, mu Isaaya 9:6 nti, "Okufuga Kwe n'emirembe Gye tebirikoma. Okufuga kunaabanga ku bibegabega Bye; Erinnya Lye aliyitibwa Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Katonda ow'Amaanyi, Kitaffe Ataggwaawo. Era okufuga kunaabanga ku bibegabega Bye; era okufuga Kwe n'emirembe Gye tebirikoma." N'ebisolo gyebiri. Ha, bannange!

Eddubu liriba lya ggonjebwa, nga n'omusege gufugika;
N'empologoma erigalamira kumpi n'omwana gw'endiga,

N'omwana omuto, alikulembera ensolo y'oku
ttale;
Naye ŋŋenda kukyusibwa, ŋŋenda kukyusibwa
okuva mu kitonde kino kyendi kaakano.

487 Olunaku olwo bwe lulituuka, kubanga ŋŋenda mu Kibuga ekyo. Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi! Mpulira Amaanyi aganunula mu mutima gwange gwonna kaakano.

488 Kino bwe kiba nga si bwe kiri, kitegeeza obulamu bwange bwonna bunfudde busa; kitegeeza njigirizza abalala ebintu eby'obulimba. Naye bwe ntunula wansi ne ndaba ekisuubizo kye Yawa ekikwata ku mulembe guno, ne ndaba nga kikakasiddwa; ne ndaba n'ekibiina kino ekiva mu mayiro olukumi mu ebitaano erudda n'erudda nga kitudde wano, eky'Abalonde abayitiddwa okuva mu bibiina by'amadiini eby'enjawulo n'ebika by'abantu n'enzikiriza ez'enjawulo n'ebirala, nga bonna bakuŋŋaanye wamu; nga bwe ndaba n'Ekigambo nga kyeyoleka era Kyekakasa, mmanyi, awatali kubuusabuusa kwonna, nti amayinja ag'omuwendo agaliba mu ngule yange galyakayakana okusinga buli kimu ekiri mu nsi eno, ku Lunaku olwo.

489 Ekiseera kirituuka! Bannange, tetukuŋŋaanira wano bwereere. Tulinze bulinzi kaseera kali. Obudde buyise nnyo, nnyo, naye Yesu akyali kumpi nnyo, nnyo ddala. Era, Ekitiibwa Kye, kiyitirivu obulungi. "Erinnya Lye aliyitibwa Ateesa ebigambo." Ekibuga ekyo, mukiraba? Yeeyo Omugole Omukazi n'Omugole Omusajja gye balibeera, obutaddamu ku . . .

490 Kaakati, bwe muba mulowooza nti kiyitirivu obulungi bwe tuvuga ebikumi n'ebikumi bya mayiro okujja ne tutuula wano okulya ku Kigambo Kye, nga ate kino kisiikirize busiikirize, olwo ate kiriba kitya bwe tulibeeranga naye mu Kibuga! Bwe ndibeera muliraanwa wo, bwe tulirya ku miti egyo, ne tutambulira mu nguudo ezo, bwe tulitambulira mu nguudo ezo eza zzaabu okugenda awali ensulo, ne tunywa ku nsulo, ne tuyingira mu nsuku za Katonda, nga Bamalayika babuukira waggulu ku nsi, nga bwe bayimba ennyimba, ha, nga luliba Lunaku lwa kitalo! Ekyo kisinga byonna. Olugendo lulabika nga olukalubo, oluusi lukaluba, naye, ha, ekyo kiriba kitono nnyo bwe ndimulaba Oyo, kiriba kitono ddala. Amannya ag'okujolonga ge bampaatiiseeko n'ebintu bye banjogeddeko, byonna ebyo biriba na makulu ki bwe ndimulaba Oyo mu Kibuga kya Katonda ekyo ekirungi, ekirungi?

491 Leka tukoteke emitwe gyaffe.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi
Mukama wange ky'Ategekedde Ababe;
Eyo Abanunule bonna ab'omu mirembe
gyonna

Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" nga beetoolodde
Entebe Enjeru ey'obwakabaka.
Ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda
mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku
Mulokozi wange,
Mu Kibuga kiri ekirungi ekya zzaabu!

492 Nga ali ku kizinga Patumo, Yokaana yakiraba!

493 Ayi Yesu omwagalwa, essuubi lino, essuubi lyange teryesigamiziddwa ku kirala kyonna, Mukama. Ekyo kwe kuyaayaana kw'omutima gwange okukulu; Ekibuga ekyo, Kabaka omukulu. Ayi Katonda, toganya muntu n'omu wano okubula, nkwegayiridde. Leka tuddemu tukebere obulamu bwaffe, leero, ayi Mukama, nga tulindirira Okujja kwa Mukama waffe. Ku olwo, Abanunule bonna, eri mu kisaawe ekinene eky'e Roma, empologoma gye zaaliira Abakristaayo abo, ettaka lwe liribikkuka ne bavaayo!

494 Teriba malaalo ku kasozi konna mu Kitiibwa. Teri minyolo gya nzigi giribaako bimuli bya kukungubaga. Teritonnyayo zziga n'erimu. Nedda, nedda. Teriba malaalo. Teri miyaga girikunta. Wonna kiriba kitiibwa kyereere.

495 Tuyambe, ayi Mukama. Bwe wabaawo omuntu yenna wano . . . eyayitibwa okujja ku Kijjulo kino eky'Embaga y'Omwana gw'endiga, n'okufuga kuno okw'Emyaka olukumi, n'oluvannyuma okuyingira mu Kibuga nga ekiseera eky'Okuwummulamu oluvannyuma lw'embaga kikomye. Okufuga okw'Emyaka olukumi ky'ekiseera eky'Okuwummulamu oluvannyuma lw'embaga. Olwo Ye, Omugole omukazi atwale O . . . Omugole Omusajja alyoke atwale Omugole we mu Maka. Gage. Ye Bba; naye ye Mugole We. Ha, Yagenda okuteekateeka Ennyumba, kasookedde balagaana.

496 Leka tubeere beesigwa gy'Ali Oyo Kigambo, kubanga Ye ye Kigambo. Abalala ne bwe bagezaako okutujerega, okukituggyako Ekyo; ayi Mukama, nsembeza kumpi.

Kubanga ebiseera ebimu nnumwa omwoyo
okugenda mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku
Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu!

497 Amaka agajja ag'Omugole Omusajja n'Omugole Omukazi! Akomawo . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . ku Kijjulo ky'Embaga; zigenda kuba ennaku ssatu n'ekitundu. Tumale tukomewo nate, mu kufuga okw'Emyaka olukumi, mu kiseera kyaffe eky'Okuwummulamu oluvannyuma lw'embaga. Olwo Alyoke—Alyoke aggyeyo Ekibuga kirabike. Nga omugole

omusajja bw'ayinza okwewuunyisa omugole we omukazi, era nga kiwuniikiriza omugole omukazi bw'alaba amaka ge g'agenda okubeeramu! Era olw'okukkiriza, leero, ayi Mukama, tugalengera. Gaakubeera wano wennyini ku nsi. Wakisuubiza.

498 Ekkanisa Yo erinunulibwa ddala mu bujjuvu, olumu ku nnaku zino. N'ensi Yo nayo n'enunulibwa, buli katundu kaayo konna. Naye okusooka Wanunula abantu Bo, emibiri gyabwe egyakolebwa okuva mu nsi.

499 Tuyambe, ayi Katonda. Wano bwe wabaawo omuntu yenna ekyo atannakikakasiza ddala, ayi Mukama, leka akifune kaakano.

500 Mmanyi tuluddewo nnyo nga ate ebbugumu lingi, naye, bannange, tetujja kuyimiriranga wano lubeerera. Si nze nnaabeeranga omusumba wammwe lubeerera. Leka tubeere bakakafu.

"Waliwo engeri y'okubeeramu abakakafu, Ow'oluganda Branham?"

501 Ddala weeri, fuuka kitundu ku Kigambo, obeere kitundu ku Kigambo kya leero. Toyinza kubeera kitundu ku Kigambo kya mu biseera bya Musa; ekyo ekitundu kyaggwa dda, ebyo bye byali ebigere. Kati tuli ku Mutwe. Ono Kristo. Si kiseera kya mikono, emabega eri mu biseera bya Luther, nedda. Kino kiseera kya Mutwe. Kristo, Ejjinja ery'omutwe, likka okwegatta ku Mubiri.

502 Bw'oba owulira nga tokyekakasa bulungi, wonna wonna w'oli, oyinza okuyimusa ku mukono gwo nsobole okugulaba. Leka abasigadde bonna bakoteke emitwe gyabwe. Katonda akuwe omukisa.

503 Nga ogamba nti, "Nzijukira mu kusaba, Ow'oluganda Branham. Njagala nnyo ntuukeyo! Ssa—ssaagala kubulayo, Ow'oluganda Branham. Nne—nneekebera, era nkola kyonna ekisoboka, naye nsabiraako kaakano, ononsabira?" Katonda akuwe omukisa.

504 Kaakano nga bw'okirowoozaako, saba, ogambe nti, "Ayi Katonda. . ." Kiri mu mutima gwo. Olaba, bw'oba olina ky'owulira kyonna ekisika, oba ekikoona mu mutima gwo, ky'ekyo. Ye nkula eri nga egezaako okulabisibwa.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi
Mukama wange ky'Ategekedde Ababe;
Eyo Abanunule bonna ab'omu mirembe gyonna
Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" nga beetoolodde Entebe Enjeru ey'obwakabaka.

Ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda
mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku
Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu!

505 Kitaffe ow'omu Ggulu, tutwale kaakano, Mukama. Leka Omusumba Omukulu, Omusumba Omununuzi Ow'amaanyi, Omusumba Ow'amaanyi Oyo eyava mu Kitiibwa, bwe yakitegeera nti ezimu ku nkula ezaamulimu zaabulira mu biwonvu ebyo ebiwanvu eby'ekibi, omwo emisege ne—n'ensolo mu bwangu ddala mwe bivaabira endiga eyo; naye n'Alekayo ebifo eby'ekitiibwa, n'akka ku nsi n'afuuka omu ku ffe, Asobole okwolesa okwagala kwa Katonda gye tuli. Eyo gye Yazisanga, ezimu ku zo nga ziri mu bibiina bya madiini, endala nga ziri eyo bamalaaya gye beetundira, endala nga ziri mu nguudo, tezikyalaba, endala nga ziri mu nkomera ne mu makubo aga buli ngeri, naye ezo zonna Kitaffe ze yamutegekera okununula n'azinunula.

506 Era n'Atugerekera, nga tuli baakubeerawo mu kitundu kino eky'Ekigambo eky'emirembe gyaffe egy'enjawulo. Era tulaba okuddaabulula okw'ekitalo okwa Luther, mu mulembe ogwo; n'okwa Wesley; n'okw'Abapentekoote. Kati tulindiridde Ejjinja ery'omutwe ery'Ekibuga. Ayi Katonda, tumanyi bulungi omulembe guno n'ekisuubizo ekyatuweebwa eky'omulembe guno, nga Kino bwe kyalina okuzzibwawo. "Omusana ogw'akawungeezi gwa kwengeza ekibala kyagwo. Era olulituuka waliba olunaku olutaliba misana newankubadde ekiro, nga teruyinza kuyitibwa n'ekimu kw'ebyo, naye mu kiseera eky'akawungeezi walibaawo Omusana."

507 Omwana wa Katonda ow'ekitiibwa y'omu oyo, yeeyoleka Yennyini mu mubiri gw'obuntu wano ku nsi, nga atuukiririza ddala ekisuubizo nga bwe kyalina okuba, nga aziba Abafalisaayo n'Abasaddukaayo n'Abakerodiyaani amaaso, n'abalala bonna.

508 Ne leero kizzeemu ne kibaawo, Ekigambo nga kirabisibwa ddala nga bwe Kyali. Ekigambo, okumanya ebyama by'omu mitima, mu ngeri y'emu ddala nga bwe kyali, nga Ebyawandiikibwa bwe byagamba, ebitayinza kumenyebwa. Tuyambe, ayi Katonda, tusobole okukiraba.

509 Yamba bano kaakano abayimusizza emikono gyabwe. Leka beeyongere okwenyweeza; beenaanike engatto ez'Enjiri ey'emirembe; bambale eby'okulwanyisa bya Katonda byonna; babikke sseppeewo mu maaso; bakwate engabo y'okukkiriza; bakumbe nga bagenda mu maaso, okuva leero n'okweyongerayo. Kikole, ayi Mukama.

510 Mu kaseera katono, tugenda kuyitibwa, awo Okukwakkulibwa kulyoke kubeewo. Akabinja akatono ddala, nga Enoka, ke kanaatwalibwa waggulu.

511 Olwo, "abaliba basigaddewo ku zzadde ly'omukazi, abakuuma ebiragiro bya Katonda," Abayudaaya, "abalina okutegeeza kwa Yesu Kristo," Ab'amawanga, baliyiggibwa nga embwa, "era baliwaayo obulamu bwabwe olw'okutegeeza kwabwe."

512 Olwo, ku makya agamu amalungi, okufuga okw'Emyaka olukumi kulitandika, olwo—olwo ekiseera eky'Okuwummulamu oluvannyuma lw'embaga ne kiryoka kitandika.

513 "Era abafu abalala tebaddamu kuba balamu okutuusa nga emyaka olukumi giweddeko." Ate, ku nkomererero y'emyaka olukumi, ne walyoka wabaawo okusala Omusango, ekiraga nti Kaamu yali mu lyato. Era Kaamu akyali mu abo abaasigalawo. Abo abaakiwulira Ekyo naye ne bakigaana baliba balina okusalirwa omusango.

514 Kaakano, tusaba, ayi Mukama, tuleme kubalirwa mu abo, naye tubeere mu bali abaayitibwa ku Kijjulo ky'Embaga. Kubanga, tutegedde nga Yesu ali mu makkati gaffe leero. Tuyingirayo wamu Naye; okuva mu nsi, okuyingira mu Ye. Leka tutambule nga tugenda mu Kibuga ekyo, era tufulume wamu Naye.

515 Mukama, ŋŋenda nkaddiwa. Ssikyalina bubaka bungi bwa kubuulira. Wabula Ggwe gwe nneesigidde ddala. Nnoonya Ekibuga ekyo, nga jjajjange Ibulayimu bwe yakola. Mu nze mulimu Ekintu ekiŋŋamba nti kijja. Ngezaako buli wamu wonna, ayi Mukama, okubunya Omusana nga mbayita bajje. Leka waleme kubaako n'omu ku bano, Mukama . . .

516 Nga kyabadde kiyitirvu nnyo, emabegako awo, bwe Wakimbikkulidde. Nti okwetooloola mayiro nga lukumi mu bitaano, nga omu ava *wano* n'omulala *wali*, nga batudde wamu leero, nga baakuŋŋaanye mu kafo kamu ako, nga balindirira Ekibuga ekyo okulabika. Twatula nti tuli batambuze era abagenyi. Tuboolebwa. Abo abakaafiiri, n'ensi, be basekerera ne bajerega; n'ebibiina by'amadiini ne bivuma; naye ebyo tebitutiisa. Tufuule kitundu ku Kigambo, ayi Mukama, tubeere nga tetunyeenyezebwa. "Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma." Tusaba kibe ku ffe, ayi Mukama, leka tubalibwe mu abo. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

517 Mukikkiriza? Leka tuyimuse emikono gyaffe *bwetuti*.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi
Mukama wange ky'Ategekedde Ababe;

Eyo Abanunule bonna ab'omu mirembe gyonna
Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" nga beetoolodde Entebe Enjeru ey'obwakabaka.
Ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu!

518 Kaakati, bwe tuba ab'okubeera awamu mu Kibuga ekyo, kwatako munno mu ngalo, omugambe nti, "Katonda akuwe omukisa, mutambuze. Oviira ludda wa? Louisiana, Georgia, Mississippi? Nange, ndi mutambuze. Nnoonya Kibuga ekyo."

519 Nnoonya Kibuga ekyo, Ow'oluganda Neville, emitala eri. Gye tugenda emitala w'e . . .?. . . Ow'oluganda Capps, nnoonya kibuga ekyo, na kati, ekiro kino.

Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu!

Ha, eddubu liriba lya ggonjebwa, nga n'omusege gufugika;
N'empologoma erigalamira kumpi n'omwana gw'endiga, o, weewaawo;
N'ensolo ey'omu . . . erikulemberwa omwana omuto;
Nange ndikyusibwa okuva mu kitonde kino kyendi kaakano, o, weewaawo.

O, lumu ndiba n'emirembe mu kiwonvu;
O, ndiba n'emirembe mu kiwonvu . . . (Ddala! Bwe kiri!)
Tewaliba nnaku nate, tewaliba buyinike, era ssiriddamu kulaba mitawaana;
Kale lumu ndiba n'emirembe mu kiwonvu.

520 Kabaka waffe atalabika, enkya ya leero, alirabisibwa. Era Bill Dauch ssirimulaba nga wa myaka kyenda. Nange tolindaba nga wa myaka ataano. Naye ndikyusibwa, ku Olwo.

N'omwana omuto, alikulembera ensolo y'omu ttale;
Naye ndikyusibwa okuva mu kitonde kino kyendi kaakano.

521 Tolisanyuka? Nga envi zigenze; n'ebibegabega ebikootakoota. Naye obulungi, n'obutafa, birirabisibwa mu nfaanana Ye, nga byakaayakana okukira enjuba. Ha, nga kiyitirivu obulungi!

. . . gyendi, ayi Mukama, bwe nsaba;
Tewaliba nnaku, yadde buyinike, era
ssiriddamu kulaba mitawaana;
Kale lumu ndiba n'emirembe mu kiwonvu.

522 Ekyo kye kyatuleese wano. Bameka ku mmwe abeetaaga amaanyi ag'okweyongerayo mu lugendo? Ayi Katonda gatuwe! Bameka mu mmwe nga muli bakosefu mu mibiri gyammwe, abajaasi abafunye ebiwundu? Basoba, mu kkumi n'ababiri. Mukkiriza nti Waali wano, Kabaka oyo atalabika? Ebintu ebirabika; ebitalabika birabisibwa okuyita mu birabika. Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, ekyakyuka kyokka gwe mubiri ogukwatikako. Kati, ono bw'aba nga Mwoyo We y'abuulidde bino okuyita mu nze, Ajja kukola emirimu gye Yakola nga Ali wano. Ha, ekyo nga kiyitirivu obulungi!

Ŋŋenda mu nsi ensuubize,
Ŋŋenda mu nsi ensuubize;
O, ani anajja n'agenda nange?
Ŋŋenda mu nsi ensuubize.

Wonna wonna mu bifo byayo eby'omuseetwe
Waakayo Olunaku lumu Olutaggwaawo;
Eyo Katonda Omwana gy'afugira emirembe
gyonna,
N'aggyawo ekiro.

O, ŋŋenda mu nsi ensuubize,
Ŋŋenda mu nsi ensuubize;
O, ani anajja n'agenda nange?
Ŋŋenda mu nsi ensuubize.

523 Abantu ebikumi bitaano be baali bayingira mu mazzi eri ku mugga, ku lunaku Malayika wa Mukama lwe yalabika mu lujjudde omulundi ogwasooka, okukakasa, nga bwe Yakola ku Lusozi Sinaayi, nti nnali mmusisinkanye. Nnatambula ne nnyingira mu mugga, nga ebikumi n'ebikumi by'abantu bwe bayimba oluyimba olwo lwennyini olw'okubatiza. Mu kaseera ako n'Ajja, n'akka wansi, Empagi y'Omuliro y'emu gye mulaba mu kifaananyi ekyo awo; n'ekka wansi, wano wennyini ku mugga, eddoboozi ne ligamba nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja Kwe okwasooka, Obubaka buno bujja kukulembera Okujja Kwe okw'okubiri." Olaba? Kiikyo, olaba.

O, ani anajja n'agenda nange?
Ŋŋenda mu nsi ensuubize.

524 Empagi y'Omuliro eyo y'emu eri wano naffe kaakati. Mukimanyi? Abamu ku ffe yatukola tubeeko ekintu kye tukola, n'abalala ekirala. Ssinga on'okkiriza, awatali kubuusabuusa kwonna, nti Ali mu kizimbe kino, nzikiriza Ajja kukweraga. Ekyo kinaabamatiza? Ssinga nnaaba ssisobodde kutuuka ku buli omu . . . Zigenda kuwera ssaawa munaana, naye ssinga

mu . . . Ziri musanvu n'eddakiika entonotono, manya. Ssinga mukkiriza, ne mumuleka n'Akka mu makkati gaffe! Okukkiriza kwaffe kuli wa? Olaba, ekyo mulina okukikkiriza. Bwe mutakibuusabuusa, n'akamu, kigenda kukola.

525 Mpu—Mpulira Okubeerawo Okutukuvu okwa Kristo Mwene, Oyo nga ye Kigambo. Era Bayibuli egamba nti, "Ekigambo ki . . . kya maanyi n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era Kisala n'okutuuka ku busomyo bw'eggumba, era kikebera ebirowoozo ebiri—ebiri mu mutima, ne kibikkula ebyama by'omu mutima."

526 Mulabeeyo. Ddala, ebintu ebyo nnali ssibimanyi, emyaka egiyise. Naye bwe nnabyogera, nga ssibimanyi na kubimanya, mulabe ky'Akoze. Yagamba nti, "Kati ojja kukwatanga abantu ku mikono, era, tobaako ky'olowooza kyonna, ggwe yogeranga bwogezi ekyo enneeyoleka eyo ky'enaabanga ekugambye. Oba kizimba, oba ekintu ekirala kyonna." Nate n'agamba nti, "Ekiseera kirituuka nga ekyo tokyetaaga kukikola." Olaba? Olaba? "Kiribikkula ekintu kyennyini ekibalimu." Tulabye okugeegeenya okwa buli ngeri, ekyo tukimanyi, katono kulimbe n'Abalonde ssinga kyali kisoboka. Naye weetegereze olabe engeri ebisigadde byonna bwe bikwatagana n'Ekigambo, awo ojja kumanya oba kituufu oba si kituufu. Naye, era, Yesu asigala bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

527 Bameka wano abalwadde, nga okimanyi ssikumanyi? Yimusa omukono gwo, nga ggwe ogamba nti, "Nki—nkimanyi tommanyi." Ha, kiringa, kyenkana, abali buli wamu wonna. Ky'olina okukola kyokka kukikkiriza bukkiriza.

Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,
Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza;
Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,
Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza.

528 Yesu yagamba nti, "Nga bwe kyali mu biseera bya Sodomu, bwe kityo bwe kiriba Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa ku nsi mu nnaku ez'oluvannyuma. Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa, oba, bw'Alyebikkula mu nnaku ez'oluvannyuma." Kati, ssi mu nnaku ezisooka, oba ennaku ez'omu makkati; wabula mu nnaku ez'oluvannyuma, olaba, mw'Alyeyolekera. Era kati tuli mu nnaku za luvannyuma. Sodomu eri mu mbeera yaayo yennyini, buli kimu, ababaka, byonna nga bwe byali.

529 Kiki ekyatuuka ku ba—ku batono abaasigalawo abaayitibwayo n'ekibinja kya Ibulayimu? Waliwo Omu eyajja mu makkati gaabwe, nga ayambadde omubiri gw'omuntu; eyeeyolekera mu mubiri gw'omuntu, n'alya nabo, n'anywa nabo, emmere y'emu gye baalyanga, na buli kimu. Yayimirira mu makkati gaabwe, n'ayogera Obubaka. Era n'Agamba nti, "ŋŋenda kukola ekintu kino ekikulu."

530 Era Ibulayimu yabeeranga yeekenneenya nga agamba nti, "Oba kye kino? Mbadde nnoonya Ekibuga. Ono ye Kabaka?"

531 Awo n'Amubuuza nti, "Kino lwaki Saala akibuusabuusizza?" Mu weema, emabega We.

532 Ibulayimu n'ayogera nti, "Mukama Katonda, Elohim!" Kubanga, Yategeera ebirowoozo bya Saala.

533 Yesu yagamba nti ekyo kiriddamu ne kibaawo bw'Alibikkulwa mu nnaku ez'oluvannyuma, nga Ejjinja ery'oku mutwe lijja okwegatta ku Mubiri. Okununula aba . . . Abo be banunule, nga Ajja okutwala Ababe. Ali wano naffe.

534 Kati, waliwo emikono nga kkumi n'ebiri gyokka, oba okusingawo, egiyimusiddwa. Nzikiriza nti Katonda asobola okubawonya mwenna. Ddala ddala. Nzikiriza muwonyezeddwa. Ssikkiriza nti omuntu asobola okutuula mu kifo bwe kiti awatali . . . mu kaseera nga kano, mu mbeera bw'eti, n'atamanya, n'atabaako kya njawulo ky'awulira.

535 Njagala osabe. Njagala okwate ekyo ekikutawaanya, mu—mu—mu mutima gwo, olaba, otandike okusaba, ogambe nti, "Mukama Yesu, bikkula ekintu kino. Nku—nkutegeeza ekintawaanya. Era kaakano tuma Omwoyo Wo Omutukuvu eri Ow'oluganda Branham, atuukirize ebyo by'abuulidde abikakase nti ge Mazima, mu Bubaka buno bw'abuulidde olwa leero, mw'akwogereddeko, mmanyi nga gajja kuba Mazima. Kaakano, kimbikkulire, ayi Mukama. Yogera nange."

536 Kaakati bali buli wamu, okwetooloola wano ne wali. Kale ggwe saba busabi, era kkiriza n'omutima gwo gwonna, nti Katonda anaakikola.

537 Kati njagala muntunuulire, musabe. Nga Peetero ne Yokaana bwe baagamba nti, "Tutunuulire." Omusajja oli yalina kye yeetaaga, era yali anaatera okukifuna. Naawe olina kye weetaaga, era nzikiriza onaatera okukifuna. Yamugamba nti, "Tutunuulire."

538 N'amugamba nti, "Ffeeza ne Zaabu, ssirina; naye kye nnina, kye nnaakuwa."

539 Kati, okuwonyezebwa, ssikulina yadde. Okwo kwonna kuli mu Kristo. Naye kye nnina, nga ky'ekirabo kya Katonda, nange kye mbawa, kwe kukkiriza musobole okumukkiriza Ye. Kati, mu Linnya lya Yesu Kristo, mwenna muwonyezebwe. Mukikkirize. Olaba? "Bw'oba osobola okukkiriza!"

540 Omukyala atudde wano, antunuulide. Abadde akaaba, mu ddakiika entono ezaakayita, nga asaba. Alina obuzibu mu mimiro obumutawaanya. Ssikumanyi. Oli mupya gyendi. Ekyo kituufu, si bwe kiri. [Mwannyinaffe addamu nti, "Kituufu."—Omuk.] Tobeera wano. Oviiridde Chicago. Ggwe Muky. Alexander. Ekyo bwe kiba nga kituufu, wuuba omukono gwo. Kati ddayo e Chicago obeere bulungi.

541 Akutte ku ki? Akutte ku Kintu kye kimu omukazi oli eyalina ekikulukuto ky'omusaayi kye yakwatako, akutte ku lukugiro lwa kyambalo Kye, si kyange.

542 Wano waliwo omukyala atudde wakati mu kibiina, ssinga nsobola okumusobozesa okuntegeera. Ggwe akyusizza omutwe gwo erudda. Ssikumanyi. Oli mupya gyendi, naye olumizibwa mu lubuto. Balo y'akuliraanye awo w'otudde. Alina ekizibu n'okutu kwe. Erinnya lyo ggwe Czap. Mwembi muli bapya gyendi. Temuviira wano. Muva Michigan. Ekyo bwe kiba kituufu, muwuube ku mikono gyammwe. Muddeeyo e Michigan, mubeere bulungi. Okukkiriza kwammwe kubawonyezza. "Ssinga osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika."

543 Omukyala oyo omutono alumizibwa mu mimiro, oyo atudde awo awasemba, ova Georgia, ggwe ayambadde ebyeru. Ddayo, mu Georgia, nga owonyezeddwa. Yesu Kristo akuwonyezza. Okikkiriza?

544 Omukyala oyo atudde awo, antunuulidde, asemberayo ddala ku ntebe. Atawaanyizibwa ekiwanga. Bw'anaakikkiriza, Katonda ajja kumuwonya. Muky. Brown, kkiriza n'omutima gwo gwonna, Yesu Kristo anaaku . . . Tetumanyiganye, naye Ye akumanyi. Uh-huh. Okikkiriza? Yimusa omukono gwo. Ky'ekyo.

545 Ono agalamidde wano ku katanda. Mumugambe atunule erudda eno. Abadde alumizibwa, ebbanga lyonna. Ssinga mbadde nsobola okumuwonya, nnandikikoze, ssebo. Naye ssisobola kuwonya. Omukazi bambi si wa kuno; yavudde wala. Wavudde Missouri. Ekizibu kyo kya munda. Naye ssinga okkiriza n'omutima gwo gwonna, n'otobuusabuusa, Yesu Kristo asobola okukuwonya; era osobola okuddayo e Missouri, nga owonyezeddwa, n'owa obujulizi bwo. Okikkiriza? Kati kitwale, okwate akatanda ko oddeyo eka. Yesu Kristo akuwonyezza.

546 Mukkiriza? Ekyo ky'ekiraga Okubeerawo kwa Kabaka Ataggwaawo. Kaakati mukikkiriza, n'emitima gyammwe gyonna? Kati, ddala Akoze olugo, okwetooloola munda mu kizimbe kino. Mukikkiriza n'emitima gyammwe gyonna? Mukkiriza nti muli mu Kubeerawo Kwe?

547 Kaakati, okkiriza era okitwala nti oli omu ku bakungu b'Obwakabaka buno? Yimusa omukono gwo. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga." Tuli kitundu buli omu ku munne; oli kitundu ku nze, ndi kitundu ku ggwe; ffenna tuli kitundu ku Kristo. Kati, ffenna wamu, leka buli omu asse ku munne emikono.

548 Wano wennyini, omukazi abadde ku katanda asituse, atambula agenda, addayo waka kubeera bulungi. Amiina.

549 Mwenna, buli omu ku mmwe, muwonyezeddwa, ssinga munaakikkiriza. Kati buli omu asse omukono gwe ku munne,

era ggwe ekitundu kino ekya Kristo. Sabira oyo gw'otaddeko omukono, saba nga bw'oyagala.

550 Mukama Yesu, tutegedde nga Oli wano. Ggwe Kabaka waffe; Weeyolese mu makkati gaffe. Tukwebaza olw'Okubeerawo Kwo kuno. Era, ayi Mukama, wagamba nti, "Bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Sigulwa,' n'otobuusabuusa; wabula n'okkiriza nti ky'oyogedde kinaatuukirira, onookifuna, onoofuna ekyo ky'oyogedde."

551 Kaakano, mu kugondera ekiragiro kino, mu kugondera Ekigambo kya Katonda ekitasobola kulemwa, ffe nga abakungu Bo abava mu bugazi bwa mayiro lukumi mu ebitaano erudda n'erudda, nga Ekibuga, tugamba Ssetaani, oyo omulyoolyoomi eyawangulwa nti, "Enkomerero yo kwokebwa. Ffe bakungu abava mu Kibuga kiri eky'enjuyi ezenkanankana, Ekibuga ekyo nga Omwana gw'endiga gwe Musana gwakyo. Ffe nkula ya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna erabisiddwa, Yesu Kristo be yanunula olw'ekisa Kye."

552 Ssetaani, fuluma, era va ku buli mulwadde ali wano, mu Linnya lya Yesu Kristo. Emikono emitukuvu egyanunulibwa, kubanga bakkiriza Ekigambo era abo nga ze nkula z'ebirowoozo bya Katonda, kaakano emikono egyo gisiddwa ku buli muntu. Tokyasobola kusigala nga obakutte. Bafulumemu, mu Linnya lya Yesu Kristo!

553 Kaakati, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, kati, Ali wano. Ekigambo Kye kigamba nti Ali wano. Okubeerawo kwo wano n'okukkiriza kwo byogera, nti, oli omu ku bakungu. Ne bwe tukozesa ebipimo bya gyogulafiya tusobola okukikakasa, nti bwe kiri. Musobola okukiraba nti muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala abanunule? Mukiraba nti *gano* ge Maka gammwe? *Eno* gye mugenda.

554 Ekyo kye kibaleeta wano, ye nsonga lwaki mujja eri Kristo, mulya ku Kigambo Kye. Kati bwe muba musobola okufuna akaseera bwe kati, wano, awamu n'enkula Ze ezirabisiddwa, ate kiriba kitya bwe tulituuka mu Maaso Ge? Ha, kiriba kiyitirivu nnyo! Buli omu ku mmwe alina olukusa okuwonya abalwadde, okuteeka emikono ku balwadde. Buli omu ku mmwe wa ddembe okubatiza.

555 Wano bwe wabaawo omuntu yenna atannaba kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, ekidiba kiggule.

556 Eyo ye ngeri yokka gy'ojja okuwangulamu, Uh-huh, ky'ekyo, nga ogondera buli Kigambo. Jjukira, kaali katundu katono ddala ak'Ekigambo, ku lubereberye, ke kaavaako ekibi kyonna ekiri ku nsi. Yesu yagamba nti, "Buli alitoolako yadde Ekigambo ekimu ku Kino, oba aligattako ku Kyo, taliyingirayo." Erinnya lye liriggyibwamu mu Kitabo, amangu ddala nga yaakakikola.

557 Ate tewali wantu wonna mu Bayibuli omuntu yenna we yali abatiziddwa, mu Kkanisa, mu ngeri endala yonna okuggyako mu

Linnya lya Yesu Kristo. Bw'oba tobatizibwanga mu ngeri eyo, tera okikole.

558 "Ha," oyinza okugamba nti, "Naye byonna bye bimu." Kaawa yakiraba nti si bwe kyali.

559 Ssetaani yamugamba nti, "Ha, ddala, Katonda, omanyi Katonda . . . " Naye, Yakikola. Bw'atyo bwe Yagamba.

560 Yawa Peetero ebisumuluzo by'Obwakabaka, era kyonna ekyasibibwa ku lunaku lwa Pentekoote kyasibwa emirembe gyonna. Ye nsonga lwaki Omugole yaddamu n'alabika nga ayitawo nga bw'alifaanana, omulundi ogw'okubiri; walina okubaawo Ekkanisa eyitibwa okuvaayo mu nnaku ez'oluvannyuma, nga eyaliwo mu mulembe ogwasooka, nga y'emu yennyini. Omuti gukuze okuva ku mirandira gyagwo, ne gufuuka Omuti Omugole, nga bwe kyali mu kiseera kiri; omulimu gwa Katonda ogw'obukugu nate, nga bwe nnagamba Ssande ebbiri eziyise, okusobola okutwalibwa mu Kibuga.

Katonda abawe omukisa. "Kaakano nzikiriza."

561 Ssetaani awanguddwa. Akimanyi. Ali ku nsi, atambulatambula nga empologoma ewuluguma. Ebbanga si ddene erisigaddeyo, ha, ebibye bikome. Ekiseera kye akimanyi. Agenda awuluguma nga empologoma.

562 Naye, mujjukire nti, Omulangira Ow'emirembe ayimiridde wano; oyo Omukulu Ow'omu Ggulu. Omukubi wa pulaani y'obutonde bwange, Omukubi wa pulaani Eyanzimba okubeera kyendi, Eyakuzimbamu ekyo ky'oli, ali wano. Oba nga Omukubi wa pulaani, Oyo amanyi engeri y'okusitulamu ekizimbe, mu kifo kyakyo ekituufu, ani amanyi okusinga Omukubi wa pulaani? Era ali wano okukikakasa, Ye kennyini, Ali wano.

563 Kati kisinziira ku kukkiriza kwo. Kkiriza, kkiriza bukkiriza! Uh-huh.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi
Mukama wange ky'Ategekedde Ababe;
Eyo Abanunule bonna ab'omu mirembe gyonna
Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" nga beetoolodde Entebe Enjeru ey'obwakabaka.
Ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda mu Ggulu, (Bino byonna bwe biriba biwedde!)
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo Eyo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu!

564 Mujjukire nti, ku kkanisa, ekiro kya leero, wajja kubaayo okusembera. Bw'oba oli wa muno mu kibuga, nga, wandyagadde

okujja, twandyagadde okuba naawe. Kya kutujjukiza ekyo kye tulirya, olumu ku nnaku zino, awamu Naye.

565 Mbaagala. Ssimanyi ngeri ya kukibalagamu. Muli ndowooza mmwe munnyo gw'ensi. Era mpulira enneeyisa yammwe ennungi ebweru eyo mu nsi, ekyo ne kinnyongera okubeesiga.

566 Naye, lowooza ku kino, akabiina kano kajja, newankubadde twagalana nnyo bwe tuti, kajja kwawulibwamu, olumu ku nnaku zino. Kino tujja kuba tukirootako buloosi. Naye ssinga omu ku ffe yeebaka nga tetunnaddamu kusisinkana, tujja ku . . .

> Ndikusisinkana ku makya, ku mabbali g'omugga ogutangalijja,
> Nga ennaku yonna eweddewo;
> Ndiba nnyimiridde awatuukirwa, emiryango bwe giriggulwawo,
> Ku nkomerero y'olunaku lw'obulamu oluwanvu, olujjudde obukoowu.
>
> Ndikusisinkana ku makya, ku mabbali g'omugga ogutangalijja, (Eby'awo mbyerabidde.)
> . . .-ku mabbali g'omugga, era, n'essanyu eringi, ndiddamu okulaba mikwano gyange "ab'edda";

Ndikulaba ku olwo, era ndikutegeera.

> Olintegeera ku makya, olw'akamwenyumwenyu ke ndiba nako,
> Ndikusisinkana ku makya, mu Kibuga, ekyazimbibwa eky'enjuyi ezenkanankana.

567 Mukyagala? "Okutuusa lwe tulisisinkana!" Kaakano leka tuyimirire. *Twalanga Erinnya Lya Yesu*, tuwe eddoboozi mwe tuba tuluyimbira.

568 Mumwagala? Si mulungi nnyo? Mukkiriza nti gano ge Mazima? Lye kkubo lye mukutte, olw'ekisa kya Katonda? Okutuusa lwe tulituukayo:

> Twalanga Erinnya lya Yesu,
> Nga Engabo eri buli kyambika;
> Era ebikemo bwe bikwetooloola,
> Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu kusaba.

Ekyo kyokka kye tulina okukola, okutuusa lwe tuliddamu okubalaba. Kale.

> Twalanga Erinnya lya Yesu,
> Ggwe omwana ow'ennaku n'o . . .[Waliwo agamba nti, "Ekiro kya leero?"—Omuk.] (Nedda.)

Linaakuwa essanyu era likugumye,
Litwalenga wonna w'olaga.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

569 Kati, ebimu mu Bubaka bwange mbadde nnina okubibuuka. Lumu, Mukama bw'aliba ayagadde, ndikomawo ne nkwata ku "makubo" gano, ne tweyongera mu maaso okuva awo nga tulina obudde obumala. Mubaddenga mwemulugunya ku butalwawo bbanga ddene. Olwa leero, tukikoze. Ebbugumu lingi. Naye, kati, Katonda abawe omukisa. Nnyumirwa okuyimba okwo.

570 Waliwo muliraanwa wano, eyagamba, luli bwe baggyako omuzindaalo gw'ebweru, nti, "Obubaka bwannyumidde nnyo, naye lwaki mwaggyeeko okuyimba okulungi bwe kutyo, olaba, wabweru?" Kale, muliraanwa, bw'oba owuliriza enkya ya leero, ndowooza tulina abaliraanwa abasinga obulungi mu Jeffersonville wonna. Tugenda ne tusimba emmotoka zaffe mu maaso g'enju zaabwe n'ebirala byonna; naye bambi tebatunyega n'akatono; tugenda bugenzi mu maaso ne tukikola. Kale, tubeebaza kaakati.

571 Ha, nga Wa ttendo! Katonda abeere nammwe kaakano.

. . . Erinnya, O nga ddungi!
Ly'essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Okutuusa lwe tulisisinkana!

572 Leka tukoteke emitwe gyaffe. Omusumba agenda kutusiibula, mu ddakiika ntono ddala. Katonda abeere nammwe!

. . . lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu; (Mu Kibuga ekikulu, ku Ntebe ey'obwakabaka.)
Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeere nammwe okutuusa lwe tulisisinkana . . .

Amaka Agajja Ag'Omugole Omusajja Ow'Omu Ggulu N'Omugole Omukazi Ow'Oku Nsi LUG64-0802

(The Future Home Of The Heavenly Bridegroom And The Earthly Bride)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 2 Agusito, 1964, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org